OBUFUMBO BUWEEREZA MU BITUNDU

# EBYETAAGO EBY'ENJAWULO

## EKITABO EKY'OKUJJUZAMU

### OMUZINGO 3

"Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo" (Matayo 28:19–20).

FDM .WORLD

Craig Caster

*Unique Needs* in Luganda
Marriage Is a Ministry series, Volume 3 of 5

Ebyetaago Eby’enjawulo Gwe Muzingo 3 mu Bufumbo Buwereza mu bitundu.

**Emitwe Emirala Mu Buwereeza Bwo'bufumbo Mubitundu.**

Omusingi Ogw'amanyi (Omuzingo 1)
Okwagala Kyeki (Omuzingo 2)
Ekutukiriza Ebirabwako (Omuzingo 4)
Obukulembeze Obwa Katonda (Omuzingo 5)
Okulungamya Kwo Mukulembeeze.

**Obutabo Bwe Mirimu Obulala Obwa FDM World.**

Omusingi gw’omukristayo ogw’amazima: Omusingi ogw’amaanyi eri omuyigirizwa aka Craig caster
Okukuza abaana buwereza mu mubitundu aka Craig caster.
Okutegeera abavubuuka aka Craig caster.

Bwona obutabo bwe mirimu obwa FDM. World busembedwa eri okusomebwa okwa sekinomu, ebibinja ebitono as ekikozesebwa mubuyingirizwa, ne mukuwaburwa.

**Kino Kikulu:** Amabanga age'mpapuula okuva mukatabo ke emirimu akasooka gagidwamu. Enamba ezempapuula ezimu zandiba zibukidwamu ku lwe nsonga eno.

# EBYETAAGO EBYENJAWULO.

Obufumbo Buweereza Mu Bitundu Omuzingo 3

Craig Caster

Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo. (Matayo 28:19-20).

# OBUWEREZA
# MUKUYIGIRIZIBWA
# KW'AMAKKA

Esimu: (619) 590-1901
Emayilo: info@FDM.world
Website: www.FDM.World, www.discipleshipworkbooks.com

Ebyetaago Ebyenjawulo, Akatabo kemirimu ako Obufumbo buweereza, Omuzingo 3, aka Craig caster.
ISBN 978-1-7331045-2-4
Okukubisa ne nkola eya kali magezi obwananyini © 2019 bwa Craig caster. Obwananyini bwona busigalizidwa.
09012020

Okugyako mungeri endala ewandikidwa, byonna ebyawandikibwa bigidwa okuva mu nkola empya eya king James version. Obwananyini 1982 bya Thoma Nelson. Bikozesedwa awali olukuusa. Obwananyini bwona busigalizidwa.

Ebyawandikibwa ebilabidwa na kabonera NASB bigidwa mu New American standard Bible obwananyini 1960,1962,1963,1968,1971,1972,1973,1975,1977,19995 bya musingi gwa Lock man. Bikozesedwa awali olukuusa.

Ebyawandikibwa ebilambidwa ne NIV bigidwa okuva mu Baibuli entukuvu, New international Version. NIV obwananyini 1973,1978,1984,2011 bya Biblica. Bikozesedwa awali olukosa. Obwananyini bwona busigalizidwa ensi yonna.

Awatali kukoma kulukusa lwa bwa nanyini obusigalizidwa wagulu, tewali kitundu kukufulumya kuno -newankubade mu bukubisiswa oba munkola eya e-book, oba ekintu kyona ekikubisidwa ekyawukana -kyandi nadamu Okufulumizibwa, okuterekebwa munda oba nekyanjulibwa mu mutendeera ogwo'kukiza oba nekisindikibwa, mu ngeri yona oba mungeri zonna (mubyamasanyalaze, ebyuma, okwokesamu, okukwata a maloboozi oba nengeri endaala) awatali lukuusa luwandiika.

# Ebiri Mu Katabo


Entandikwa ........................................ **Error! Bookmark not defined.**

Enyanjula ........................................... **Error! Bookmark not defined.**

Essomo 1: Obwetaavu bw'Omukwano mu Baibuli ................................11

Essomo 2: Ebyetaago By'Abasajja.....................................................21

Essomo 3: Weegendereze Obuyinza bw'Ensi.......................................30

Essomo 4: Omukyala Awagira Era Akakasa Bba ...................................37

Essomo 5: Ebikolwa Ebyabulijjo Ebinafuya oba Ebitakakasa..................45

Essomo 6 Ebyetaago Byabakazi ..........................................................52

Essomo 7 Kirabo Okuva Eri Katonda ..................................................60

Essomo 8 Okusiima Mukyala Wo ........................................................68

Essomo 9 Obukulembese Bw'amaka Mulimu Gwa Musajja. ...................74

Essomo 10 Obukulembeze Obulungi Bwaluberera ................................80

Ebikozesebwa Ebyongerezeddwako.....................................................83

Ekyongerezeddwako R Enkuluze ......................................................142

Ebigambo Ebisembayo ...................................................................148

Ebikwata Kumuwandiisi ........................ **Error! Bookmark not defined.**

Ebikwata Ku Buweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka**Error! Bookmark not defined.**

# Etandikwa

Katonda yatonda ekitongole kyetuyita obufumbo, era kilumbidwa bubi nnyo. Ebigambo ebyo biyinza okuwulikika nga sibyabulijjo gy’oli, naye embeera z’obulamu embi ennyo ezirabikako, zisibuka munkolagana wakati w’omwami n’omukyala. Abagalana nga bamaze okufumbiriganwa, buli omu atandika okwekwata kw’ebyo by’ayagala era byayayanira. Ebiseera nga biyiseewo, ebizibu bisigala nga tebisaliddwa magezi, era okunakuwala, okunyiga, n’obusungu, bireeta okulumwa, ekiviiramu okwekyawa n’okuwoleera. Abantu ababiri bwebayingira mu bufumbo obutukuvu n’essubi ng'eryo, n’ebiruubirirwa ebirungi, lwaki obufumbo bungi bulemererwa? Mungeri y’emu, lwaki abagalana bangi batebenkedde munkolagana ezitamatiza?

Ekitabo kino kiweebwayo eri Katonda n'okwagala kwe eri buli mufumbo okufuna emikisa gye yali ayagala mu bufumbo. Abantu babiri bwe beegatta ng'omwami n'omukyala nga tebatendekeddwa mu nonno za Katonda, era emirundi mingi nga tebalina byakulabirako bya Katonda okuva mu biseera byabwe eby'emabega, mu bwesimbu tebamanyi ngeri gye bayinza kulabiriramu bannaabwe. Biyinza okuleeta obulumi obw'emabega n'obuzibu obw'amaanyi obweyongera. Okuyitira mu kitabo kino, Katonda ajja kubikkula amazima agataliiko kuteesa agateekwa okugobererwa, oba ebinaavaamu bijja kuba okuggwaamu amaanyi n'okwekyawa. Mu bufunze, obulumi bungi.

Ebyo okubala bilaga nti obufumbo bungi wakati mu bakristayo bukomekereza mu kwawuukana. Nga abaana ba katonda era abasiika be bisuubizo bye byona, lwaki abakiriza baremererwa? Ekizibu kiri nti okubulwa okumanya, okubulwa okuyigirizibwa mu nonnoz z’ebyawandikibwa. Ekyenaku, ekanisa teri kuteekamu manyi gamala mu kitundu kino okukyuusa ekyo ekiri okwera abangi wansi mukubo elyo okusanyizibwawo. Abafumbo bali mubwetavu obw’amaanyi obw’okusomebwa ebyawandikibwa, okubeera nga bayigirizibwa abalala mu mazima ga katonda. Abakiriza bwebayiga biki katonda by'ayagala ne basalawo okumugoberera nga abayigirizwa ba kristo, bagya kufuna ekisa namanyi okuwangula ekizibu kyona.

Katonda ayagala okweraga nti wa maanyi ku lwaffe era ayagala tumugulumize mu bufumbo bwaffe. Naye naffe tuteekwa okuba nga twagala. Tukimanyi nti obufumbo bukulu nnyo eri Katonda, naye Abakristaayo abasinga obungi oluvannyuma lw'emyaka kkumi mu bufumbo bakyawulira nti tebasobola kuyigiriza balala. Lowooza ku muntu eyali amaze emyaka kkumi ng'akola omulimu. Bayinza okuba nga bekakasa bulungi nti basobola okutendeka omuntu omulala. Era Katonda afaayo nnyo ku ngeri gye tulabiriramu bannaffe okusinga emirimu gyaffe.

Bw'onoomala ebituntu bino mu mbeera ey’okusaba, Katonda ajja kukubuulira ekigendererwa kye ng'omwami n'omukyala. Ebintu byonna byesigamiziddwa ku mazima ga Baibuli. Ebitabo eby'okukozesa n’okujjuzamu bijja kukukulembera n'Ebyawandiikibwa n'okukuwa ebyokulabirako eby'omugaso ebinaakuyamba okussa mu nkola enonno z'oyiga. Ate era ebitundu bino bigendereddwaamu okuyigirza abalala. Bw'oggulawo amaaso go olw'engeri ey'ekitalo Katonda gy'akyusaamu obulamu bwo, ojja kulaba ng'abalala bangi nabo beetaaga obuyambi.

*Mukama katonda, webale kutulaga mutima gwo n’okwagala kwo jetuli okuyita mu kigambo kyo. Nkusaba owe omukisa abo abayita mu kitabo kino. Babikulire enono era bazitegere bulungi. Bawe emitima egy'obuwombeefu basonyiwe abo ababakosezza n'okwagala okusonyiyibwa abo be balumiza. Katonda, gulumizibwa mu bufumbo bw'abo abaagala okukugoberera. Amiina.*

## Enyanjula.

Akatabo kano kakoleddwa okkulunŋŋamya mukuyigirizibwa, ekitegeeza okutambulira mu nnono za katonda. Bwe tukozesa ebigambo nga okutambula, tusuubira nti okitegeera nti okubeera wansi w'ennono zino kikulu nnyo ng'okuyiga okutambula.

Bino by'ebiruubirirwa by'ekitabo kyaffe eky'okujjuzamu:

1. Okukulaga nti Katonda atuwa ennono z'obufumbo.
2. Okutegeka obeere nebikozesebwa n'okuteeka mu nkola ennono zino, era
3. Okuluŋŋamya obufumbo bwo n'ab'omu maka go mu kusonyiwa, okuwonya, n'okuba obumu okuyitira mu buwulize eri Katonda.

Obuwereza mukuyigirizibwa kw'amakka obwa Famire discipleship ministries buliwo okuyamba mu kusomesa omubiri gwa Kristo mu bintu ebikulu, okulemererwa okuyigiriza abalala kikwatagana buterevu nokulemererwa mu bufumbo ensangi zino. Era tumanya tutya kino? Olwebyo byetulabye, byetuyiseemu, n'ebyo bye tuzudde mu miwendo egikakasiddwa leero.

## Omutendera

Essomo lyawuddwamu emirundi ettaano. Tutandika n'omuzingo ogusooka netweyongerayo nemizingo emilala nga bwegiddiringana. Gwe okubuuka emizingo egimu notagisoma kubanga tojagadde kiba kikemo gyoli era tekiba kirungi kubanga buli ssomo lilina kyelikuyigiriza era lizimbidwa ku linalyo. Okugeza wandyagadde okumanya ebyetaago byomwami oba omukyala byeyegomba, naye waliwo ennono zebyawandikibwa eziyamba omuntu okuyiga nga tonaba kumanya nyo mwagalwawo byayagala mu nkola ey'obwakatonda.

Fuba okumaliriza omusomo gumu buli lunaku okumala ennaku ttaano. Okusobola okuyiga obulungi buli lunaku kikulu nnyo mu by'omwoyo.

Ennono zino zigezeseddwa era nezikakasibwa bulungi. Nzikozesezza mu bufumbo bwange era nyambye bangi nga nzisomesa emirundi mingi nga mpabula abafumbo n'okusomesa mu bibiina. Tegeera kino nti kano si katabo "*ak'ebintu bitaano ebyangu okukola mu bufumbo*." Okubeera omuyigirizwa wa Baibuli mulimu muzibu era kyetaagisa okwewaayo eri Katonda by'ayagala nga bw'okyusa ezimu ku ndowooza zo n'enneeyisa yo. Ekyo kijja kwetaagisa okwewaayo, okwefiiriza, n'obwetoowaze.

## Okutandika buli lunaku:

- Tunuulira buli kusoma kwa buli lunaku ng'ekiseera ky'omala ne Katonda wo, era Musuubire okwogera naawe okuyitira mu Kigambo Kye.

- Olunaku lutandiike ne saala, osabe mukama akulage wa wolina okukyusamu era akuwe n’amaanyi okuteeka mu nkola by'oyize.
- Fumiitiriza. Toyanguyiriza kuyita mu bintu ogambe nti omalirizza. Katonda muwe obudde okwogera naawe, era fumiitiriza ku ebyo bye muyiga.

**Ebintu by'Olina Okumanya**:

- Okusoma kuno kintu kipya mu byokola era kijja kwetaagisa okiwa obudde. Eby'okuyiga birina okukolebwa buli lunaku. Bw'osubwa olunaku, tobuuka mpapula, wabula fuba okumaliriza byonna by'osoma mu ntegeka y’abyo.
- Ebyawandiikibwa biraga bulungi nti obufumbo bukulu nnyo eri Katonda. Bw'oba ng'olina obuzibu okumaliriza eby'okuyiga, sabira entegekazo n'ebintu ebirala by'olina okukola. Saba omuntu okusaba nawe bwe kiba kyetaagisa.
- Jjukira nti omwagalwawo wa mugaso nnyo mu kufuba kuno. Muyige wamu oba mu ngeri ey'enjawulo, buli kiseera mukubaganye ebirowoozo naye ku ebyo bye muyize era musabe mukole enkyukakyuka zonna eziba zeetaagisa.
- Eby'okuyiga biyinza okwawukana ku bungi bw'ebiweereddwa. Oluvannyuma lw'okumaliriza buli ssomo, tunula mu ky'okuyiga ekiddako osobole okuteekateeka obudde bwo ne Katonda, ofunemu ekisinga obulungi.
- Ekifo kiweebwa okuddamu ebibuuzo n'okuwandiika ebirowoozo byo n'okusaba. Bw'oba ofunye ekitabo kino ekyokujjuzaamu okuva kuyintaneti n’okiprintinga, tukuwa amagezi okukinyeza n’obuuma busaatu obwa binding n'oteekamu empapula endala zonawandikamu obuwandiike bwo.

## OKUSIMA EBUZIBA

Ekitundu kino kiwa akakisa okusoma Ebyawandiikibwa n'okubikwataganya n'ensonga eyogerwako. Ojja kweyongera okumanya Baibuli, ennono za Baibuli ezikwata ku bufumbo, n'ekyo Katonda ky'akusuubiramu ng'oli mufumbo.

> FAYILO Y’AMAZIMA
>
> Obubokisi nga buno, buwa ennyinnyonnyola y'ebigambo oba ebigambo ebiva mu Baibuli. Tufaayo nnyo okukozesa enkuluze za Bayibuli ezimanyikiddwa ennyo, ez'eddiini, ennungi n'eby'okuddamu okusobola okutegeera obulungi ebyogerwako bwe kiba kisoboka. Bingi ku binnyonnyola bino biri mu Ekyongerezeddwako R: *Enkuluze*.

### Okwekebera

Bw'oba osoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikuwa obudde okwekebera, okuzuula ebifo ebyetaagisa okulongoosaamu. Ekifo kiweebwa okuwandikaamu olukalala lw'ebyo byoyize, okwatula kwo, n'okusaba amaanyi n'amagezi okukola enkyukakyuka ezo. Ekimu ku bintu ebiyinza okubaawo ng'omuyigirizwa kwe kuwa embalira ey’obwassekinonu. Katonda bw'akuraga nti wasobya omwagalwawo oba abaana bo, kkiriza ekibi kyo obasabe okusonyiyibwa. Kino kikole buli kiseera ne bwe kiba nga tekimanyikiddwa.

## Enteekateeka y'Okukola

Oluvannyuma lw'okusoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikusoomooza okubaako ky'okolawo n'okussa mu nkola by'oyize mu bufumbo bwammwe. Okusobola okubeera abayigirizwa ab'amazima tuteekwa okutegeera nti Katonda takoma ku kwagala nti ffe tweyongere mu kumanya, naye era atulagira okutambulira mwebyo bye tumaanyi.

### Ebikozesebwa Ebyongerezedwaako

Nkusaba okozese ebintu ebikozesebwa ebiri ku nkomerero y'ekitabo. Biriwo kulwo'kukula kwo, era tubyoogerako mu bitabo byonna eby'okujjuzamu. Nga tonnatandika lugendo luno olulungi, jjuza *Ekyongerezedwako A: Ebbaluwa ey'Okwewaya* (omuzingo 1).

### Okulungamizibwa kw'Omukulembeze

Akatabo k'*okulungamizibwa* kw'omukulembeze kasangibwa ku FDM.world wansi wa *Free Ministry Downloads nga kitegeza nti osobola okawanula okuva ku intaneeti kubwereere*. Ebintu byonna ku mukutu gwaffe ogwa Intaneeti biteeka essira ku kuyigirizibwa era biweebwa ku bwereere.

# Essomo 1: Obwetaavu bw'Omukwano mu Baibuli

Buli muzingo mu bitundu bino eby'obufumbo guzimba ku bitabo ebyayita era guno si gwa njawulo. Kakasa nti osoma buli kimu okusobola okutegeera obulungi ebirowoozo ebyayita nga tonnasima mu kitabo kino.

Omusomo guno gutandika n'obwetaavu bw'omukwano obw'omusajja, oba omwami, oluvannyuma ne tugenda mu maaso n'okumanya omukazi ky'ayagala. Tusaanidde okumanya *obulungi* ekigambo *obuweereza* n'engeri gye kikwata ku bufumbo bwaffe. Jjukira nti tulina okuba abaweereza mu maka gaffe, nga tuweereza bannaffe mu bufumbo nga Kristo bwe yakola era nga bwa tuweereza. Obuvunaanyizibwa Katonda bwe yawa buli omu okutuukiriza obwetaavu bwamunne obw'omukwano kwe kubuulira abalala okwagala n'okugulumiza Katonda.

Bw'oyiga okukozesa amazima ga Katonda mu bulamu bwo, ojja kufuna enkyukakyuka mu birowoozo byo ne mu nneeyisa yo. Kino kye kyamagero eky'okugondera Ekigambo kya Katonda, ekitali kyangu bulijjo, naye kivaamu ebibala eby'obutuukirivu. Obuwulize buno *buteekwa* okusooka okukyusa. Mujja kwesanga nga buli omu atuukiriza ebyetaago bya munne eby'omunda, ekintu ekimatiza ennyo. Era bwe twogera ku Kigambo kya Katonda, kkiriza n'omutima gwo gwonna nti kino kye kyokka ekisobola okukuyamba okuzimba n'okukuuma omusingi gwo omunywevu—enkolagana ey'omuntu ne Yesu Kristo. Kye kifo kyokka mwe tuyinza okufuna emikisa gya Katonda n'amaanyi ge tusobole okutuukiriza by'ayagala n'ekigendererwa kye.

Tumaze okuyiga ku bwetaavu bw'omukwano obwetaagisa omwami n'omukyala, obwetaavu bwaffe obusinga, kwe kwagala. Kuuma 1 Abakkolinso 13 n'ebintu byonna ebinnyonnyola engeri Katonda gy'ayagala twagalanemu nga biggya mu birowoozo byo. Kebeeranga ekitundu kino emirundi mingi ng'oyagala okuzimba okwagala okutaliiko kubuusabuusa wakati wo ne munno mu bufumbo.

Abaami, Kino kikulu: Ng'omukulembeze w'awaka wo, era alina obuvunaanyizibwa bw'okwagala mukazi wo nga Kristo bw'ayagala ekkanisa, yiga 1 Abakkolinso 13 mu bujjuvu. Okiikirira Katonda n'amazima ge eri mukyala wo n'abaana bo.

## Obwetaavu bw'Omukwano Buweebwa Katonda

Abasajja n'abakyala balina obwetaavu bw'omukwano obw'enjawulo ku buli omu, ng'omusajja n'omukazi. Obwetaavu buno buli mu nsi yonna, Katonda yabuteeka mu ffe, era Baibuli y'ensibuko yokka entuufu ey'obubaka obukwata ku kuweereza bannaffe n'ekigendererwa eky'okubutuukiriza. Tutandika okusoma kwaffe mu Abeefeso 5:22–23 nga tulaba ebyetaago eby'abaami bokka. Lwaki abasajja basooka? Olw'okuba Ebyawandiikibwa biyigiriza mu ngeri eyo, era nga biyigiriza abakazi ku ngeri y'okutuukirizaamu ebyetaago by'omukwano gw'omusajja.

Nga twekenneenya ebintu bino, lowooza ku ngeri Katonda gye yatondamu obufumbo era mu kukola ekyo, yalina enteekateeka n'ekigendererwa eky'abasajja n'abakazi mu bufumbo. Okwawukana ku ndowooza abantu gye balina, obufumbo tebusobola kutuukiriza bye tusuubira ne bye twagala. Ng'ekyokulabirako, abafumbo mu kubuulirira batera okutandika n'olukalala lw'ebintu bye bataggya mu mukwano n'ensonga lwaki ekyo kibafuula abatali basanyufu. Abasinga obungi ku ffe tutandika nga tetulina ndowooza yonna ku kye kitegeeza okwagalana mu ngeri y'obwa Katonda. Obufumbo kintu kirungi, Katonda kye yatonda olw'omuganyulo gwaffe n'essanyu lyaffe, naye kino kibaawo nga tweyama okutuukiriza by'ayagala n'ebigendererwa bye.

Abantu abasinga obungi tebamanyi mazima gano: Katonda ye mutandiisi era omuzimbi w'obufumbo. Okimanyi nti ekimu ku bigendererwa ebikulu mu bufumbo bwammwe kwe kugulumiza Katonda? Obutategeeragana ku kigendererwa ky'obufumbo n'ennyinnyonnyola y'okwagala okwa nnamaddala ebiseera ebisinga bye bivaako obutali bumativu bungi n'okuggwaamu amaanyi, ensonga lwaki bangi tebafuna mukisa mu bujjuvu Katonda gwe yategekera enkolagana eno. Obuzibu buno obusinga buva ku kuba n'endowooza ey'okwerowoozaako. Kino tuteekwa okukikola mu ngeri ya Katonda, oba tetujja kumatizibwa, era watali kutaliiza.

## SIMA EBUZIBA

Okuyitira mu nkolagana yo ne Kristo, Omusumba Omukulu, Katonda asobola okukola omulimu mu ggwe. Mulimu ki ogwo, era biruubirirwa ki?

> Naye Katonda ow'emirembe, eyakomyawo okuva mu bafu omusumba w'endiga omukulu olw'omusaayi ogw'endagaano ey'olubeerera, ye Mukama waffe Yesu, 21abatuukirize mu buli kigambo ekirungi okukolanga by'ayagala, ng'akolera mu ffe ekisiimibwa mu maaso ge, ku bwa Yesu Kristo; aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina. (Abaebbulaniya 13:20–21)

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

Mu Yokaana 17:17, Yesu asabira abayigirizwa be nti, "*Obatukuze mu mazima: ekigambo kyo ge mazima*." *Okutukuza* kitegeeza "okufuula ekitukuvu n'okweyawula ku kibi," ekivaamu obulamu obwewandeyo eri Katonda. Ekyawandiikibwa kino kiraga obukulu bw'Ekigambo kya Katonda mu kutuukiriza ekintu kyonna ky'ayagala, oba ng'omutindo ogw'okwekenneenya ekituufu n'ekikyamu, omuli n'engeri gye tweyisaamu mu bufumbo bwaffe.

## Okwekebera 1

Nga bwe tuyize, okutuuka ku buwanguzi kiva mu kuba n'omusingi omunywevu, enkolagana ennungi ne Yesu okuyita mu biseera byetumala mu Kigambo kya Katonda n'okusaba. Eno y'engeri yokka gye tusobola okumanya Katonda by'ayagala n'okufuna amaanyi n'ekisa

okusobola okutuuka ku buwanguzi mu buweereza bwaffe obw'obufumbo. Mu kiseera kino, oyinza kunnyonnyola otya obulamu bwo obw'okusaba n’okusoma Ekigambo kyakatonda? Bwe kiba nga tekibadde kya buli lunaku, kkiriza Katonda era oteekewo enteekateeka ey'okukituukiriza.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

Abantu bali wano ku nsi okutuukiriza Katonda by'ayagala, wadde ng'abamu bamugaana era abamu bafuna ekirabo kye eky'obulokozi mu Kristo. Era bwe kityo bwe kiri ne mu bakkiriza. Tusobola okusalawo okugoberera ebiragiro bya Katonda oba okujeemera Katonda. Kyokka bwe tutegeera nti ekkubo ery'okufuna essanyu n'omukisa liva gy'ali, olwo tekiba kya magezi nti mu mbeera zonna ez'obulamu bwaffe tulina okutunuulira Mukama waffe nti, "Oyagala nkole ki?" Era tetujja kukola by'ayagala mu maanyi gaffe. Katonda asuubiza okugaba amaanyi okukola ekyo kyonna ky'ayagala. 2 Peteero 1:14 "Mu byo mweyatuweera ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo mulyoke muwone okuzikirira okuli mu nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke mugabane ku bwa Katonda bwe.” Ne bw'oba ng'obadde musirusiru oba nga weefaako wekka, Katonda asobola era ojja kukivvuunuka. Bayibuli bw'eyogera ekintu ne tutakikkiriza, tuba tuyita Katonda omulimba.

Ng'omwami n'omukyala, Katonda alina enteekateeka n'ekigendererwa eri buli omu ku mmwe. Yakuyita gy'ali, akuwe omukisa n'ebisuubizo bye, era bw'onoomutunuuliranga, ng'otuukiriza ekigambo kye, ajja kukulembera era akuwe amaanyi. Amaanyi ge gamu agaazuukiza Yesu okuva mu bafu gali mu buyinza bwammwe okutuukiriza buli katonda ky'abasaba.

> Era n'obukulu obw'amaanyi ge agasinga ennyo eri ffe abakkiriza bwe buli, ng'obuyinza bw'amaanyi ge bwe bukola. 20Ago ge yakozesa mu Kristo, bwe yamuzuukiza okuva mu bafu, n'amutuuza ku mukono gwe ogwa ddyo mu bifo eby'omu ggulu. (Abaefeso 1:19–20)

N'abafumbo Abakristaayo bajja mu kuwaburwa nga tebalina ssuubi, era nga banyiivu. Tebategeera nti beesudde mu kwesaasira, kwe kugaana amaanyi ga Katonda. Katonda talimba baana be. Yawaayo byonna olw'obuwanguzi bwabwe " Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye." (2 Peetero 1:3). Obuzibu buli ku ffe. Endowooza ey'okwerowoozaako oba ey'obutamanya tegulumiza Katonda era teleeta buwanguzi.

Abakristaayo beewuunya nnyo okukimanya nti omuwendo gw'abawukana okuva mufumbo, mu bakkiriza, okuva mu 1997 gwenkanankana n'ogw'abo abatali bakkiriza. Tuteekwa okuba abakakafu nti Katonda asobola era ajja kutuwa okumanya n'amaanyi agasobola okutuuka ku

buwanguzi mu bufumbo. Katonda ayagala okugulumizibwa mu baana be. Yatonda obufumbo ku lw’ekitiibwa kye. Bwe kiba nti Katonda yatonda obufumbo ng'omukisa eri abaana be n'okumugulumiza, kiki ekivuddeko obuzibu?

**Omukwano Gunnyonnyodwa**

Mu bufumbo, abantu babiri beegatta ng’abomukwano. Kino kiraga amakulu n'essanyu ebiyinza okuva mu kugatibwa ng'okwo n'omuntu omulala. Ekituufu ekyewuunyisa, bangi kye baafiirwa, kiri nti obuwanguzi bwaffe tebuva mu ffe. Okutuukirizibwa okwa nnamaddala kuva mu kumanya n'okugoberera ebyo Katonda by'amanyi ku ngeri y'okutuukirizaamu obwetaavu bw'omukwano, obusangibwa mu Kigambo kye.

**FAYILO Y’AMAZIMA**

*Ow’omukwano*—Omuntu awerekeddeko, oba ng'ali wamu n'omulala; Munno mu bufumbo, munnange, omukwano ogw'enjawulo ng'omu ku bafumbo, oba munywanyi.

## **Okwekebera** 2

Nnyonnyola ebyo by'ofumiitirizaako mu kiseera kino ku bigambo ebyo waggulu. Beera mwesimbu.

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

Katonda yatonda obufumbo, nga kino kye kisumuluzo ky'okuzuula n'okubikkula ekyama ky'okwagala. Okuva bwe kiri nti Bayibuli y'ensibuko y'amazima Katonda ge yawandiika, tugitunuulira olw'ekyo kye tunoonya, kwe kutegeera ekigendererwa ky'obufumbo n'engeri y'okutuukirizaamu buli omu ebyetaago bya munne eby'omunda. Bw'oba onoonyereza ku njigiriza ku nsonga emu, kikulu nnyo okugitandika ku ntandikwa, ekitabo ky'Olubereberye, ekitabo ekisooka eky'Endagaano Enkadde. Oluvannyuma lw'omuntu okutondebwa Katonda n'afuna omukka ogw'obulamu (Olubereberye 2:7), yateekebwa mu lusuku Adeni okululabirira n'okulukuuma (Olunyiriri 15). Katonda yakiraba era n'asalawo nti Adamu, nga bwe yali atuumye omusajja we, teyalina munne, omubeezi amusaanira, era ekyo tekyali kirungi mu maaso ge. Katonda yalaba ebirala byonna nga birungi (Olubereberye 1:4, 10, 12, 18, 21, 25), naye *Adamu yekka* teyali bulungi.

**FAYILO Y'AMAZIMA**

omubeezi—*Ezer* (Olwebbulaniya). Okuyamba oba obuyambi obuweebwa; kiraga abantu abawa obuyambi: omukazi eyatondebwa ng'omubeezi wa Adamu (Olubereberye 2:18, 20); kyogera ku Mukama ng'omuyambi wa Isirayiri (Kkoseya 13:9) era nga ye muyambi wa Isirayiri omukulu.
(Okuva 18:4; Ekyamateeka 33:7; Zabbuli 33:20; 115:9–11).[1]

*Amausanira*—oyo asaanidde, oyo akwatagana naye, ow'omukwano.

Katonda yali asobola okutonda Adamu ne Kaawa mu kiseera kye kimu, naye yali ayagala Adamu ategeere obwetaavu bw'omukwano, ekyavaamu emikisa mingi n'okusiima omukazi. Engero 18:22 wagamba nti: "Alaba omukazi okumuwasa aba azudde ekirungi, Era afuna okuganja eri Mukama."

> Awo Mukama Katonda n'ayogera nti, "Si kirungi omuntu okubeeranga yekka; nnaamukolera omubeezi amusaanira." (Olubereberye 2:18)

Omuwandiisi omu yawandiika ku byawandiikibwa ebyo mu Olubereberye:

> Katonda okuwa Adamu omukazi kyakulabirako kirungi ekiraga nti Katonda amanyi ekirungi eri omuntu. Omukwano gwadda mu kifo ky'okubeera obwoomu. Kyokka, okusobola okuba n'omukwano ogumatiza, obufumbo buteekwa okuba obumu (Olubereberye 1:26-27; 2:18). Obulamu obw'okweyagaliza bwonoona obumu n'omukwano.[2]

Abasajja n'abakyala balina okukkiriza enkola ya Katonda n'obukulu bwa buli omu okutuukiriza obwetaavu bwa munne obw'omukwano. Kino kye kintu Katonda ky'asooka okukola mu kutonda obufumbo. Katonda bw'aba omutonzi wo, akumanyi? Era amanyi ekisinga okuba ekilungi gyoli?

Kiba kya busiru okutunuulira munda mu ffe okuzuula kye twagala era kye twetaaga okusobola okumatira. Mu butonde twekubiriza ffekka, era ebintu ebisinga obungi bye tumanyi biva mu nsi ebikontana n'Ekigambo kya Katonda. Tulina okutunuulira Baibuli ng'ensibuko yaffe. Katonda ye mutonzi waffe era ye yekka asobola okutunnyonnyola ebyetaago byaffe eby'omukwano eby'enjawulo n'engeri y'okubituukirizaamu.

### Katonda Atunnyonnyola Ebyetaago Byaffe

Nga bwe twayiga okuva mu Olubereberye, abasajja n'abakazi baakolebwa ng'abomukwano, naye buli omu alina ekifo eky'enjawulo mu bufumbo. Katonda yekka y'asobola okutubuulira bye yatutonda okuwa n'okufuna ng'abaami oba abakyala. Amanyi bye twetaaga.

> Era Katonda wange anaatuukirizanga buli kye mwetaaga, ng'obugagga bwe obungi obw'ekitiibwa bwe buli obuli mu Kristo Yesu. (Abafiripi 4:19)

> Kale, temufaanananga nga bo, kubanga Kitammwe amanyi bye mwetaaga nga temunnaba kumusaba. (Matayo 6:8)

Katonda amanyi ebyetaago byaffe era atulabirira, naye era atuwadde eddembe ery'okwesalirawo mu kukiriza by'ayagala oba ekikontana n'ebyo by'ayagala. Okusinziira ku

bisuubizo bye, olowoza kiba kya magezi okugaana enteekateeka ya Katonda netulemererwa okuwa omukisa n'okufuna omukisa mu bufumbo bwaffe?

Bayibuli egamba nti"Katonda kwagala" (1 Yokaana 4:16), era kino kitegeeza nti Katonda akwagala. Katonda akwagala nnyo era ayagala muganzi wo afuuke munno gw'ewetaaga. Katonda ayagala nnyo omwagalwawo era ayagala obeere gwe yeetaaga. Katonda mwetegefu, ayagala, era asobola okukufuula ow'omukwano gwe yakutonda okubeera.

Katonda asobola okuwa omukyala endagiriro ey'okubeera omubeezi gw'ayala abeere eri omwaami we, asobole okutuukana n'engeri ze ez'enjawulo n'ebyetaago bye. Oyo yekka asobola okwonoona ekyo ye mukyala ye nyini, si mwaami. Era bwe kityo bwe kiri ne ku musajja. Katonda yatonda buli omu n'ateekawo ebyetaago by'omukwano eby'enjawulo.

Katonda agamba nti, "Njagala nnyo munno era njagala okukuyiwamu ekisa kyange, okukufuula omusajja (oba omukazi) n'omwami (oba omukyala) gwe njagala obeere, okutuukiriza ebyetaago by'omukwano gwa munno." Era oyo yekka asobola okwonoona ekyo ye ggwe. Ekyo okikkiriza? Bwe kiba si bwe kityo, kiki ky'osazeewo okukkiriza?

Tuteekwa okusoomoozebwa buli kiseera n'okwekenneenya mu nsonga zino ez'eby'omwoyo kubanga endowoza nyingi n'amaanyi ga dayimooni amabi gakontana n'amazima, Katonda ge yannyonnyola obulungi. Tuyinza okubuusabuusa n'okutya bwe tutunulira ensobi zaffe mu ndaba y'ensi, ekintu Katonda ky'atatutondera.

> Weesigenga Mukama n'omutima gwo gwonna.
> So teweesigamanga ku kutegeera kwo ggwe.
> 6Mwatulenga mu makubo go gonna,
> Naye anaaluŋŋamyanga olugendo lwo. (Engero 3:5–6)

Kino kye kisuubizo okuva eri Katonda Omuyinza w'Ebintu Byonna. Bwe tutunuulira Ekigambo kye okufuna okulagirilwa, tukisemberera n'obwetoowaze, nga tukkiriza nti Katonda amanyi engeri gye tweyisaamu eri ekibi n'okwerowoozaako, naye akyatwagala. Kya bulijjo okubuusabuusa, n'olwekyo, ka tukkirize nti amakubo ga Katonda si makubo gaffe era kakasa nti ye yekka awa amazima ge twetaaga mu bulamu.

> 8"Kubanga ebirowoozo byange si birowoozo byammwe,
> so n'amakubo gammwe si makubo gange, bw'ayogera Mukama.
> 9Kuba eggulu nga bwe lisinga ensi obugulumivu,
> amakubo gange bwe gasinga bwe gatyo amakubo gammwe,
> n'ebirowoozo byange ebirowoozo byammwe." (Isaaya 55:8–9)

Ekyawandiikibwa kino kirina okutuleetera okulumirizibwa okw'amaanyi. Tetusobola kwesiga makubo gaffe n'ekyo kye tulowooza oba kye tuwulira ku bufumbo bwaffe oba ekisinga obulungi eri omwagalwa waffe mu bufumbo. Kiri nga Katonda bw'ayimiridde ku ludda olumu

olw’omugga ate ggwe ku ludda olulala. Ebirowoozo bye n'ebirowoozo byo byawukana nyo. Waliwo enjawukana wakati w’entegeera y’aKatonda ne y'omuntu ku bufumbo. N'olwekyo, kikulu nnyo okufuna amagezi ga Katonda. Era tulina okukkiriza nti emitima gyaffe gya kibi, era twetaaga Katonda okutulongoosa.

> Omutima mulimba okusinga ebintu byonna, era gulwadde endwadde etewonyezeka; ani ayinza okugutegeera? [10] “Nze Mukama nkebera omutima, nkema emmeeme, okuwa buli muntu ng'amakubo ge bwe gali, era ng'ebibala bwe biri eby'ebikolwa bye.” (Yeremiya 17:9–10)

Kino kitegeeza nti tetusobola kugamba nti, "Kale, kabiite wange, kino kye njagala onkolere, oluvannyuma nja kuba musanyufu." Eyo y'engeri gye twelimbalimbamu. Waliwo abafumbo ab’ajja mu kubuulirirwa era omukyala yalina olukalala oluwanvu lw'ebyo by'asuubira bba okukola. Yalowooza nti yandibadde musanyufu singa akola ebintu ebyo byonna.

Omukyala oyo eyali ow'ekigendererwa ekirungi teyategeera ndowooza ya Kigambo kya Katonda. Essanyu lyaffe teriva mu bannaffe. Tulimbibwa singa tukkiriza ekyo era tetujja kufuna ssanyu na bumativu mu ngeri eno. Engeri yokka gye tuyinza okulifunamu kwe kwewaayo eri Katonda n'okukola Katonda by'ayagala eri bannaffe mu bufumbo. Eyo ye ngeri Katonda gye yatondamu obufumbo.

Ekizibu omukyala ono kye yalina bwe butamanya Katonda by'ayagala eri nkolagana y’obufumbo. Naye Katonda tayagala tubeere mu butamanya. Atuwadde byonna bye twetaaga mu Kigambo kye. Ekirungi, omukyala oyo yasalawo okufuna okutereezebwa okuva eri Katonda.

Abasajja bangi bakola ensobi y'emu. Bateeka okusuubira okwerowoozaako bokka ku Bakyala baabwe, ekyo ne kibaviirako okweyisa mu ngeri ey'obukambwe, ey'okwekobaana, ey'okweyawula ku balala, oba ey'okwenyigira mu bikolwa ebitali bya mu maaka.

Abasajja, mujja kuyiga ebyetaago byammwe eby'omukwano eby'enjawulo, engeri Katonda gye yabateekamu ebyetaago bino mu mmwe, n'engeri mukyala wo gy'alina okutuukirizaamu ebyetaago ebyo. Era mujja kuyiga okukolera awamu, si kupima ngeri mukyala wo gy'akolamu emirimu, wabula okubeera omugumiikiriza, okusonyiwa n'okuzzaamu amaanyi. Jjukira nti naawe olina obuvunaanyizibwa okutuukiriza ebyetaago *bye* eby'enjawulo. Kiwulikika ng'ekizibu— ng’omulimu ogwa ddala? Bwe Kiri. Naye embeera eno gye tuyita "mpa-nkuwe."

## Okwekebera 3

Wandiika ebyo by'osuubira okuva eri munno mu bufumbo. Bitwale mu maaso ga Mukama, yatula enneeyisa yonna embi, era wandiika essaala ey'okweyama okukyusa. Lowooza ku ngeri gy'oyinza okuyambamu omwagalwawo okumanya ky'oyagala okukyusa.

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

## SIMA EBUZIBA

Yesu yagamba nti: "Bwe," era yeekozesa ng'ekyokulabirako. Mu byawandiikibwa bino, manya ky'akusabye okukola n'ebinaavaamu mu bulamu bwo.

> Bwe mukwata ebiragiro byange, munaabeeranga mu kwagala kwange; nga nze bwe nnakwata ebiragiro bya Kitange, ne mbeera mu kwagala kwe. [11]Ebyo mbibagambye, essanyu lyange libeerenga mu mmwe, era essanyu lyammwe lituukirire. [12]Kino kye kiragiro kyange, mwagalanenga, nga bwe nnabaagala mmwe. [13]Tewali alina kwagala kunene okusinga kuno omuntu okuwaayo obulamu bwe olwa mikwano gye. [14]Mmwe muli mikwano gyange, bwe mukola bye mbalagira. 15Sikyabayita baddu; kubanga omuddu tamanya mukama we by'akola; naye mbayise ba mukwano; kubanga byonna bye nnawulira eri Kitange mbibabuulidde mmwe. (Yokana 15:10–11)

> Okutuusa leero temusabanga kigambo mu linnya lyange: musabe, muliweebwa, essanyu lyammwe lituukirire." (Yokana 16:24)

Abafumbo bangi, ne bwe baba nga bamaze emyaka abiri n'okusoba nga bali wamu, bakyatambulira mu kutegeera kwabwe, nga mw'otwalidde n'Abakristaayo. Nga beebuuza ensonga lwaki bewulira nga bereere, nga baweddemu amaanyi, oba nga banakuwavu, obufumbo bwabwe tebufaanagana na ndowooza ya Katonda. Oluvanyuma, bangi baawukanye nga bagoberera obulimba obwa bulijjo nti basobola okufuna ekibasanyusa mu kifo ekirala, kyokka ne batwala ebirowoozo byabwe ebitatuukiridde. Bayinza okusigala mu mukwano omugya olw'obumalirivu, okukoowa ennyo nga tebasobola kuddamu kugezaako, oba okutandika ku kkubo ery'okuzikiriza nga "bacakala mu nsi."

Enzivunula empya eya Yeremiya 17:9 egamba nti omutima "gwa bulimba . . . era mubi ennyo" Tosobola kufuluma kunoonya ky'oyagala n'ofuna essanyu erya nnamaddala. Kubeera kunoonya

okutaliimu. Abaami n'abakyala, tuteekwa okutunuulira Katonda. Yatutonda era n'atubumba nga tulina okubeera mu nkolagana ey'omukwano. Ye mwesigwa era wa maanyi, era si mulimba.

Abakristaayo mwegendereze, kubanga n'ekkanisa efunye obulwadde bw'endowoza y'ensi, oluusi n'eyigiriza enjigiriza z'ensi ku bufumbo. N'ababuulirira "Abakristaayo" bawa okuwaburwa okutasinziira ku Byawandiikibwa. Ekkanisa bw'ekomya okukozesa ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa ng'ekitabo kyabwe, ekivaamu kijja kuba kulemererwa mu bulamu bw'abantu baabwe.

Ekigambo kya Katonda kigamba ki ku bufirosoofo bw'ensi?

> Mwekuume tewabeerangawo muntu abanyaga mu bufirosoofo n'eby'obulimba ebitaliimu, n'ebiyigirizibwa abantu mu buwangwa bwabwe bo, n'okugoberera emyoyo egy'ensi, okutali kugoberera Kristo. (Abakkolosaayi 2:8)

____________________________________________________________________

____________________________________________________________________

____________________________________________________________________

*Okunyonyola kw'okumanya Bayibuli kyogera bino wamanga, ku ebyo ebiri* mu Abakkolosaayi:

> Obufirosoofo obw'obulimba obw'omu Kolosayi bwali bwa "muwatwa" (*kenēs*, "bukalu"), "obulimba," era nga bwesigamiziddwa ku bulombolombo bw'abantu . . . mu kifo ky'okubeera ku Kristo. Obufirosoofo bw'Ekikristaayo obwa nnamaddala "Buwamba buli kirowoozo okukifuula ekiwulize eri Kristo" (2 Kol. 10:5). Obufirosoofo kwe kwagala amagezi, naye omuntu bw'aba ayagala amagezi nga si Kristo (Omugate gw'amagezi gonna, Col. 2:3), abeera ayagala ekifaananyi ekitaliimu. Omuntu ng'oyo ajja kuba "ayiga buli kiseera naye nga tasobola kutegeera mazima" (2 Tim. 3:7). Obufirosoofo obw'ekika kino bwesigamiziddwa ku nnono z'ensi (*stoicheia*, "ennono ensikwetambulira" oba "emyoyo egy'ennono" [RSV]; cf. Kolo. 2:20; Gal. 4:3, 9). Kino kiyinza okutegeeza emyoyo emibi egikubiriza okuyiriza okwobulimba ng'okwo era Kristo gye yawangula (cf. 2 Koli. 4:3–4; Abefe. 6:11–12). Obufirosoofo ng'obwo bwa dayimooni era bwa nsi, si bwa Katonda oba obwa Kristo. Okuggyako ng'abakkiriza beegendereza, obufirosoofo ng'obwo buyinza okubakwata, ne bubatwala "mu buwambe."[3]

Owulira otya mu bufumbo bwammwe? Obutaliimu, okuggwaamu amaanyi, obutaba na ssuubi? Wandiika ebirowoozo byo.

____________________________________________________________________

____________________________________________________________________

____________________________________________________________________

Waliwo ensonga bbiri lwaki omuntu alemererwa. Bwekitaba nti omanyi Ekigambo kya Katonda kye kyogera era n'osalawo okukijeemera, kitegeza tomanyi Kigambo kya Katonda n'olwekyo ofiirwa emikisa gye. Ebizibu bingi bibaawo olw'okuba nti Abakristaayo tebamanyi Baibuli ky'eyogera ku bufumbo. Omulabe n'ensi bisobola okusendasenda abo abalina omusingi omunafu ate nga tebalina kumanya. Eno y'ensonga lwaki okubeera omuyigirizwa kikulu nnyo

> Tulemenga okubeera nate abaana abato, nga tuyuugana nga tutwalibwanga buli mpewo ey'okuyigiriza, mu bukuusa bw'abantu, mu nkwe, olw'okugoberera okuteesa okw'obulimba. (Abaefeso 4:14)

Ejjengo ly'enjigiriza y'omuntu bwejja gyetuli, kiba kirungi okumanya Baibuli ky'egamba. Tetukyalina kuba baana, wabula abakulu, mu kutegeera kwaffe okw'ekigambo kya Katonda ekikwata ku bufumbo.

# Essomo 2: Ebyetaago By'Abasajja

Okusoma kwaffe kwesigamiziddwa ku Byawandiikibwa. Mu Abeefeso 5:21–33, tufuna okuyigiriza okutegeerekeka ku byetaago byaffe eby'omukwano eby'enjawulo ng'abaami n'abakyala. Era nga tutandika, tujjukire nti okutuuka ku buwanguzi kiva mu buwulize bwokka, nga tuddamu eri eddoboozi ly'Omwoyo Omutukuvu, Yesu gwe yatuma okubeera munda mu ffe, okutuyigiriza n'okutukulembera mu mazima gonna.

> So temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo; (Abeefeso 5:18)

Omukristaayo omu yawandiika bw'ati ku Mwoyo Mutukuvu:

> mujjuzibwenga omwoyo. N'olwekyo, omukkiriza, mu kifo ky'okwefuga, afugibwa Omwoyo Omutukuvu . . . " Kristo bwe bujjuvu bwetufuna." - Abakkolosaayi 3:15. Bwe kityo mu nkolagana eno, ng'omukkiriza bw'akkiriza Mukama waffe era ng'afugibwa Ye, yeeyongera okwoleka ebibala by'Omwoyo (Abaggalatiya 5:22-23).[4]

Wano nate tulaba omusingi ogugamba nti, "ng'omukkiriza bwe yewaayo eri Mukama waffe," ng'akakwakulizo k'obuwanguzi bwaffe. Ye musingi gwaffe ogw'amaanyi, era okuyitira mu maanyi ge tusobola okwoleka ebibala by'Omwoyo n'okutuukiriza Katonda by'ayagala.

### Okugonderagana

Abaefeso 5:21 egamba, "mugonderaganenga nga mutya Katonda." Lwaki Katonda ayagala tusooke tutegeere kino? Kubanga akimanyi nti tulwanyisa okwerowoozaako, okuvuganya n'okwagala okufuga bannaffe. Era kino si kya ba gaayi (abasajja) bokka, si kyo? N'abakyala bakikola bulungi. Ekikolimo ku Kaawa, oluvannyuma lw'okulya ekibala, kyali kya kulwanagana n'okwegomba okuwamba obuyinza bwa bba Katonda bwe yamuwa (Olubereberye 3:16).

Oluvannyuma lw'omusajja n'omukazi okujeemera Katonda nga bakozesa eddembe lyabwe ery'okwesalirawo okulya ku muti ogw'okumanya obulungi n'obubi, baali ba kubonaabona olw'obujeemu bwabwe. Ebikolimo ebiva mu kugwa byawandiikibwa mu Olubereberye 3:16-19.

> N'agamba omukazi nti,
> "Nnaayongeranga nnyo obulumi bwo mu kuzaala abaana;
> mu bulumi mwonoozaaliranga abaana;
> n'okwegomba kwo kunaabanga eri balo,
> naye anaakufuganga." (Olubereberye 3:16)

Ekigambo *okwegomba* mu Olubereberye 3:16, ne mu Olubereberye 4:7, kitegeeza okwagala okufuga. Omusajja yaweebwa obuyinza ku mukyala we, kyokka oluvannyuma lw'ekyo omukazi

yakalubirizibwa okugondera bba n'atuuka n'okufuna okwegoomba okutali kwa bwa Katonda *Okutakkiriza* bukulembeze bwa bba.

**Buli Mukkiriza**

Eri abakyala abafuba okugonda, nga mu kikula kyabwe baagala okufuga babbaabwe n'okuwamba obuyinza, Katonda asobola era ajja kukuwa ekisa n'amaanyi okukkiriza by'ayagala. Abaefeso agamba nti: "Mugonderaganenga nga mutya Katonda." Olunyiriri olwo "lulaga bulungi nti buli Mukristaayo ajjudde omwoyo alina okuba omwetoowaze era omuwulize. Kino kya nkizo nyo ku nkolagana yaffe; tewali mukkiriza asinga omukkiriza omulala yenna." Mu maaso ga Katonda, twenkanankana mu buli ngeri." - Abaggalatiya 3:28. [5] Olunyiriri luno lulaga bulungi nti ffena kyenkanyi Katonda atutwala nga ba muwendo. Omusajja oba omukazi si wa mugaso nnyo okusinga omulala. Kino era kituwa omusingi "mu kutya Katonda" olw'okwagala kwaffe n'okumalira ku kuwaayo eri bannaffe n'okutuukiriza ebyetaago bya buli omu eby'omukwano ng'abakikolera Mukama.

> Mu kutya Mukama amagezi mwe gasookera:
> N'okumanya oyo Omutukuvu kwe kutegeera. (Engero 9:10)

Tuteekwa okukimanya nti ebyetaago bya bannaffe bikulu nnyo eri Katonda nga ebyaffe bwe biri gyali. Teeberezaamu eddoboozi lya Katonda erigamba nti, "Nga sinnakulaga byetaago byo eby'omukwano eby'enjawulo, njagala omanye nti olina obuvunaanyizibwa okutuukiriza ebyetaago bya munno." Mu maaso ga Katonda, obuvunaanyizibwa bwaffe kwe kutuukiriza ebyetaago by'abalala. Okwo kwe kwagala – mu ngeri ya Katonda.

Abaefeso 5:21 etusoomoza okugondera omuntu omulala ng'agondera Katonda. Kino kiraga nti tuli beetegefu okukola ebikolwa eby'okwagala Katonda by'atuyitidde ng'omwami n'omukyala, nga tugondera by'ayagala ka tube *nga tuwulira tutya*. Katonda takoma ku kutukozesa kusala n'okuwa bannaffe omukisa mu by'omwoyo, naye ajja kukozesa obuwulize bwaffe okutufuula ekifaananyi ky'Omwana we, Yesu Kristo, ky'ayagala eri buli mukkiriza.

Kino okubeera omuyigirizwa kye kitegeeza: kye twagala ennyo kwe kugoberera Kristo nga Katonda atukyusa mu kifaananyi kye. Oyinza okuba Omukristaayo, naye omuyigirizwa aba mumalirivu okugondera Katonda by'aba amutade mu maaso okukola.

Abantu bangi mu kubuulirira tebaagala kukola Katonda by'ayagala. Tebakola mirimu gyabwe wadde okugoberera ebilagiro ebitegeerekeka. Naye tewali kakodyo. Katonda tayinza kukola mu ngeri ey'ekyamagero ky'akuyise okukola mu buwulize. Okutuusa lw'onoowanika n'ogamba nti, "Kale Katonda, njagala nnyo okwekebeera, ndabe oba ntuukiriza by'oyagala, era njagala okugondera," obufumbo bwammwe tebujja kukyuka.

Okukolaganira awamu kirungi naye bulijjo tulina okukuumira amaaso gaffe ku Katonda so si ku bannaffe mu bufumbo. Ovunaanyizibwa ku buwulize bwo bwokka so si ku bwa munno. Kya bulijjo omu ku bafumbo okumalira okukyuka okusinga munne. Emirundi mingi omu ku bafumbo

aba mumalirivu okugondera Katonda, nga ky’ekivuddeko munne okukyuka. Kyetaagisa omuntu okusalawo bw'atyo. Ekigendererwa ky'okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwaffe kwe kumusanyusa so si ffe.

## SIMA EBUZIBA

Enkolagana wakati wa Yesu ne Kitawe eri etya ng'eyaffe? Kiki Yesu kye yakola okusobola okufuna enkolagana ng'eyo, era ekyo kiyinza kitya okukwata ku bulamu bwo?

> N'oli eyantuma ali nange; Kitange tandekanga nzekka; kubanga nkola bulijjo by'asiima.” (Yokana 8:29)

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

Kiki ekiyinza okukukubiriza okugondera Katonda? Kino oyinza kukikwataganya otya n'obufumbo bwo n'endowooza gy'olina ku munno? Bwe kiba kisoboka, londa ekitundu ekimu eky'okusoomoozebwa era osalewo engeri gy'oyinza okusanyusaamu Katonda n'enneeyisa yo.

> Era kyetuva tufuba, oba nga tukyali muno, oba nga tuli wala, okusiimibwa ye. (2 Abakkolinso 5:9)

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

> Eky'enkomerero, ab'oluganda, tubeegayirira era tubabuulirira mu Mukama waffe Yesu, nga bwe mwatuyigirako bwe kibagwanira okutambulanga n'okusiimibwanga Katonda, era nga bwe mutambula, mweyongerenga bwe mutyo. (1 Abasessaloniika 4:1)

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

> Olw'okukkiriza, Enoka yatwalibwa nga tayise mu kufa n'atalabika kubanga Katonda yamutwala, kubanga bwe yali nga tannamutwala, Katonda yategeeza nga bwe yamusiima. (Abebbulaniya 11:5)

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

Okulabula mu lugendo: Bw'ononya ebiva mu kugondera n'okuweereza munno mu bufumbo, olwo oba otandise okwerowoozaako era ojja kufuna ebisatu bino: Okuggwaamu amaanyi, okwennyamira n'okunakuwala. Waliwo ky'omanyi ku nneewulira zino? Oluvannyuma ddayo mu buwulize ng'osuubira empeera yo okuva eri Katonda. Katonda si mulimba. Ajja kukuwa omukisa ng'omuyigirizwa omuwulize ng'oggyeeko enneeyisa y'omwami wo oba mukazi wo.

## Okwekebera 1

Katonda bw'aba akozesezza ebintu bino okulaga by'osuubira eby'okweyagaliza okuva eri munno oba enyaukula ey'ekibi, kkirize era obiwandike wammanga era saba Katonda akuyambe okukikomya.

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

### Ebyetaago By'omusajja Eby'Omukwano

Ka tweyongere okutunuulira Abaefeso 5 tuyige ku byetaago by'omukwano eby'enjawulo Katonda by'atadde mu musajja. Katonda yatonda obufumbo ne kiba nti omukyala y'alina okuzzaamu bba amaanyi n'obuyambi bwonna obwetaagisa okusobola okutuukiriza obwetaavu bw'omukwano. Abasajja tebayiiya byetaago bino. Katonda ye ya bibateekamu. Eno y'ensonga lwaki waliwo Ebyawandiikibwa ebitulabula nti bwe tugaana okutuukiriza ebyetaago by'omwami n'omukyala, obufumbo bwaffe tubufunamu ebizibu n'okukemebwa.

> Abakazi, muwulirenga babbammwe, nga bwe muwulira Mukama waffe. 23Kubanga omusajja gwe mutwe gwa mukazi we, era nga Kristo bw'ali omutwe gw'ekkanisa, omubiri gwe, era nga ye yennyini ye mulokozi waayo. 24Naye ng'ekkanisa bw'ewulira Kristo, n'abakazi bwe batyo bawulirenga babbaabwe mu buli kigambo. . . Naye era nammwe buli musajja ayagalenga mukazi we nga bwe yeeyagala yekka; n'omukazi assengamu bba ekitiibwa. (Abeefeso 5:22–24, 33)

Waliwo ebigambo by'olaba mu byawandiikibwa bino ebireetera abakazi bangi okutya leero?

Weetegereze nti ekitundu kino tekikoma ku kugamba bugambi nti "gonda," wabula kigattako "nga agondera Mukama." Ate oluvannyuma kigamba nti, "ng'ekkanisa bw'eri wansi wa Kristo, n'abakyala babeerenga eri babbaabwe mu buli kimu." Bagondere babbaabwe mu bintu bimeka? Abakyala, mu *buli kimu.* Si bintu bimu byokka,

> **FAYIRO Y'AMAZIMA**
> *Okugonda—Hupotasso* (Luyonaani). Okuwaayo kyeyagalire, okukolera awamu, okwetikka obuvunaanyizibwa, n'okwetikka omugugu.

wabula byonna. Ebyawandiikibwa era biragira abakyala okussa ekitiibwa mu babbaabwe, ekitegeeza okumussaamu ennyo ekitiibwa.

## Okwekebera 2

Abakyala mukebere mulabe engeri gy'oyanakulamu eri kino. Olowooza takisaanidde, akigwanidde ebiseera ebimu, oba nti ojja kufuuka ekisiimula mu ngeri emu oba endala kino kirabika si kya bwenkanya? __ Yee ___ Nedda

Bwe kiba bwe kityo, yatula era osabe Katonda akuwe okukiriza okusobola okumwesiga. Manya ebikweraliikiriza era osabe omutima omuwulize n'amagezi ag'enjawulo okuwonya obutakkiriza bwo.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

Abakazi, Katonda yateeka ebyetaago bino mu mwami wo. Teyakola nsobi. Kiyinza okulabika ng'oluusi Katonda asaba okukola ebintu ebirabika ng'ebitasoboka oba ebitali bya bwenkanya. Naye jjukira nti tuli mu bantu ababuusabuusa obanga obulamu bwa bwenkanya era emirundi mingi bagaana Ekigambo kya Katonda ng'agamba nti si kya bwenkanya. Tusobola okuleeta endowooza eno mu bufumbo bwaffe, nga tukkiriza nti embeera yaffe si ya bwenkanya ng'ate ddala Katonda ky'ayagala. Enkyukakyuka eyeetaagisa kwe kwesiga Yakuwa n'okumugondera. Obulamu bujja kulabika ng'obutali bwenkanya singa tussa ebirowoozo byaffe ku ffe ne tusalawo kye twetaaga okusobola okutuukirizibwa. Ng'oggyeeko endowooza ya Katonda, bulijjo tujja kuwulira nga tulimbiddwa kubanga omubiri teguyinza kuba mumativu. Bwe tukwata ebiragiro bye, tunywerera mu kwagala kwe era tusanyuka.

> Bwe mukwata ebiragiro byange, munaabeeranga mu kwagala kwange; nga nze bwe nnakwata ebiragiro bya Kitange, ne mbeera mu kwagala kwe. 11Ebyo mbibagambye, essanyu lyange libeerenga mu mmwe, era essanyu lyammwe lituukirire. (Yokana 15:10–11)

Katonda ye mutonzi, era ye yekka awandiika ekitabo eky'ebyokugoberera. Omwami wo tategeera nsonga lwaki alina ebyetaago bino eby'enjawulo n'ensonga lwaki awulira nga tatuukirizibwa mukyala we bw'atamuyisa bulungi. Abasajja abasinga tebasobola kunnyonnyola byetaago byabwe. Oluvannyuma lw'okusoma bino, bajja kuba basobola okubinnyonnyola. Ate abasajja bwe muba mukitegeede bulungi, mulina okuba nga musobola okubuulira mukyala wo ekibulamu.

Abakyala, obwenkanya n'obutali bwenkanya si gwe mutindo gw'obuwulize bwaffe, wabula tugondera Katonda olw'omutima gw'okukkiriza n'okwagala gy'ali. Oyinza okuba nga olina okutya kwo mu kugondera omusajja ono mu bulamu bwo, naye ogondera Mukama. Bw'onookola bw'otyo, Katonda ajja kussa ekitiibwa mu buwulize bwo.

Ka tuggyewo *ekigambo essanyu* mu kiseera kino. Abatukuvu bangi bagondede Katonda era oluusi nebataba basanyufu. Bwe tusoma ku bulamu bwa Yesu, mazima ddala essanyu ly'akaseera ako teryali kigendererwa kya bikolwa bye. Era ennono eno yemu eyeyolekera mu bulamu bw'abayigirizwa naddala mu bulamu bw'omutume Pawulo. Bayibuli egamba nti Pawulo yakubibwa amayinja, n'alekebwa ng'abula katono okufa (Ebikolwa 14:19), era n'addayo okuweereza Mukama waffe. Mu 2 Abakkolinso 11:23-30, Pawulo yayogera ku kubonaabona kwe n'obutyabaga bwe awatali kwemulugunya kwonna.

Kino kizibu okutegeera. Obuwangwa bwaffe butunuulira okubonaabona kwaffe mu ngeri embi era ey'okunyoomerera. Naye kino si bwe bulamu bw'omukkiriza nga bwe kiragibwa mu Byawandiikibwa. Tukula bulungi ne tweyongera okuba abanywevu nga tubonaabona ku lwa Kristo. Bayibuli egamba nti bwe tuba abanafu, ekisa kye kitumala kubanga amaanyi ge gatuukirira mu bunafu bwaffe (2 Abakkolinso 12:9-10). Ng'abayigirizwa ba Yesu Kristo, tetulina kukkiriza ndowooza z'ensi n'ebikolwa byabwe kutulagira bye tukkiriza ne bye tukola.

## SIMA EBUZIBA

Tegeera Ebyawandiikibwa bino bye byogera ku kugezesebwa n'okubonaabona n'ebyo bye bileeta mu bulamu bwaffe. Eno y'ensonga enkulu eri abaami n'abakyala.

> So si ekyo kyokka, era naye twenyumirizenga mu kubonaabona kwaffe, nga tumanyi ng'okubonaabona kuleeta okugumiikiriza; [4]nate okugumiikiriza kuleeta empisa ennungi; n'empisa ennungi zireeta okusuubira: (Abaruumi 5:3–4)

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

> [2]Mulowoozenga byonna okuba essanyu, ab'oluganda, bwe munaagwanga mu kukemebwa okutali kumu; [3]nga mutegeera ng'okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe kuleeta okugumiikiriza. 4Era omulimu gw'okugumiikiriza gutuukirirenga, mulyoke mubeere abaatuukirira, abalina byonna, abataweebuuka mu kigambo kyonna. (Yakobo 1:2–4)

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

Obwo bwe mujagulizaamu, newakubadde nga mwanakuwazibwa mu kukemebwa okutali kumu akaseera akatono kaakano, oba nga kibagwanira, 7okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe okusinga omuwendo ezaabu eggwaawo, newakubadde ng'egezebwa mu muliro, kulyoke kulabike okuleeta ettendo n'ekitiibwa n'okugulumizibwa Yesu Kristo bw'alibikkulibwa. (1 Peteero 1:6–7)

_______________________________________________________________

_______________________________________________________________

_______________________________________________________________

Nga ssinnabonyaabonyezebwa, nnakyama;

Naye kaakano nkwata ekigambo kyo.

68Oli mulungi, era okola ebirungi;

Onjigirizenga amateeka go. (Zabbuli 119:67–68)

_______________________________________________________________

_______________________________________________________________

_______________________________________________________________

71Kwangasa okubonyaabonyezebwa;

Ndyoke njige amateeka go.

72Amateeka g'akamwa ko gampoomera nze

Okusinga ebitundu eby'ezaabu n'effeeza enkumi n'enkumi. (Zabbuli 119:71–72)

_______________________________________________________________

_______________________________________________________________

_______________________________________________________________

75Mmanyi, Ayi Mukama, ng'emisango gyo gya nsonga,
Era nga wambonyaabonya olw'obwesigwa.
76Nkwegayiridde, ekisa kyo ekirungi kinsanyuse,
Ng'ekigambo kyo bwe kiri eri omuddu wo. (Zabbuli 119:75–76)

_______________________________________________________________

_______________________________________________________________

_______________________________________________________________

## ***Enteekateeka y'Okukola*** *1*

Saba Katonda akuwe Okukkiriza nti osobola okumwesiga mu biseera eby'okubonaabona. Mubuulire engeri gy'owuliramu, omubuulire ku kutya kwo, era yogera naye mu bwesimbu era

mu bwerufu. Mu Zabbuli, Dawudi yafuka omutima gwe eri Katonda, era Katonda yayagala Dawudi naddala olw'obwetoowaze buno.

## Ebiziyiza

Ebiziyiza bingi biyinza okulemesa omukazi okugondera bba. Abasajja bayinza okuba nga baasalawo mu ngeri ey'okwerowoozaako era ey'obutamanya ebirumya abawala, abakyala n'abakazi, gamba ng'okusobya ku bakazi, obulisa maanyi, ettemu, obulagajjavu, obutassa kitiibwa mu balala, n'obukambwe. Omukazi ayinza okuba nga yafuna ekimu ku bino okuva ku bataata, abooluganda, ssenga, baliraanwa oba baganzi be abalenzi.

Bw'oba olina ekintu kyonna ku nsonga eno ky'ofunye era ng'okaluubirizibwa okwesiga obuvunanyizibwa bw'omwami wo okukukuuma oba okuwagira obukulembeze bwe nga taata, ebintu bino biyinza okukuleetera okutya n’okupakunkana. Oboolyawo toyinza n'okulowooza nti osobola oba oyagala okubeera omukyala Katonda gw'akuyita okubeera. Oboolyawo kitaawo yakikirira bubi Katonda n'akulumya, maama wo, baganda bo, oba bannyina, era ekyo kikosezza nnyo omutima gwo eri abasajja. Oyinza okuba ng'owulira nga eyafumbirwa omusajja atamanyi ky'akola. Omutima gwo guyinza okuba nga gukulumizibwa, era olowooza nti, *ojja kuba wesudde mu buzibu ogondera omusirusiru ono*. Oyinza okuba ng'olina ebizibu ebyayita, ng'olwanagana n'obulabe n'okwekuuma mu kifo ky'okwesiga Katonda, okukakana, n'okukakasa obukulembeze bw'omwami wo.

Weesanga ng'osunguwala oba ng'ovuma omwami wo ng'agezaako okukulembera? Oyinza okulowooza nti agezaako kukufuga. Kino kitera okubaawo singa tokolanga ku bulumi bwe wayitamu. Funa akaseera okusaba nti, "Katonda, nneetaaga okunoonya okuwona okuyitira mu kusonyiwa kubanga kinzibuwalira okukwesiga n'okukkiriza obukulembeze bw'omwami wange. Mukama, siri mukakafu nti nnyinza n'okukwesiga.” Ensonga eno si buli kiseera nti yekusiza ku bujeemu, naye ebiseera ebisinga kiva ku bintu ebyayita ebitaakolebwako mu ngeri ya Baibuli.

Kino bwe kiba nga kikukwatako mu kiseera kino, olina okuddayo ku by'emabega. Manya we weetaaga okunoonya okuwonyezebwa n'ani gw'olina okusonyiwa. Ekintu kyokka kye tuyinza okukola okuwona embeera embi ey'obusungu n'obutaba na bwesige, ekijja okukwata buli muntu akwetoolodde.

> 14Mugobererenga emirembe eri abantu bonna, n'obutukuvu, awatali obwo tewali aliraba Mukama: 15mulabe waleme kubaawo omuntu yenna asubwa ekisa kya Katonda, era mwekuume “ekikolo kyonna eky'okukaawa” kiremenga okuloka mu mmwe, okugwagwawaza abangi; (Abebbulaniya 12:14–15)

Obulumi abalala bwe batuleetedde buyinza okufuuka ebigo n'enjegere ebiremesa Okutambula kwaffe okw'Ekikristaayo okutuusa lwe tuwona nga tubasonyiwa. Olina okukozesa eddagala ery’okusonyiwa mu biseera byo eby'emabega. Genda mu kyongerezedwako *P: Okwesiga n'okusonyiwa era* ogoberere ennono eziteekebwawo. Enteekateeka ya Katonda eri omukyala kwe kusooka okumwesiga. Kino kitegeeza okukkiriza enteekateeka ye ey'okutuukiriza ebyetaago bya bba eby'omukwano. Obulombolombo bwaffe, empisa z'obuwangwa bwaffe, engeri z'amawanga gaffe, ebizibu eby'emabega, oba engeri bazadde baffe gye baali babeeramu si bye bitukulembera. Kiteekwa okuba nga kigambo kya Katonda.

## Enteekateeka y'Okukola 2

Wandiika okusaba kw’obweyamo okuyita mu kitabo ekikwata ku kusonyiwa n'okutabagana, bwe kiba kyetaagisa. Goberera buli kifo ekyetaagisa okujjuza. Omukazi omukambwe, ne bwaba nga takigenderede, ajja kumenya ennyumba ye.

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

Kino kikulu: Bw'oba mu kiseera kino oli mu buzibu mu mukwano ogw'okutulugunya, olina okunoonya obuyambi. Kikulu okumanya nti Katonda n’affe tetukkiriza kutulugunyizibwa mu ngeri yonna. Bwe wabaawo obulumbanganyi obw’okubibwa oba okumuvibibwa, funa obuyambi obusaanira. Okutaasibwa n'okubuulirira bikubirizibwa.

# Essomo 3: Weegendereze Obuyinza bw'Ensi

Obadde okkiriza endowooza yo n'enneeyisa yo okugwa wansi w'obufuzi n’obufiirisofo bw'ensi? Bwe kiba bwe kityo, ekyo kiyinza okuba nga kyakosa obufumbo bwammwe. Abantu bangi mu kuwaburwa bagamba nti, "Kati, mu buwangwa bwange (ekitegeeza eggwanga), eno y'engeri gye tugikolamu." Oba "ng'omu __ (jjuza eggwanga lyo), omukazi talina ky'ayogera mu maka, oba omukazi akola okutendeka kw'abaana bonna." Naye ng'Abakristaayo, tulina okuggyawo enzikiriza zaffe ez'obuwangwa, kubanga zikontana butereevu n'Ekigambo kya Katonda. Emirundi mingi, enzikiriza z'obuwangwa zikwata ku mpisa, era kirungi nnyo okuzikolerako. Kyokka, enzikiriza y'obuwangwa bw'eba ekontana ne Baibuli, efuuka enjawukana mu mpisa, nga kino kibi. *Buli kiseera* tulina okwekenneenya enzikiriza zaffe ezikwata ku bufumbo n'amaka nga tukozesa Ekigambo kya Katonda.

### Okufugibwa Ebyobuwangwa

Obuwangwa bwaffe, oba endowoza n'ennono z'ensi eno, biri buli wamu. Amagezi g'ensi gajja okuyitira mu mikutu gy'empuliziganya (ebitabo, ttivvi, firimu, magazini, ne yintaneeti, nebilala bingi) oba emirundi mingi okuyitira mu buyigirize n'okupikirizibwa bannaabwe. Buli kimu ku bino kiyinza okutuleetera okutunuulira obufumbo n'amaka mu ndaba yensi. Enzikiriza n'endowoza bisobola okwegatta ne tukkiriza nti ge mazima, engeri y'okuddukanyaamu obufumbo, okutuusa lwe tugigeraageranya n'Ekigambo kya Katonda.

### Obulombolombo bw'Eddiini

Enjigiriza z'eddiini nnyingi ezikwata ku bufumbo n'okuzaala abaana zifuuse bulombolombo. Mu kifo ky'ekyo, ka tufube okubeera ng'Abakristaayo b'omu Berea, oluvannyuma lw'okuwulira enjigiriza ya Pawulo, "buli lunaku nga banoonya ebyawandiikibwa okusobola okumanya obanga ebintu ebyo byali bwe bityo" (Ebikolwa 17:11). Tokkiriza kigambo kya muntu mulala yenna ku mazima, wadde mu kitabo kino eky'okujjuzamu, wabula bikkula Ekigambo era kakasa nti kituufu. Yesu yalina okukolagana n'abakulembeze b'eddiini abaasalawo okutambulira mu bulamu bwabwe okusinziira ku bulombolombo obwali bufuga eddiini mwe baakulira. Bwe baagaana okulekayo ebirowoozo abantu bye baabayigiriza, oluvannyuma baagaana Omulokozi eyajja okubalokola.

### Obulombolombo bw'Abantu

Obulombolombo ze nzikiriza n'enneeyisa eziyisibwa okuva ku muntu omu okudda ku mulala, omulembe ogumu okudda ku mulala. Abazadde bawa abaana amagezi amabi ku bufumbo nga bakozesa obulamu bwabwe. Naye Abakristaayo balina okusalawo mu ngeri enzibu bwe kituuka ku kugoberera Kristo. Ekigambo kya Katonda bwe kibeera omutindo gwaffe, bulijjo tuteekwa okussa ekitiibwa mu Katonda n'Ekigambo kye okusinga abalala bonna, nga mw'otwalidde ne bazadde baffe. Tulina endowoza ez'emabega, abakugu mu by'obwongo mu kiseera kino, n'abawandiisi bangi abafulumizibwa ku nsonga y'obufumbo. Abamu bafuuse ebirowoozo ebikulu ku bufumbo n'okukuzaza abaana. Abasajja nga Sigmund Freud bakyatwalibwa ng'ensibuko y'okumanya. Bangi ku bantu bano tebaasobola kutuuka ku buwanguzi nga

bassekinomu, ne batasobola kutuka ku kumatizibwa. Togobereranga magezi agatawagirwa Kigambo kya Katonda. Yesu yalabula ku nsonga eno.

> [9]… "Mugaanira ddala bulungi etteeka lya Katonda, ne mukwata obulombolombo bwammwe. . . mudibya ekigambo kya Katonda olw'obulombolombo bwammwe, bwe mwayigiriza: era mukola ebigambo ebirala bingi ng'ebyo." (Makko 7:9, 13)

Katonda yali awadde Abayudaaya ebiragiro ebikwata ku bulamu, naye abakulembeze baabwe ab'eddiini baali bakyusizza, era ne boongera ku bigambo bye okutuusa lwe baali bateeka abantu wansi w'amateeka oba ennono ezikolebwa abantu, so si mazima. Bwe baakola bwe batyo, baafuula Ekigambo kya Katonda obutaba ky'omugaso. Mu mbeera eno, Abafalisaayo baali bagamba nti tebasobola kulabirira bazadde baabwe mu by'ensimbi kubanga ssente zaali "corban," ekirabo eky'okusaddaaka eri Katonda. Mu butuufu, baali bawolereza omululu, nga batereka ssente olw'ebigendererwa byabwe.

Kino kiraga engeri emitima gyaffe bwe giyinza okuba egy'obulimba, bwe tuyinza okufuula ebintu eby'omwoyo, oba ffe benyini okukyusa mu Byawandiikibwa okusobola okutuukana n'ebigendererwa byaffe. Yesu yagamba nti: " Naye bansinziza bwereere, Nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata." Makko 7:7. Tewali kigambo na bikolwa Katonda bya'atamaanya.

### Obulombolombo Bwa Baibuli

Waliwo obulombolombo bwe tulina okukwata ennyo. Pawulo yagamba ekkanisa y'e Ssessaloniika nti, "Kale nno, ab'oluganda, muyimirirenga, era munywezenga bye mwaweebwa ne muyigirizibwa, oba mu kigambo oba mu bbaluwa yaffe." (2 Abasessaloniika 2:15). Pawulo yali agamba nti nywerera ku mazima agali mu Baibuli abatume ge baababawa okuyitira mu kubuulira kwabwe n'amabaluwa gaabwe. Ffenna tulina okunywerera ku mazima.

Tetuyinza kukkiriza nkolagana ndala yonna kutuleteera okwekiriranya okuva ku mazima mu Kristo, ka kibe nti abalala bayinza kukiraba batya. Era ng'Abakristaayo, oluusi tujja kutwalibwa ng'abantu ab'enjawulo bwe tugoberera ennono za Baibuli ezikontana n'endowooza y'ensi.

> Kaakano beewuunya kubanga temukyabeegattako mu bukaba obutalabwanga bwe butyo, era babavuma. (1 Peteero 4:4)

Tusaanidde okulabika ng'abatali ba bulijjo, kubanga tetuli bantu ba bulijjo, era Ekigambo kya Katonda kati kye kifuga buli kye tukola.

> nga mu biro biri mwali nga muli wala ne Kristo, mwali nga mubooleddwa mu kika kya Isiraeri, era mwali bannamawanga eri endagaano ez'okusuubiza, nga temulina kusuubira, nga temulina Katonda mu nsi. (Abeefeso 2:12)

## Okwekebera 1

Mu ngeri yonna ogoberera obuwangwa oba obulombolombo bw'eddiini obutakkiriziganya na Kigambo kya Katonda? Kikosa obufumbo bwammwe? Yogera ku nsonga eno ng'omwami n'omukyala. Wandiika by'oyize mu buli kitundu waggulu.

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

### Engeri Yesu gy'Atunuuliramu Amaka

Yesu yalabula abantu okwewala okukulembeza endowooza z’omuntu yena mu kifo ky’ebyo Katonda bya yogera, “‘‘Omuntu bw'anajjanga gye ndi, n'atakyawa kitaawe ne nnyina ne mukazi we, n'abaana be, ne baganda be, ne bannyina, era n'obulamu bwe ye, taayinzenga kuba muyigirizwa wange.” (Luke 14:26).

Yesu tagamba nti okumwagala olina okukyawa munno mu bufumbo, abaana bo n'ab'omu maka go abalala. Wabula, bwe kituuka ku kusalawo okukola ekintu katonda ky'ayagala oba bazadde baffe, oba ensi oba engeri zaffe, tuteekwa okulonda ekkubo lya Katonda. Ekigambo ekivvuunulwa mu lunyiriri luno *ng'obukyayi* mu butuufu kitegeeza "okwagala okutonotono." Okwagala kwaffe eri Katonda, Ekigambo kye, n'ekyo ky'ayagala kwe kusinga obweyamo obulala bwonna. Okugondera Kristo mu buli ngeri yonna kye kintu omuyigirizwa ow'amazima ky'alina okukola. Kristo bwe yali wano ku nsi, Abayudaaya abaalondawo okugoberera Kristo, okweyanjula mu lujjudde ng'abayigirizwa be, babeewala era ne babonerezebwa. Kino kikyaliwo mu nsi yonna leero eri abo abalonda Christ.

Singa tujeemera Katonda ne tusalawo okumwagala ekitono, wabaawo ebivaamu. Ekisooka, emirembe giggwaawo, n’essanyu, n’obumativu, era oluvannyuma n’ebibala eby'omwoyo. Ebibala by'Omwoyo, nga kwe kwagala, tebirikuvaako, wabula ebibala by'omubiri gwo. Ebibala *ebyo* birungi kwenkana wa? Gwo omubiri omuvundu. Bayibuli egamba nti obutuukirivu bwaffe bwonna bulinga enziina eziwunya eri Katonda.

[6]Kubanga fenna tufuuse ng'atali mulongoofu,
n'ebikolwa byaffe byonna eby'obutuukirivu biriŋŋaanga ekyambalo ekikongedde;
era fenna tuwotoka ng'olulagala;
n'obutali butuukirivu bwaffe bututwalira ddala ng'empewo. (Isaaya 64:6)

Tewali kirungi kyonna kiva mu ffe—si kintu ne kimu ekirungi. Era bwe twesanga mu mbeera eno, bwe tuba nga tuli mu nnaku n'okwennyamira era nga tulina ebintu bino byonna ebitali bituufu ebifuluma mu ffe, mu butonde tukola ki ng'abantu? Tunenya abalala olw'endowooza zaffe embi n'enneeyisa yaffe embi, ne kilabika ng'engeri gye tweyisaamu ya bulijjo era y'egwanidde okusinzira ku kunyigirizibwa okw'amaanyi ng'okwo.

Abaami n'abakyala bombi bakikola. Laba Adamu ne Kaawa. Katonda bwe yayingira mu lusuku oluvannyuma lw'okulya ekibala ekyagaanibwa, n'abuuza nti, "Adamu, kiki ekibaddewo?" Bigambo ki adamu bye yasooka okwogera? "ye mukazi gwe wampa." Yagezaako okunenya Katonda— ne mukyala we. Kye kibi kyaffe.

Abaami n'abakyala batera okunenya munnaabwe olw'ennaku yabwe. Abantu mu kibi, nga bakikola mu ngeri yaabwe nga bwe bategeera era nga tebamanyi oba nga bagoberera biragiro bya Katonda, bali mu nnaku. Bw'oleka amaaso go okujjula ensobi za munno, tojja kulaba bulungi. Olina okulaba ekibi kyo, okwenenya, n'okugoberera Katonda mu buwulize.

Katonda atugamba enfunda n'enfunda nti, "Weesigenga ekkubo lyange, teweesigamanga ku kutegeera kwo. "Emirembe n'essanyu biva gye ndi." Si mwami wo, si mukazi wo, so si munda mu ggwe. Oli mu kibi ng'okikola mu ngeri yo era ojja kuba munakuwavu kubanga akwagala nnyo n'atasobola kukukkiriza kuba musanyufu. Katonda agamba nti akangavvula buli mwana we olw'okwagala kwe okutuukiridde gye tuli (Abaebbulaniya 12:5-6).

Akabonero akasooka ak'okukangavvula kwe kubulwa emirembe, essanyu n'obumativu. Okwennyamira kuddirira. Era awo ebibala by'omubiri gwaffe ne bitandika okukula. Mu kifo ky'okweyongera okunenya abalala, eky'okukola kyokka kwe kunoonya Katonda n'okwekebera. Tulina okukomya okukebera ebibala bya munnaffe ne tutunuulira ebyaffe.

## **Okwekebera** 2

Bw'oba ng'olina ebirowoozo oba ng'onenya munno olw'obutali bumativu bwo, wandiika essaala eri Katonda ng'omusaba abikkule ekibi kyo era akukyuse.

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

Ng’oggyewo endowoza endala n'okuggyawo omuzannyo gw'okuvunaana, tuli beetegefu okusima ebyo Katonda by'agamba. Ebyetaago by'omwami eby'omukwano bizingibwa mu biragiro bya Katonda eri omukazi. Katonda agamba abakyala bonna nti: Mugonderenga abaami bwame ng’eri Mukama waffe, nti omwami wo ye mutwe. Beera wansi w'omwami wo mu buli kimu. Weesa omwami wo ekitiibwa. Ebyo byonna bitegeeza ki mu bulamu obwa bulijjo?

## Omulimu Gw'okugondera: Okukakasa n’okukiririza mu Mwami Wo

Okiwulira nti omwami wo tamanyi ngeri ya kukulemberamu, ate ng'ebiseera ebyayita bijjudde ensobi ze? Kitegeerekeka, okusinziira ku ndowooza y'obuntu, nti wandibadde obuusabuusa ku ky’okugondera omusajja ono, nga weesiga Katonda okweteeka wansi w'obuyinza bwe. Bayibuli eyogera ku ngeri omukazi omuwulize gy'afaananamu.

> 1Bwe mutyo, abakazi, mugonderenga babbammwe bennyini; era bwe
> wabangawo abatakkiriza kigambo, balyoke bawaangulwenga si lwa bigambo
> naye olw'empisa z'abakazi baabwe; 2kubanga bannalabanga empisa zammwe
> ennongoofu ez'okutya. 3Obuyonjo bwammwe tebubanga bwa kungulu,
> obw'okuluka enviiri n'okunaanika ezaabu n'okwambala engoye; 4naye omuntu
> ow'Omwoyo atalabika, mu kyambalo ekitayonooneka, gwe mwoyo
> omuwombeefu omuteefu, gwe gw'omuwendo omungi mu maaso ga Katonda.
> 5Kubanga bwe batyo edda era n'abakazi abatukuvu, abaasuubiranga Katonda,
> bwe beeyonjanga, nga bagondera babbaabwe bennyini; 6nga Saala bwe
> yagondera Ibulayimu, ng'amuyita omwami. Kale nammwe muli baana b'oyo, bwe
> mukola obulungi ne mutatiisibwa ntiisa yonna yonna. (1 Peteero 3:1–6)

Weetegereze nti ennyiriri zino ziweebwa abakazi abalina abasajja abatagondera Kigambo. Tewali nsonga yonna ekwata ku bujeemu, naye ebiragiro eri omukyala bilambulukufu bulungi—mweyongere okugondera ba bbamwe. Olunyiriri luno lukwata ku busobozi bw'omukyala okuleetera omwami atali mukkiriza okukolagana ne Mukama waffe ("balyoke bawaangulwenga"). Amaanyi g'omukyala gali mu nneeyisa ye n'endowooza ye, so si bigambo ("Si lwa bigambo"). Weesigenga Katonda, weeweyo eri okwagala kwe ng'omukyala, era anaakolanga omulimu.

Abafumbo bangi balina omu ku bafumbo abatakkiriza oba oyo atagondera Kigambo, ekintu ekitali kyangu. Katonda asuubiza omukisa, naye tasuubiza kkubo lyangu. Oluusi tusubwa ennyiriri ezoogera ku kwerekereza, omusaalaba, n'okwefiriza mu bulamu bw'omuntu okusobola okugoberera Yesu (Matayo 16:24-25).

Omwami wo bw'aba asazeewo mu ngeri ey'obusirusiru oba ng'asazeewo bubi, era nga tokkiriziganya naaye, kkiriza nti Katonda takkiriziganya naawe ("wadde ng'abamu tebagondera kigambo" okuva mu 1 Peetero 3:1). Engeri ey'obutonde, okuva ku kikolimo, kwe kukubaganya ebirowoozo n'okukaayana okutuusa lw'omuwangula okutuuka ku ndowooza yo. Bayibuli egamba nti omusajja awangulwenga "si lwa bigambo" (olunyiriri 1). Kilala nyo okugamba nti, "Omwagalwa, wano waliwo engeri endala gy'oyinza okukitunuuliramu naye nja kugoberera obukulembeze bwo n'okusalawo kwo." Naye kya njawulo nnyo okukubaganya ebirowoozo oba

okukozesa obusungu obw'amaanyi, okutiisatiisa okwo kwewozaako, n'okweyisa mu ngeri etakakasa ng'okujjerega, ng'okuvuma, okuwaayiriza n'okugaana. Omukyala Omukristaayo alina okuba ng'asabira bba okubeera omukulembeze atya Katonda oba okulokolebwa, nga yeesiga nti Katonda amutunuulira nga muwala we era ng'amulabirira.

Abakazi, ekigendererwa kya Katonda kiri nti omwami wo "ayinza okuwangulwa." Mu 1 Peetero 3:1–6, Katonda abikuula dizayini ye nti omusajja "ayinza" okuwangulwa. Weetegereze nti kino si kisuubizo, wabula ekkubo Katonda ly'ayinza okukozesa okuyitamu okuleeta omwami wo gy'ali. Ate era weetegereze nti tewali kkomo ku budde bumala kugoberera pulaani ye. Obufumbo bungi obuli ku njegoyego y'okugattululwa, ng'empapula zaateekebwa dda mu fayiro, bukyukide ddala ng'omwami n'omukyala bagoberera enteekateeka ya Katonda. Abaami balokoledwa, abakkiriza bakubiriziddwa okuyiga n'okukula mu by'omwoyo, era okuzzaawo amaka gonna kubaddewo. Katonda mulungi nnyo!

Abakyala, muddemu amaanyi. Enteekateeka ya Katonda eri nti abasajja "Bawangulwe olw'enneeyisa ya bakyala baabwe, bwe banalabanga empisa zammwe ennongoofu" (1 Peetero 3:1–2). *Okulaba* kitegeeza "okutunuulira, okulaba n'okufumiitiriza." [6] Bwe twekenneenya bye tuyize, Katonda yatonda omukazi okuba omubeezi, era omwami ajja kumanya (nga yeetegereza, ng'afumiitiriza, era ng'atunuulira enneeyisa ya mukyala we) oba ng'amuwagira. Empisa ennongoofu kitegeeza okwewala ebikolwa byonna ebikontana n'ebyo Katonda by'ayagala. Omuwandiisi omu agamba nti omukyala ayinza okuba ng'alina "ebintu mu nneeyisa ye n'obusungu ebiyinza okulemesa obulungi bw'empisa ze, n'okutangira okukyusibwa kw'omwaami we." [7] Omukazi alina amaanyi mangi ku mwami we, oba okumukulembera eri Katonda, oba okumuwabya.

Omukazi atuukiriza atya obuwulize obwo? kitandikira mu mutima. Ekisooka Peetero 3:3 ayogera ku ngeri omukazi gy'afaayo ku nviiri ze, ebikomo bye, n'engoye ze (leero twandigattako eby'okwekolako), ekintu ekirungi mu ngeri entuufu. Omusumba omugenzi J. Vernon McGee yagambye nti, "Etterekero bweriba nga lyeetaaga okusigibwa laangi, lisige." Naye Katonda, mu lunyiriri 4, annyonnyola obulungi obwa nnamaddala n'embaala y'ekikyala nga, " naye omuntu ow'Omwoyo atalabika, mu kyambalo ekitayonooneka, gwe mwoyo omuwombeefu omuteefu, gwe gw'omuwendo omungi mu maaso ga Katonda." Katonda ayagala tuzze obuggya ebirowoozo byaffe (Abaefeso 4:23) n'okunyweza omuntu ow'omunda (Abeefeso 3:16), kubanga mu mitima gyaffe mwe muva ensonga z'obulamu (Engero 4:23) n'ebikolwa byaffe (Matayo 15:18–19).

Abakazi, nnyonnyola ekyo "eky'omuwendo ennyo mu maaso ga Katonda" kye kitegeeza okuva mu 1 Peetero 3:4.

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

Manya nti Katonda alaba. Omukyala bw'aba n'empisa ennungi, kiba 'kya muwendo nnyo' mu maaso ga Katonda (1 Peetero 3:4). Katonda ayagala omukazi akimanye nti omutima gwe bwe guba omukkakkamu, (oba nga mukkakkamu era nga mugumiikiriza), bw'aba n'omwoyo omuteefu, era nga mwetegefu okugondera bba, guba gwa muwendo mungi gy'ali. Katonda yatonda omukazi olw'enkolagana ey'enjawulo n'omusajja, era bw'atwala ekifo ky'omukyala/omuyambi we, era nga mwetegefu okugondera enteekateeka ye etuukiridde, Katonda aweebwa omukisa olw'omutima gwe n'okwagala okumugulumiza.

Bwe twogera ku kugulumiza Katonda, kino tekitegeeza kwewaana oba okwekulumbaza okunonya akufuga. Kitegeeza okuyoleka Katonda ayagala, okulaga nti atwagaliza birungi byokka mu birowoozo bye ekiseera kyonna era alindiridde okuwa ebitonde bye omukisa nga yeyonngera okubimanya enyo mu ngeri eyo kulusegere.

# Essomo 4: Omukyala Awagira Era Akakasa Bba

Abakazi mulina okukuuma emitima gyammwe. Mwetolodwa zi magazini, ebitabo ebiyitibwa eby'Abakrisitaayo, pulogulaamu za ttivvi, leediyo, abawabula n'amakanisa agabuzaabuzidwa nga byonna biraga nti omwami wo talina kusosowazibwa nti era si kikulu. Emizanyo mingi gifuula abasajja okuba abalekana obulekanyi, abeefaako bokka, abasirusiru aberowoozako bboka, naye ekifaananyi kino kya butwa okuva mu kinnya ky'omuliro ogutazikira ekilwaziza obuwangwa bwaffe. Kyokka tukiyita kya kwesanyusaamu. Pulogulaamu zaffe ezisinga ku ttivvi ye kkanisa ya Setaani. Bw'oba olaba firimu zino eza ba kazanyirizi eziteekawo embeera eyo bulimba, ziggyeemu era toddayo.

> era newakubadde bamanyi nga Katonda asala omusango, era nti abakola ebyo basaanidde kufa, tebabikola bukozi, era naye basiima ababikola. (Abaruumi 1:32)

Katonda ayagala okozese amaanyi ge yakuwa ng'omukyala okuyamba omwami wo okukkiriza nti Katonda yamufukako amafuta ng'omukulembeze. Kkiriza nti Katonda ajja kumuwa byonna bye yeetaaga okukula n'okuyiga okubikola obulungi. Olina okunoonya engeri gy'oyinza okumukakasa. Toyisa musajja wo mu ngeri etali ya muwendo okusinga abaana, ennyumba, ebisolo, omulimu gwo oba ebintu ebirala byonna by'oyagala mu bulamu bwo. Abasajja bangi bawulira nga nnamba mukaaga oba musanvu ku lukalala lw'ebintu mukyala waabwe by'asinga okussaako essira, naye okulabirira omwami wo kye kintu ky'olina okufuula namba bbiri ku by’okukulembeza (Abaefeso 6:22). Tosobola kukyusa nteekateeka ya Katonda etuukiridde era no*tosuubira* nti ajja kukangavvula. Era tetuyinza kusuubira mikisa gya bujeemu.

Omwami wo bw'aba awulira nti taweebwa muwendo, ayinza okweyisa mu ngeri etali nnungi. Ate bw'oba omuyisa bubi, omukisa n'essanyu eby'okubeera ne munno mu kwagala biri ludda wa?

Mubywafaayo, wabaddewo obutakkaanya bungi ku kiki Katonda gy'ategeeza n’obukulu oba obukubukulembeze bw'abasajja. Buli buwangwa busoomoozebwa okutegeera n'okugoberera ebigendererwa bya Katonda eby'amazima mu Byawandiikibwa. Jjukira nti bwe tukyusa ne tufuula amazima ge okugoberera okwegomba kwaffe kwe kukyuka kwa go. Omusumbaa Skip Heitzig, mu bubaka bwe yatuuma "Azimba ob’ammenya amaka," yawa ebyafaayo ebikwata ku maka mu biseera by'ekkanisa y'ekyasa ekyasooka, ng'alaga engeri ebyobuwangwa gye biyinza okuyingira mu bulamu bwaffe.

> Mu nsi ey'edda, emyaka enkumi bbiri egiyise mu Buruumi n'Oluyonaani, oba "obuwangwa bw’abayonaani n’aBaruumi," waaliwo enjuyi bibiri ezikontana mu maka. Ku luuyi olumu, balina ekyo nti abasajja ba kitalo nyo okusinga abakazi. Ku luuyi olulala, balina endowooza y'Abakaafiiri ey'okugulumiza abakazi ku basajja. Byombi byaali bya maanyi. Kale nno, okutwalira awamu, abasajja emyaka 2,000 egiyise baali befuga buli kimu era nga abakyala batambulira ku ntoli zabwe. Abasajja Abaruumi basobola okubeera abanyigiriza kubanga mu

> butuufu waaliwo etteeka eryawandiikibwa omusajja omu Omuruumi eriyitibwa "Patria Potestas," oba obufuzi obujjuvu obw'omwami/taata, ekitegeeza nti yali avunaanyizibwa ddala ku bulamu n'ensonga z'amaka ge.

Kino kirabika nga ekitasoboka gye tuli, nti abantu basobola okuwolereza obulamu nga buno. Naye tulina okukimanya nti ekintu kyonna kiyinza okubaawo singa tubuusa Katonda amaaso n'Ekigambo kye. Omusumba D. L. Moody, omubuulizi omututumufu kati ali ne Mukama waffe, yayogera ku ebyo ebiyinza okubaawo singa tugoberera ebiragiro bya Katonda.

Moody yatuukirilwa omukyala omu oluvannyuma lw'okusaba ku kkanisa n'amugamba nti, "Omanyi Musumba, omwami wange si mukkiriza. Anywa omwenge, avuma, nange nkoze buli kimu ky'oyinza okuteebereza okumuleeta mu kkanisa, era tajja kujja. Buli kimu nkikoze." Yagenda mu maaso n'okwogera ebintu byonna by'agezaako okukola, ebitundu 99 ku 100 nga sibya bwa Katonda.

N'olwekyo Moody yamulagirira 1 Peetero n'amugamba nti, "Njagala oddeyo eka okole kino."

Enkeera, yazuukuka ku makya mu kifo ky'okusigala mu buliri, n'amufumbira ekyenkya, era n'amutegekeera ekyemisana ekirungi. Kino kyagenda mu maaso okumala wiiki eziwerako, oluvannyuma n'atandika okutegeka ebyennyanja ku kijjulo eky’ekiro omukyala ono kye yali tayagala naye nga ate omusajja yali akyagala nnyo. Kino kyagenda mu maaso era lumu yagamba bba nti, "omwagalwa, ekkanisa ekola enkuŋŋaana ez'enjawulo ku Lwokusatu ekiro okumala wiiki ebbiri ezinaddako. Nsobola okugenda?"

Omwami we yamutunuulira n'amugamba nti, "Osaaba? Ddi lwe wasaba olukusa okugenda mu kkanisa?"

"Kale olaba nti tuli wakati mu wiiki, mbadde njagala kukusaaba," bwe yaddamu.

Waayita wiiki emu n'omwami we n'akomawo okuva ku mulimu n'anaaba n'ayambala engoye z’ennungi.

“Okola ki?" omukyala nga bwagamba.

"Nfuulumamu," bwe yamudamu.

"Otegeeza ki nti ogenda kufuluma?" omukazi naddamu n’abuuza n’okubusabusa.

"Omusajja yenna asobola okuleetera mukyala wange okukyuka ekyenkanide wano, asaanidde okuwulirwa!" bwe yaddamu.

Yali agezezzaako buli kimu mu ngeri ye, naye bwe yagoberera Ekigambo kya Katonda, omwami we yakyuka. Twetaaga bakyala baffe okutukakasa, *so si* kutujjukiza nsobi zaffe. Tulina

okumanya nti bakkiriza, si mu ffe ffekka, wabula ne mu maanyi ga Katonda okutukyusa ne tu fuuka baami B’ayagala tubeere.

Abakyala, singa enneeyisa yo n'endowooza yo tebiraga kino, olwo tokoma kuba nti totukiriza byetaago by'omukwano omwami wo by'alina ng'omusajja, naye era ojeemera Katonda. Okozesa olulimi lwo n'ebikolwa byo okusalira omwami wo omusango oba okumuwa omukisa n'okukakasa obukulembeze bwe? Bayibuli egamba nti obulungi bwa Katonda bwe butuleetera okwenenya.

Kikulu okwogera wano nti Katonda, era n’affe tetukkiriza kutulugunyizibwa mu ngeri yonna. Bwe wabaawo akutuusibwako obuvuune oba okukubwa, oba okuvumibwa, funa obuyambi obusaanira. Okuddukirirwa oba okuwaburwa kukubirizibwa.

Kyokka abakyala bangi bagamba nti, "Siyinza kugumiikiriza kutulugunyizibwa. Buli kye mmugamba okukola, tajja kumpuliriza. Tajja kukikola." Manya nti okwo si kutulugunyizibwa bw’aba ng'atajja kukola ky'oyagala akole. Okugezesebwa nga kuno si kutulugunyizibwa.

Katonda akozesa abantu abalala naddala munno mu bufumbo okukusoomooza n'okukutuukiriza, okugyayo ekibi kyo. Katonda akozesa embeera enzibu mu bufumbo bwammwe okukukyusa n'okukuwa omukisa okwetunuulira, so si kunenya munno olw'endowooza embi. Okutuusa lw'onootwala obuvunnannyizibwa, okutuusa lw'osaba Katonda akusonyiwe n'okwetondera munno, tojja kukyuka.

## Obubaka Buno Bukaddiye?

Abamu bagamba nti tuli mu kyasa eky'amakumi abiri mu gumu era ebintu bikyuse, nti n'olwekyo twetaaga okulongosaamu mu Baibuli esobole okutuukana n'ekiseera kyaffe. Baibuli ekkakasidwa nti y'ensibuko y'amazima mu buli kyasa n'obuwangwa, nga mw'otwalidde n'obwaffe. *Teegwa ku mulembe*.

Okusobola okulaga nti ekilowozo ekigamba nti obukulembeze bw'omwami n'obuwulize bw'omukyala tebikyuka ekiseera bwe kiyitawo, ka twetegereze 1 Peetero 3:1–7. Peetero we yawandiikira ebbaluwa eno, gwali mwaka gwa 64 okuvva Yesu Christo lwe yazalibwa, emyaka egisukka mu nkumi bbiri emabega. Yakubiriza abakyala okugondera babbaabwe (ennyiriri 1–4), olwo n'akozesa olugero lwa Ibulayimu ne Saala okulaga ensonga ye: "[5]Kubanga bwe batyo edda era n'abakazi abatukuvu, abaasuubiranga Katonda, bwe beeyonjanga, nga bagondera babbaabwe bennyini; [6]nga Saala bwe yagondera Ibulayimu, ng'amuyita omwami. Kale nammwe muli baana b'oyo, bwe mukola obulungi ne mutatiisibwa ntiisa yonna yonna." - 1 Peetero 3:6.

Ibulayimu ne Saala baaliwo emyaka ng'enkumi bbiri nga kino tekinnawandiikibwa, era Adamu ne Kaawa baaliwo emyaka enkumi bbiri emabega nga Ibulayimu ne Saala te banabaawo. Ka tugoberere ekiseera okuva mu kutondebwa: Katonda yatonda Adamu okukulembera ne Kaawa ng’omubeezi. Oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, Ibulayimu ne Saala baagoberera enkola

y’emu. Oluvannyuma lw'emyaka emirala enkumi bbiri, Peetero yalagira abakkiriza mu Ndagaano Empya okugoberera enkola y'emu. Emyaka egyo enkumi nnya tegyakyusa ngeri Katonda gye yakolamu obufumbo. Singa Katonda yali agenda kukyusa enzirukanya y’obufumbo, yandibadde akikola mu Ndagaano Empya. Era olw'okuba ekigambo kya Katonda kati kiri mu bulamba bw’akyo, era tetulina kukigattako wadde okukiggyako. (Ekyamateeka 4:2; 12:32. Engero 30:6; Okubikkulirwa 22:18), tulina okukikkiriza.

> Temwongeranga ku kigambo kye mbalagira, so temukisalangako, mukwatenga ebiragiro bya Mukama Katonda wammwe bye mbalagira. (Ekyamateka 4:2)

> Toyongeranga ku bigambo bye,
> Aleme okukunenyanga naawe n'olabika ng'omulimba. (Engero 30:6)

Tetulina kwerabira nti ffenna twazaalibwa n'ekibi ekyagala okugoberera Setaani, ensi, oba omubiri. Bwe tutaba bulindaala, tuyinza okufundikira nga twonnonye enkola y’aKatonda nga tukozesa endowoza ezikontana n'Ebyawandiikibwa. Tuteekwa okulowooza ku buli kirowoozo n'ebikolwa ku Kigambo kye eky'omuwendo. Obutamanya tebujja kulemesa bizibu ebivaamu.

## Ebya Yogerwa Omukazi Omuyitimufu

Bw'oba ojjukira omuzannyo gwa ttivvi ogwa *Full House*, obwa DJ bwazannyibwa Candace Cameron (kati ye Bure) ng’era muganda we Kirk Cameron yazannyira mu firimu ya *Growing Pains*. Akyagenda mu maaso n'okuzannya firimu era ng'akola bulungi ng'omukyala era maama. Candace yasisinkana bba Val Bure (omuzannyi wa hockey omu Russia) mu muzannyo gwa hockey ogw'obwannakyewa era waayitawo akaseera katono ne bafumbiriganwa ne bazaala abaana. Oluvannyuma lw'emyaka kkumi mu bufumbo, bino bye yayogera ku bufumbo n'engeri Katonda gyayala obufumbo okudukanyizibwa.

> Okufaananako obufumbo bwonna, tubadde n'ennaku zaffe ez'essanyu n'obulumi bwaffe obw'okukula, naye oluvanyuma lw’emyaka kumpi kkumi egy'obufumbo bwaffe mwe natandikira ddala okutegeera engeri ekifo kyange ng'omukyala gye kiyinza okukyusaamu omukwano guno. Olw'enkyukakyuka ze nnakola, nnasanyuka nnyo okukizuula nti enkolagana eyali ennungi ennyo yali eyinza okufuulibwa ey'amaanyi.
> Ekintu kye nasooka okukola kwe kutegeera nti wadde obufumbo nkolagana ya kyenkanyi ng'omwami n'omukyala bona ba mugaso, tetwakolebwa kugabana mirimu gye gimu.
> Nga nkutte Bayibuli, nasoma nti, “Kubanga omusajja teyava mu mukazi; wabula omukazi ye yava mu musajja. 9Era kubanga omusajja teyatondebwa lwa mukazi; wabula omukazi olw'omusajja.” (1 Abakkolinso 11:8–9).
> Ensi y'ennaku zino yaali yanzikirizisa nti tewali njawulo wakati w'omusajja n'omukazi. Ensi yaali nkyamu. Nze ne Val twatondebwa kyenkanyi naye mu ngeri ya njawulo, n'olwekyo tulina obuvunaanyizibwa obw'enjawulo mu bufumbo

bwaffe—obwange okubeera omubeezi we. Katonda yatonda Adamu, era bwe yalaba nga Adamu ali bwomu, yatonda Kaawa okuba omubeezi we.
Kino kyali kya kuyiga kikulu mu kunkyusa? Nyo n'amaanyi . . . Singa tuyiga okukkiriza obuyinza Katonda bwe yatuwa mu bulamu bwaffe, naffe tuyiga nti omubiri gwaffe gulina okwewayo eri Omwoyo gwaffe.[8]

## **Okwekebera** 1

Laaba Mukama kya kubikulidde ku ngeri gyolina okukyukaamu mu nsonga y'obuwulize n'okugonda. Oluvannyuma wandiika essaala ng'osaba Katonda akuyambe okukyusa.

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

### Okukakasibwa Kye Ki?

Okukakasibwa kye kintu omusajja ky'asinga okwetaaga mu mukwano. Abaefeso ennyonnyola engeri obuwulize bwe buli omusingi gw'okukakasibwa n'engeri gye kulaaga okukakasibwa eri omwami.

> Abakazi, muwulirenga babbammwe, nga bwe muwulira Mukama waffe. 23Kubanga omusajja gwe mutwe gwa mukazi we, era nga Kristo bw'ali omutwe gw'ekkanisa, omubiri gwe, era nga ye yennyini ye mulokozi waayo. 24Naye ng'ekkanisa bw'ewulira Kristo, n'abakazi bwe batyo bawulirenga babbaabwe mu buli kigambo . . . n'omukazi assengamu bba ekitiibwa. (Abaefeso 5:22-24, 33)

Omusingi guno ogwa Bayibuli ogw'okukakasibwa guyinza okulabika ng'ogw'omulembe ogwayita era ogw'entiisa olw'endowooza z'obuwangwa bwaffe obw'omulembe guno, eyinza okulaba kino ng'okussa omulala wansi. Omusingi gw'ennono za Katonda ye ndowooza yaffe. Ekyawandiikibwa kigamba nti: "Mu bungi bw'omutima, akamwa kayogera." - Matayo 12:34. Obuwulize ndowooza y'amutima, eyandibadde ey'okukakasa nti okiririza mu bukulembeze bw'omwami wo buli kiseera ng'olaga engeri gy'omukulembezaamu, gy'omuyisaamu n'okwogera naye.

> **FAYIRO Y'AMAZIMA**
>
> *Kakasa*—Okukakasa, okukakasa nti kituufu, kakasa mu ngeri enungi.

Abasajja tebaasaba kukakasibwa kuno. Katonda yatonda buli musajja okufuna kino okuva eri mukyala we. Yatonda omwami wo n'ekifo kino ekiyinza okujjuzibwa ggwe wekka. Kino kijja kusoboka singa obeera omugondera n'omwewa. Weesige Katonda n'amazima gano. Ayita omwami wo okutuukiriza obuvunaanyizibwa obw'obukulembeze mu maka, era buli Katonda gw'ayita ajja kufuna obuyinza okutuuka ku buwanguzi. Sifaayo oba tatukiridde. Katonda atufukako amafuta

era n’atwawula okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwaffe n'ebigendererwa byaffe wano ku nsi, era ajja kutuwa ebikozesebwa. Bwe tugaana okwesiga Katonda, tuba bajeemu.

Otunulidde ngeri omwami wo gy'akolamu ebintu ng'embeera gye wesigamyeeko okumusaamu ekitiibwa? Ddi Katonda lwe yali atutunuulidde bw'atyo? Ekyo ky’ekipimo kye wandy’agadde Katonda akupimireeko, era nga ke ka kwakulizo k’okwagala kwe? Bw'oba osazeewo okutunuulira omwami wo n'amaaso ag'omubiri so si nga Katonda bwalaba, kino kiba kibi era kijja kukuleetera okulemererwa n'okunakuwala. Omulimu gwa Katonda guyita mu mitendera, eri ggwe n'omwami wo, era Katonda agamba nti okukasa omwami wo ng’omuwa ekitibwa n'okumukiririzamu kikulu nnyo. Omwami yeetaaga obuyambi bwa mukyala we obukakafu, obw’okwagala, era obwo bwa Katonda. Bayibuli etuwa okulabula okw'amaanyi ku kusalawo okutambulira mu mubiri gwaffe, mu bujeemu.

> Kubanga okulowooza kw'omubiri kwe kufa; naye okulowooza kw'Omwoyo bwe bulamu n'emirembe. 7kubanga okulowooza kw'omubiri bwe bulabe eri Katonda; kubanga tegufugibwa mateeka ga Katonda, kubanga n'okuyinza tegaguyinza: 8n'abo abali mu mubiri tebayinza kusanyusa Katonda. (Abarumi 8:6–8)

### Obukulembeze obutufu

Abasajja mulina okwagala enyo okuyiga engeri y'okukulemberamu, ne bwe kiba nga tekyali kyangu mu biseera ebyayita. Waayo ebiseera okuyiga engeri y'okukikolamu mu ngeri ey’obwaKatonda. Olina okukkiriza nti mukyala wo kirabo okuva eri Katonda, okukuyamba n'okukukubiriza okufuuka omukulembeze Katonda gwayagala. Bwe kiba nti endowooza ye tenaba kutuka ku kigera ekyetagisa, ekyo tekikulemesa kwongera ku mutindo g’wobukulembeze bwo ng'omukulu w'amaka. Beera mukkiriza nti Katonda asobola era ajja kuwa mukyala wo okwagala n'amaanyi okuyiga okukolagana nawe obulungi. Bw'olaga obwetoowaze mu maaso ga Katonda era n'okkiriza nti ye mukulembeze wo, kijja kunyweza obwesige bwa mukyala wo.

Abasajja bangi tebaalina taata gwe balabirako obukulembeze obulungi. Era amakanisa mangi tegayigiriza bafumbo kukola mirimu gino. Abasajja beetaaga okuyigirizibwa mu nsonga eno kubanga y'emu ku mirimu egisinga obukulu gye twaweebwa mu bulamu buno obw'oku nsi. Bwe tuba nga tetuyigirizibwanga oba nga tuyigirizibwa ebintu ebikyamu n'ebyokulabirako ebikyamu, kitegeza tujja kukikola mu bukyamu era tujja kubonaabona n’ebikivamu.

Okuva bwe kiri nti abasajja batono nyo abayirizibwa bataata baabwe obukulembeze obw'okutya Katonda, twetaaga abasajja abalala okujja naffe batuwe obudde okutuyamba okussa mu nkola bye tuyiga. Kino kiyitibwa *obuyigirizwa*, era tukimanyi nti kikola kubanga Yesu yakozesa enkola eno. Kino kiyinza okulabika ng'eky'entiisa, oba ekipya, omuntu omulala okumanya ensonga zaffe ez'ekyama. Naye Katonda ayita abakkiriza okukubiriza, okuwagira, okuzimba n'okusiga mu bannaabwe.

Abasajja, mu kunoonyereza kuno muyiga engeri y'okulabiriramu mukyala wo n'amaka go ng'omwami era omukulembeze. Ng'okolera ku nnono zino mu bufumbo bwammwe, Katonda

ajja kuleeta n'abantu mu bulamu bwammwe abeetaaga okuyigirizibwa mu bintu by'oyize. Beera mu kusaba ku nsonga eno.

## SIMA EBUZIBA

Osobola okulaba engeri Ebyawandiikibwa bino gye bikwata ku kuyigiriza abalala? Abasajja, kino kizingiramu mukazi wo n'abaana. Nnyonnyola ekyo Katonda ky'akusaba okukola, era kikole mu maka go.

> Kale musanyusaganenga, era muzimbaganenga buli muntu munne, era nga bwe mukola. (1 Abasessaloniika 5:11)

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

> Ekigambo kya Kristo kibeerenga mu mmwe n'obugagga mu magezi gonna; nga muyigirizagananga era nga mulabulagananga mwekka na mwekka …"(Abakkolosaayi 3:16)

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

> Mubeeraganenga emigugu mwekka na mwekka, mutuukirizenga bwe mutyo etteeka lya Kristo. (Abaggalatiya 6:2)

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

Oyinza okuba ng'okoze ensobi ez'amaanyi era ng'olowooza nti oli wala nnyo ku ekyo Katonda kye yakuyita okukola. Ekyo kitegerekeka. Ekisinga obukulu ku Katonda, ka kibe ki ekibaddewo oba ddi lw'otandika, osobola okukyusa. Kola obweyamo okuyiga. Kola obweyamo okubeera omwami oba omukyala Gwe yakuyita okuba. Ojja kuweebwa omukisa bw'onookikolanga mu ngeri ye.

Abaami, ku bwaffe tetugwabira kwagala n'okukulembezebwa Katonda ky'agamba bakyala baffe okutuwa. Naye Kitaffe ow'omu ggulu yatuteekako obwetavu buno, n'ayita bakazi baffe, era n'abatonda okukituukiriza mu ffe. Era bwe basalawo okukikola, Katonda abawa ekisa n'obusobozi okukikola. Yesu yebazibwe!

> Alaba omukazi okumuwasa aba azudde ekirungi,
> Era afuna okuganja eri Mukama. (Engero 18:22)

Abasajja abamu bafuna okuganja okuyitira mu bakyala baabwe. Naye waliwo abakyala abaleeta ensobi ez'emabega ne bazikomyawo buli bbawe lwakola ensobi.

> Omukazi omuyombi,
> Alinga enkuba ennyingi, etonnya nga tekya. (Engero 27:15)

Abakyala, *okutawaanya* kitegeeza okubeera n'enkaayana n'okuyomba, ate omukyala omuyombi tayagala kwesiga Mukama n'okumugondera. Kino kikontana n'okukakasa bbawo, era endowooza eno teyinza kutuukiriza Katonda by'ayagala mu bulamu bwo. Omusajja kye yeetaaga ye mukyala akkiriza nti Katonda yamuyita okukulembera era nti Katonda ajja kumuwa byonna ebyetaagisa okubikola. Ba Ssebo N'ebanyabo, kino kiyita mu mitendera. Nga tuyita mu mutendera gwa Katonda n'okwagala n'obugumiikiriza, tusobola okulaga bannaffe engeri gye tuyinza okukula n'okukyuka. Kino kizimba okukkiriza era kituzzaamu amaanyi nga bwe tulaba Katonda ng'akola mu bulamu bwaffe.

## SIMA EBUZIBA

Wandiika essaala oluvannyuma lwa buli Byawandiikibwa ng'osaba Katonda okutuukiriza ebyo by'ayogera, mu bulamu bwo okusooka n'oluvannyuma munno mu bufumbo.

> Naye mukulire mu kisa ne mu kutegeera Mukama waffe era Omulokozi Yesu Kristo. Oyo aweebwenga ekitiibwa kaakano era n'okutuusa ku lunaku olw'emirembe n'emirembe. Amiina. (2 Peteero 3:18)

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

> Kitugwanidde okwebazanga Katonda ennaku zonna ku lwammwe, ab'oluganda, nga bwe kisaana, kubanga okukkiriza kwammwe kukula nnyo, n'okwagalana kwa buli muntu kw'alina eri munne kweyongera. (2 Abasessaloniika 1:3)

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

# Essomo 5: Ebikolwa Ebyabulijjo Ebinafuya oba Ebitakakasa

Tuzze tukubaganya ebirowoozo ku ky'okukakasibwa, naye omukyala bw'aba takakasa bbawe kifaanana kitya? Tumanyi nti okukasa kitegeza gwe okukasa nti omukiriza ng'omuwa ekitiibwa mu bikolwa byo n'ebyo by'oyogera, era n'okugondera by'asazeewo bwe kiba kyetaagisa. Ka twetegereze enjawulo eriwo wakati w'okukakasa n'okuwanika n'oleka ebintu byonna.

### Kino Kizimba?

Abakyala, weemulugunya mu mikwano gyo oba ab'eŋŋanda ku mwami wo n'okulemererwa kwe? Omwami wo ayinza obutawulira by'oyogera, naye Mukama awulira. Togezaako kukifuula kya mwoyo ng'ogamba nti, "Oyo mukwano gwange ow'oku lusegere era munnange mu kusaba." Oyinza okugamba nti, "Nze n'omwami wange twetaaga essaala," mu kifo ky'okunnyonnyola ensobi ze. Okwemulugunya ku mwaami wo kujeemera Katonda, era wajja kubaawo ebivaamu. Tewali kikolebwa mu kyama (Abaebbulaniya 4:13).

## SIMA EBUZIBA

Zuula Ebyawandiikibwa bino bye bitulagira okukola ku bikwata ku kwogera kwaffe.

> Buli kigambo ekivundu kireme okuvanga mu kamwa kammwe, naye ekirungi bwe kinaabangawo olw'okuzimba nga omuntu bwe yeetaaga, abawulira kibawenga ekisa. (Abeefeso 4:29)

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

> Wabaawo ayogera ng'ayanguyiriza, ebigambo bye ne biba ng'ekitala okufumita.
>
> Naye ebigambo by'ab'amagezi, biwonya. (Engero 12:18)

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

> Okwogera eby'ekisa, kuleeta obulamu;
>
> Naye ebigambo eby'obukambwe, bikosa omutima. (Engero 15:4)

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

> Ebigambo eby'omu kamwa kange n'okulowooza okw'omu mutima gwange bisiimibwe mu maaso go,

Ayi Mukama, olwazi lwange, era omununuzi wange. (Zabbuli 19:14)

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

Oyo eyeegendereza mu kwogera, akuuma obulamu bwe;

Naye ayogerayogera ennyo, yeereetera okuzikirira. (Engero 13:3)

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

**Beera Muwagizi**

Omukyala bw'atereeza bbawe mu maaso g'abantu abalala nga mw'otwalidde n'abaana, kiba tekikakasa era tekiraga bumu mu kuwagira. Bwe muba temukkiriziganya ku mbeera y'abazadde, mukubaganye ebirowoozo mu kyama. Tolina kutereeza mwaami wo mu maaso g'abaana okuggyako ng'oyagala okuwakanya Katonda n'enteekateeka ye. Abakyala bwe muba mukola kino, temufuna ssanyu na mirembe Katonda by'ayagala mubeere nabyo kubanga tebikakasa mwaami wo. Yee, yeetaaga amagezi go, naye weetegereze bulungi ebigambo byo. Mu ngeri y'emu, abasajja, bakyala baffe kirabo okuva eri Katonda kubanga batufula balamba, era ekyo kitegeeza nti tulina okulowooza ku bye boogera.

Okukubiriza omwami wo okukyusa mu mbeera y'okukuza abaana kiyinza okutegeeza okutwala omwami wo ku mabbali n'okumubuuza lwaki abogolede mutabani wo. Oluvannyuma mu ngeri ey'ekisa okumujjukiza nti okubogola tekuyamba n'okumuwa amagezi ku kukangavvula okusaanira mu kifo ky'ekyo. Yeetaaga okuzzibwamu amaanyi okuva gyoli. Olina byolaba ku bulamu bw'abaana bo ye byatalaba. Ekyo kiba kirabo. Kikozese bulungi ng'amakubo ga Katonda bwe gali. Okusalawo kuli gyoli. Omukyala omuwagizi ajja kuba n'endowooza etuukana n'Ekyawandiikibwa kino.

Muganda wo bw'akukola obubi, genda omubuulirire ggwe naye mwekka; bw'akuwulira, ng'ofunye muganda wo. (Matoyo 18:15)

Kikwata ku kubeera omugezi, okukuuma buli kintu ekyaliwo mu kyama n'okukikolako nga tewali muntu mulala yenna yeenyigiddemu. Okwo kwe kwagala, era tulina okuba nga "twogera mazima mu kwagala" (Abeefeso 4:15).

**Omusajja Addabiriza Yani?**

Abakyala, si kya kitiibwa oba okukakasa omwami okuyisibwa ng'omusajja addaabiriza oba omukozi w'awaka. Okuddukanya amaka kaweefube wa ttiimu naddala ng'olina abaana abalina obusobozi. Omwami wo bw'ayingira okuva ku mulimu, olina olukalala lw'ebintu by'alina okukola?

Bw'oba olina abaana abalina obusobozi ababeera awaka, okubawa emirimu gy'awaka tekikoma ku kubayamba, naye era kibayigiriza obuvunaanyizibwa n'okwefuga—ebintu ebikulu eri omuntu omukulu. Kya bulijjo bamaama okulowooza nti be basinga okufaayo ku ssanyu ly'abaana baabwe, ate nga taata alabikanga ataafaayo. Abaana bwe basabibwa okukola ekintu, ne beekwasa ensonga, okukaaba oba okwemulugunya, beetaaga omukono ogw'amaanyi. Tonyooma nsonga y'okukangavvula, oba okufuga kwa taata mu biseera bino. Abakyala balabirira, oluusi mu ngeri enkyamu, era bwe balaba kasasiro ayitiridde mu ffumbiro, mu kifo ky'okusaba mutabani waabwe ow'emyaka 12 okumujjawo, balinda taata akomewo awaka n'amusaba akikole. Abakyala balina okukuuma emitima gyabwe mu nsonga eno n'okusaba Katonda abayambe okukulembeza obuyinza n'obwetaavu bw'omwami waabwe.

### Kino Kiraga Ekitiibwa?

Kolagana n'omwami wo mu kuteekawo amateeka n'okukangavvula abaana. Eno y'engeri y'okumukakasa. Naye tonyooma kigambo kye oba obuyinza n'eri abaana. Omunyooma mu maaso g'abaana oba nga taliwo? Omwami wo bw'aba ataddewo okukangavvula (ka kibe nti okyagala oba nedda), tomunyooma ng'ogamba nti, "Owaaye, nti omanyi kitaawo; ajja kwerabira mu nnaku ntono," n'oleka omwana wo ng'asaagira mu kukangavvula. Ekyo tekitegeeza kukakasa oba okunyweeza bbawo. Abaana bajja kutandika okukukozesa obubi n'okukontaganya omuzadde omu ku munne.

Abazadde abasinga obungi tebaayirgirizibwa mu kukuza abaana. Laba ebitabo "Okukuza Abaana nabwo Buwereza Mu Bitundu (Parenting Is a Ministry series) ku FDM.world okusobola okunnyonnyolwa mu bujjuvu amateeka, ebivaamu, emirimu gy'awaka, n'engeri y'okukangavvula mu ngeri yo bw'aKatonda. Bisobola okukozesebwa ku myaka gyonna ne mu sitayiro z'amaka ezenjjawulo.

Abakyala, mukimanyi nti ojja kulekera awo okuwa omwami wo ekitibwa bw'aba takutereeza mu ngeri ey'okwagala buli lwo tomukakasa? Oyinza okuwulira obusungu naye olina okukiyimiriza singa akugamba nti, "Mpulidde ky'ogambye. Teweetaaga kukiddamu" oba "Setaaga kuntegeeza engeri ey'okuvugamu emmotoka." Okwogera ekirala kyonna si kuwuliziganya era tekiba kya kukakasa. Londawo okumukakasa n'okuyiga mu buli mbeera. Ekyewuunyisa, abasajja abasinga obungi beetegefu okutwala ekiteeso eky'amakulu, singa ekiteeso tekibaamu mbeera.

### Okusalawo Okubonaabona oba Okuweereza?

Obuzibu bujjawo singa omukyala, olw'obutamanya, obukakanyavu, oba amalala, bw'atayagala kuweereza bba. Bwe kiba nti ono ye ggwe, olowooza abalala bajja kukulaba ng'omunafu? Oba omuzannyo gwa bwenkanya? *Nange nkola, lwaki nnina okumuweereza? Lwaki nnina okutegula esowani ye? Alina okwegiraawo esowani! Era lwaki nga mmuwa emmere? Asobola okwejjulira! Alina amagulu abiri.* Abakyala bangi bakwatiddwa endowoza ya sitaani ey'omw'okwenkanonkano, ekitegeeza obutaweereza mwami wo mu kintu kyonna ky'ayinza okwekolera.

Buli lwe tugaana okuweereza abalala, tuba tetukiikirira Kristo, era enkolagana yaffe ejja kwonooneka. Kino tekitegeeza nti omukyala alina okutwalibwa ng'omuwambe. Omukyala muwala wa Katonda, ekirabo ekiva gy'ali, era alina okutwalibwa ng'ekirabo eky'omuwendo omungi.

## Okwekebera

Onoonya engeri gy'oyinza okuweerezaamu omwami wo, ka kibe mu maka oba mu lujjudde? __ Yee ___ Nedda

Laga engeri nnya (4) z’osoboola okuweerezaamu omwami wo, obileete mu maaso ga Mukama buli lunaku mu kusaba. Musaabe akuwe ebirowoozo kw’ekyo bwoba tewekakasa.

## SIMA EBUZIBA

Pawulo ne banne baaweerezanga abantu buli kiseera. Ekigendererwa kyabwe kyali ki, era ndowooza ki gye baali balina ku kuweereza abalala?

> Naye twali bawombeefu mu mmwe, nga maama bw'alabirira abaana be. 8Olw'okubalumirwa omwoyo bwe tutyo, twetegeka okugabana nammwe si njiri ya Katonda yokka, naye era n'emyoyo gyaffe ffe, kubanga mwali baagalwa baffe nnyo. (1 Abasessaloniika 2:7–8)

Katonda akuwadde ekirabo eky'okuyamba omwami wo. Osaanidde kukozesa otya ekirabo kyo, era lwaki?

> Buli muntu nga bwe yaweebwa ekirabo, mukikozesenga mwekka na mwekka bwe mutyo, ng'abawanika abalungi ab'ekisa kya Katonda ekitali kimu. (1 Peteero 4:10)

**Eby'Enfuna Byonona Embeera?**

Wajja kubaawo ebiseera nga temukkiriziganya ku ssente. Abakyala bwe muba temukkiriziganya na ntematema ya ssente, Ssaba bbaawo mu ngeri ey'obuwombeefu oba muwe endowooza yo mu ngeri ey'ekitiibwa, oluvannyuma kilekere Mukama mukusabira omwami wo. Ne bwe kiba nti omwami wo ajeemedde amateeka g'omu Byawandiikibwa mu nsoga eno, munenye mu ngeri ey'amagezi, ng'oyogera n'omuntu we owomwoyo. *Okukireka* tekitegeeza kusunguwala, kunyiiga, kwemulugunya, obutafaayo, n'enneeyisa ng'eyo yonna.

Ssente ze zimu ku nsonga eziviirako abafumbo okwawukana naye Katonda takkiriza kwawukana mu bufumbo olw'ebizibu by'ensimbi. Emirundi mingi abakyala bajja kukaayana n'okukubaganya ebirowoozo oluvannyuma lw'okuwa endowooza yaabwe, ekitegeeza nti, "Sikwesiga." Oboolyawo obutamweeesiga kimugwanide, naye jjukira nti Katonda ali mukukola. Katonda atukyusa mu mbeera enzibu, era kino kimu kumbeera ezo. Bwe kiba nti embeera eno etwaliramu obutali bwesigwa, okunywa ebiragalalagala, oba obutaba na buvunaanyizibwa eri amaka, kino kye kiseera okufuna ebirowoozo eby'omukugu oba ebuyambi bw'omusumba.

**Omukwano Gwo Gwa Lutalo?**

Waliwo entalo nnyingi ku byetaago by'omukwano mu nsonga z'okwegatta. Omukyala atayagala kukola ku nsonga z'omubiri, ekiyinza okwetaagisa okugendera ku byetaago bya bba, abeera ayita obuzibu. Okwegatta kye kimu ku bintu ebikulu ekiraga okukakasibwa eri abasajja. Omukyala ayogera ekimu ku bino wammanga ali mu kibi: *Bwe mpulira ng'okoze ng'omwami omulungi era taata, oboolyawo nja kukuwaamu akasera akesanyu. Kino tokigwanidde naye nnina okukikola. Kale, tukikole n'ekyo kive muddiro*. Bino byonna byakulabirako ebibi era ebiswaza eby'endowooza etakakasa naye emalaamu obumazi amanyi.

Ebifaananyi eby'obuseegu bifuuse omuze gw'abasajja. Si kirungi era kibi? Yee. Naye omwami wo ajja kuba mu mbeera ey'okukemebwa singa omugaana n'omwewaala mu bufumbo. Katonda yatonda abasajja nga bafuna obukakafu n'okutuukirizibwa nga bali mu mukwano ne bakyala baabwe. Yee, ebifaananyi eby'obuseegu kikyamu okubizza mu kifo ky'obufumbo—byonoona Ekyo Katonda ky'ayagala. Naye omukyala agaana okukwegatta ne bba olw'ensonga ze naye mukyamu. Bw'owaayo omubiri gwo kyeyagalire, obeera owa omukisa bbaawo ng'omukakasa mu ngeri esinga obukulu.

Abasajja tubeere bagumiikiriza. Katonda, mu nteekateeka ye etuukiridde, amanyi ebiseera byonna eby'obulamu omukazi by'ayitamu. Buli mwezi embeera zaabwe zikyuka, bateera okugejja buli lwebazaala, abaana abawere, enkyukakyuka mu mubiri, ebizibu by'abakyala n'emyaka gye kizaala ngumba. Katonda alina ebiseesa. Kikulu nnyo ffe ng'abaami okuba abagumiikiriza. Emirundi mingi abasajja baggwaamu amaanyi, ne balekera awo okugezaako, era ne bemanyiriza nkolagana ey'omukwano eyawukana kw'ekyo Katonda ky'ayagala. Waliwo ekikemo eky'okulowooza nti okwematiza kikkirizibwa olw'enkolagana embi gye balina mu bufumbo. Oluvannyuma lw'emyaka kkumi oba kkumi n'ettaano mu bufumbo, abafumbo bangi balina enkolagana embi mu by'okwegatta, okwawukana ku Katonda kye ya lubirira.

Abakyala, bwogerageranya wakati we 1 okutuuka ku 10, omukwano ogw'kwegatta gwa mugaso kwenkana wa eri omusajja wo? Oboolyawo 12? Katonda yamukola bw'atyo. Omwami wo yandikugambye nti kikulu kwenkana wa gyoli? Wadde ng'abakyala abatonotono bayinza okuba nga bali kumpi ne 10, abasajja abasinga bagamba nti 2, 3 oba 4. Kyokka Katonda yakola abakazi bwe batyo. Katonda alina ebiseesa. Enjawukana zino zirina ekigendererwa: okuyiga amakulu g'okwefiiriza, okwerekereza, n'okukolera awamu okutuukiriza ebyetaago bya buli omu.

Abafumbo bwe bagenda mu kubuulirira olw'okuba omusajja akwatiddwa ng'atunuulira ebifaananyi eby'obuseegu, omukyala abeera munyiivu, era omwami n'akwatibwa ensonyi. Batera okunnyonnyola nti beegatta omulundi gumu buli luvannyuma lw'emyezi esatu, era kibadde bwe kityo okumala emyaka mingi. Omukyala abeera amanyi engeri bbawe gye yandyagadde okwegatta, naye ng'amunenya olw'ekibi kye yasalawo kyokka nga omukyala si mwetegefu kutwala buvunaanyizibwa bwonna.

Kye yakola kyali kikyamu—*kibi*—naye kitegeerekeka kubanga yatunuulira mukyala we okumala emyaka era ebiseera ebisinga yagaanibwanga ebitundu 98 ku 100? Ebikolwa by'omukyala bitegeeza nga bw'atayagala kukakasa bbawe n'okumugamba nti obwetaavu bwe obw'okwegaata bulaga kwerowoozaako. Ebifaananyi eby'obuseegu bikyamu era si bituufu n'akatono, naye Abakristaayo batya okwogera ku by'okwegaata n'okufuna obuyambi nga bali mu buzibu. Katonda yatutondera okwegatta era ebitundu 100 ku 100 kwa bafumbo.

Abafumbo bangi tebafuna bujjuvu bwa Katonda obuliwo. Okwegatta kirungi, era kituukiriza ebyetaago by'omubiri n'ebirowoozo ebyazimbibwa mu ffe ng'abantu. Obwetaavu bw'omukwano *eri* omwami n'omukyala. 1 Abakkolinso 7:4 eyigiriza nti emibiri gyaffe si gyaffe—buli omu wa munne. Tulina okulowooza ku byetaago bya bannaffe n'ebyo bye baagala.

> Buli omu alemenga okumma munne, wabula mpozzi nga mulagaanye ekiseera, mulyoke mubeerenga n'ebbanga ery'okusabiramu... (1 Abakkolinso 7:5)

Abaami, bwoba nga wetamidwa nga otandise okwonona olw'okuggwaamu amaanyi oba nga ogezaako okuzza obuggya obufumbo bwo nga osaba mukyala wo okukula ebintu ebikyamu, wenenye era saba essaala eno, "Katonda, longoosa omutima gwange." Olina okukiggya mu birowoozo byo. Kikyamu, kibi, era Katonda ajja kukuwa ekisa ekiyinza okukununula.

Yogera n'omwagala wo ku nsonga z'okwegaata. Mwogere ku bintu ebibawa emilembe era ebibasanyusa mwembi. Mubeere beetegefu okuwulira buli omu kyalowooza n'okukyusa ebyo bye musuubira. Kino kye kitegeeza okwagala munno mu bufumbo.

Laba omuzingo 4, *Okumatizibwa Mu Kaboozi*, olabe ensonga eno.

Kati genda eri Katonda mu kusaba:

> *Kitange, nkwebaza era nkutendereza olw'ekigambo, olw'ebyo bye kitubikkulira. Webale kutuwa Omwoyo wo Omutukuvu, nge age maanyi agatusobozesa okukola ebintu byonna by'oyagala. Kitange, awababdde enjawukana, awabadde okwerowoozaako, wetubadde tujeemedde Ekigambo kyo, nsaba oyogere eri emitima gyaffe otukyuse. Tujjukize bye tuyize. Tuwe okwagala okuyiga, okugoberera obutukuvu, okwewaayo eri okwagala kwo, okukyusa ebintu ebitakugulumiza. Mukama, tukwebaza olw'ekirabo ky'obufumbo era tusaba tukugulumize n'obuwulize mu buli kimu ekiri mu nkolagana yaffe. Ebintu bino tubisabye mu linnya lya Yesu. Amiina.*

### Byosobola Okweyongera Okukozesa

Okukuyamba okussa mu nkola ennono z'oyize, jjuza *Ekyongerezedwako H: Ebyetaago by'omwami* ne n'*Ekyongerezedwako L: Obwetaavu bw'omukwano*.

Bw'oba weetaaga obuyambi okumanya ebigo ebikulemesa okukola Katonda by'ayagala mu bufumbo bwo, jjuza *Ekyongerezedwako M: Ebintu ebitera okwesittaza*.

# Essomo 6: Ebyetaago Byabakazi

Kati tudde ku byetaago by'omukwano eby'omukyala, omwami we yekka nga y'asobola okubitukiriza. Abasajja, mulina okukijjukira nti ekigendererwa kyaffe kwe kutegeera n'okugondera Katonda by'ayagala, so si ebyaffe oba eby'ensi. Waliwo obutakkaanya bungi ku ngeri y'okutuukirizaamu ebyetaago by’omukyala eby'omukwano. Emikutu gy'amawulire gitutomera n'amagezi agatali ga Bayibuli, agatali ga Katonda era bangi baagakkiriza. Tuukirira ensonga eno n'omutima omugule, ng'oyagala okuwulira Katonda ky'agamba.

Okuyitibwa kwaffe kwe kubeera abaweereza eri abaagalwa baffe mu bufumbo, era ekigendererwa kyaffe eky'okukola kino kwe kugulumiza Katonda. Nga bw'ogenda mu maaso, olina okukyusa endowooza yo n'ebikolwa byo. Okugoberera Ekigambo kya Katonda si kyangu, n'olwekyo kikulu nnyo okukuuma omusingi omunywevu—enkolagana yo ne Kristo. Bwe tugondera Kristo, emikisa gye n'amaanyi ge bitusobozesa okutuukiriza by'ayagala n'ebigendererwa bye.

Ekigambo kya Katonda kijjuvu, era kyoleka bulungi mu Abeefeso 5 nti omusajja naye avunaanyizibwa okutuukiriza ebyetaago bya mukazi we ng’omukyala bw'akola ku byetaago bye. Abasajja, kiriza Katonda akutegeeze mukazi wo kye yeetaaga. Abakyala muyige engeri Katonda gye yatonda ebyetaago ebimu mu gwe ebisobola okutuukirizibwa okuyitira mu nkolagana yo n'omwami wo. Mwembi mulina okugoberera enteekateeka ya Katonda, nga kye kijja okubaleetera essanyu, emirembe n'ekisa mu bufumbo bwammwe. Ani amanyi obufumbo okusinga Omutonzi?

### Katonda Yatonda Ebyetaago By'Omukwano

Soma ennyiriri zino emirundi egiwera, ng'ofaayo nnyo ku buvunaanyizibwa bw'omwami Katonda bw'amuwa okukola ku byetaago bya mukyala we.

> Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkanisa,
> ne yeewaayo ku lwayo; 26alyoke agitukuze ng'amaze okugirongoosa
> n'okuginaaza n'amazzi mu kigambo. 27Alyoke agyereetere yennyini ekkanisa
> ey'ekitiibwa, nga terina bbala newakubadde olufunyiro newakubadde kyonna
> ekifaanana nga bino; naye ebeere entukuvu, eteriiko bulema. 28Era bwe
> kibagwanidde bwe kityo abasajja okwagalanga bakazi baabwe bennyini
> ng'emibiri gyabwe bennyini. Ayagala mukazi we yennyini, yeeyagala yekka.
> 29Kubanga tewali muntu eyali akyaye omubiri gwe yennyini, naye aguliisa
> agujjanjaba, era nga Kristo bw'ajjanjaba ekkanisa; 30kubanga tuli bitundu bya
> mubiri gwe. 31Omuntu kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne
> mukazi we; nabo bombi banaabanga omubiri gumu.” (Abeefeso 5:25–31)

Bw'otwala ebigambo bino byonna n'obiteeka mu kigambo kimu, kyandibadde kya *bukuumi*. Abasajja, nsuubira nti kyeyoleka bulungi nti Katonda alina enteekateeka eyinza okuleetera mukyala wo okuwulira ng’ateredde. Omusajja bw'ayagala mukazi we nga Kristo bw'ayagala

ekkanisa ye n'okwewaayo gy'ali okusinga abalala bonna, abeera amuwade obukuumi n'okuterera.

Okola kinene nnyo mu kutuukiriza ebyetaago bya mukyala wo. David Jeremiah ayogera bino wammanga:

> Omusajja bw'ayagala mukazi we, amuwa okuwulira ng'alina obukuumi obusinga, era omusajja bw'ayagala mukazi we nga Kristo bw'ayagala ekkanisa, okwagala kw'omwami kuleeta obukuumi, omukwano, okwezuula n'eby'omwoyo mu mukazi we.[9]

**FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Obukuumi*—Embeera ey'obutaba mu kabi oba okutiisatiisa, okubeera n'obwesige nti omuntu alina obukuumi, ate ng'obulamu bw'omuntu bukakasibwa munne, ng'omukyala bw'awummula obulungi, awatali kutya, mu bukulembeze bw'omwami.

Abasajja, okwenyigira mu bukuumi bwa mukyala wo kiteekwa okuba nga kye kisinga obukulu. Kizibu okutegeera ensonga eno. Tuli banywevu nnyo mu ffe ng'abasajja kubanga Katonda atufudde bakulembeze. Naye Katonda yatulagira okubeeranga ne bakyala baffe. "mubeerenga n'abakazi bammwe n'amagezi, nga mussangamu ekitiibwa omukazi ng'ekibya ekisinga obunafu," (1 Peetero 3:7). Peetero yagamba nti "abasajja balina okutegeera n'okufaayo ku byetaago bya bakyala baabwe eby'omwoyo, eby'empulira yabwe, n'eby'omubiri." [10] *Ekisinga Obunafu* kilaga obunafu mu mubiri oba mu nneewulira, so si mu magezi oba mu ntegeera. Kino si kibi, wabula engeri Katonda gye yatonda abakazi, era abasajja n'abakyala balina okutegeera engeri Katonda gy'eyatutonda.

Okwekenneenya Abaefeso 5 kijja kulaga engeri Katonda gy'akoze enteekateeka ey'okutuukiriza ebyetaago by'omukyala eby'obukumi n'obukakafu mu bufumbo n'engeri omwami we gy'akolamu omulimu gw'okutuukiriza ebyetaago ebyo, ng'akozesa enkola ya Katonda etuukiridde. Ebyetaago bino ebitaano bye yongera mu ssomo eryo 8.

**Ekyetaago Ky'omukwano Ekyabakyala Ekisooka**

**Omusajja atekedwa okwagala mukazi we nga Kristo bw'ayagala ekkanisa.**

Katonda akimanyi— nga bwe kiri nti eno ye enteekateeka Ye — nti omukyala awulira obukuumi bw'ayagalibwa. Awa abaami ekiragiro ekilungi: "Mwagalenga bakazi bammwe, nga Kristo bwe yayagala ekkanisa era ne yeewaayo ku lwayo." —Abeefeso 5:25. Wano, ekigambo okwagala ('agape' mu Luyonaani) kigambo ekiriwo, ekikola, ekyetaagisa, ekiraga ekiragiro eky'okukola n'okweyongera okukikola awatali kukoma. Endowooza y'emu yategeezebwa mu muzingo 1, essomo 5 bwe twakitegeera nti abafumbo bombi balina ekyetaago eky'omukwano n'okwagalana. Kyokka kati twogera n'abaami ku kwagala bakyala baabwe.

**FAYILO Y'AMAZIMA**

Agape—Engeri omutima gwa Katonda gye gwanukula eri aboonoonyi abatasaanira; Okwagala kwa Katonda kweyolekera mu kwefiiriza okusobola okugasa abo bayagala. "Omutindo gwa Katonda omukulu ogunoonya ebirungi by'abalala wadde si songa abalala kyebakola." "Katonda akola ekyo ky'amanyi nti kye kisinga obulungi eri omuntu so si ekyo omuntu ky'ayagala… Omwana we okusonyiwa abantu." Kwe kusalawo okwagala awatali nsonga yonna.

Engeri omwami gy'ayagalamu mukazi we egeraageranyizibwa ku ngeri Yesu gy'ayagalamu ekkanisa, ku lwaffe. Yesu yali ayagala nnyo ekkanisa, era yakiraga atya? Yesu yakiraga nti atwagala n'okutuusa okufa. Tulina obukuumi mu kwagala kuno olw'ebyo Yesu bye yakola ku musaalaba, so si bye twakola oba bye tukola. Olowooza kino si kifo kilungi okubeeraamu? Era kino kye kintu kye twetaaga okulowoozako, abasajja. Katonda ayagala oyagale mukazi wo mu ngeri y'emu, awatali nsonga yonna, nga teweesigamye ku ngeri gy'akolamu.

Yesu akulagira okwagala mukazi wo mu ngeri y'emu nga bw'ayagala, ekyaviirako okufa kwe okw'esaddaaka ku musaalaba. Mukama yebazibwe nti tekitwetaagisa kufa mu mubiri, wabula "okufa eri ffe," ekitegeeza okwerowoozaako, obukambwe n'okweyaliza birina okuvvawo. Okwagala nga Kristo bw'ayagala ekkanisa kyetaagisa okugondera Ekigambo kya Katonda, ne bwe tuba nga tetuwulira kwagala. Tuteekwa okunoonya amaanyi ga Katonda okusobola okwagala abakazi baffe mu ngeri entuufu, so si ekyo kye bajja okutuddiza oba okubakozesa oba okubafuga. Yesu yatuteerawo ekyokulabirako ekirungi, engeri gyetulina okwagala. Omusajja bw'asalawo mu mutima gwe okufa yekka—mu kwagala kwe—n'okwewaayo eri Katonda by'ayagala n'Omwoyo Omutukuvu, olwo okwagala kuno okwa Katonda kutandika okugenda eri mukazi we.

## SIMA EBUZIBA

Laba Ebyawandiikibwa bino kye bigamba abasajja okukola n'ensonga lwaki nnono nkulu mu kwagala mukazi wo.

> Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, so temubakambuwaliranga. (Abakkolosaayi 3:19)

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

> Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna, (Abeefeso 4:31)

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

Nnyonnyola ebika by'ebirowoozo n'ebigendererwa by'olina okuba nabyo ng'oyagala mukazi wo.

> era mutambulirenga mu kwagala, era nga Kristo bwe yabaagala mmwe, ne yeewaayo ku lwaffe okubeera ekirabo eky'evvumbe eriwunya obulungi era ssaddaaka eri Katonda. (Abeefeso 5:2)

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

## Okwekebera

Okuva bwe kiri nti omaze okuyiga ebyo Katonda byakusubiraamu ku ky’okwagala mukyala wo okuva mu Byawandiikibwa bino, laba obuzibu bwonna Mukama bw'akuleetedde mu birowoozo byo. Yatula ekibi kyo eri Katonda era ogende mu maaso okusaba mukazi wo akusonyiwe.

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

### Abaana Ab’obuwala

Katonda ye "Kitaffe," era bakyala baffe be "bawala be." Nnina muwala wange omu era mmwagaliza ekisinga obulungi. Bw'akkiriza nti afunye omusajja oyo ow'enjawulo, nja kussa ebiseera n'amaanyi mu muvubuka oyo. Nja kumutegeeza nga muwawala wange bw'ali omukulu era ow'enjawulo gyendi era nja kukakasa nti ategeera kye kitegeeza okubeera omwami era taata. Nja kuba mukakafu nti awulira amazima ga Katonda nga nkozesa buli kimu kye nsobola okumuyamba okukkiriza, kubanga muwala wange mmwagala.

Ng'omusajja olina okukimanya nti Katonda atwala mukyala wo nga muwala we yennyini. Alindiridde era mwetegefu okukussamu buli kye weetaaga osobole okwagala mukazi wo Mu ngeri ye.

**Okwagala n'Okukola Bikulu**

Bw'oba ng'oyagala nnyo okwagala mukyala wo mu ngeri ey'obwaKatonda, ojja kulekera awo okwerowoozaako n'embeera ezifuga okwagala kwo gyali. Bw'ofuba n'okuula mu kwagala, ojja kulaba ng'omutima gukyuse. Mu muzingo 2, twatunuulira ebiri mu kwagala n'engeri gye twagalamu bannaffe mu 1 Abakkolinso 13:4–7. Ebyawandiikibwa ebyo biraga engeri gye tuyinza okulaga okwagala. Naye olina okusuka ku kumanya nogenda ku kukola, okufuba, okuyayana, n'okufuba okulaba ng'okwagala kuno kweyolekera mu mukyala wo.

## SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola engeri emisingi gino bwe ginaakuyamba okwagala mukazi wo.

> Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi: kubanga bwe tutakoowa, ebiro bwe birituuka, tulikungula, nga tetuzirise. (Abaggalatiya 6:9)

________________________________________

________________________________________

________________________________________

> Naye okwegomba okw'omu buvubuka okwewalanga, naye ogobereranga obutuukirivu, okukkiriza, okwagala, emirembe, awamu n'abo abasaba Mukama waffe mu mwoyo omulongoofu. (2 Timoseewo 2:22)

________________________________________

________________________________________

________________________________________

> nga tujjukira bulijjo mu maaso ga Katonda, omulimu gwammwe ogw'okukkiriza, n'okufuba okw'okwagala, (1 Abasessaloniika 1:3)

________________________________________

________________________________________

________________________________________

> Okwagala kubeerenga kwa mazima. Mukyawenga obubi, munywererenga ku kirungi. (Abaruumi 12:9)

________________________________________

________________________________________

________________________________________

> Ekigendererwa ky'ekiragiro kyaffe kwe kwagala okuva mu mutima omulongoofu n'omwoyo omulungi n'okukkiriza okutalina bukuusa. (1 Timoseewo 1:5)

________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

> Nammwe Mukama waffe abongerengako era abasukkirizenga okwagalananga mwekka na mwekka, n'okwagalanga abantu bonna," (1 Abasessaloniika 3:12)

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

> 9Era kino kye nsaba okwagala kwammwe kweyongerere ddala, nga kulimu okutegeera n'okwawula kwonna, 10mulyoke musiimenga ebisinga obulungi;" (Abafiripi 1:9–10)

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

Okuyitira mu musingi gwo omunywevu—enkolagana yo ne Kristo—mwe mwoka mwosobolera okuwa mukazi wo omukisa n'okwagala okw'ekika kino.

**Obukuumi n'Okutya Bikontana**

Tulina okwagala bakyala baffe mu butuufu basobole okubeera mu bulamu obw'obukuumi awatali kutya. Ennono eno eya Baibuli elaga enjawulo eriwo wakati w'okutya n'okwagala.

> 18Temuli kutya mu kwagala, naye okwagala okutuukirivu kugobera ebweru okutya, kubanga okutya kulimu okubonerezebwa; n'oyo atya tannatuukirizibwa mu kwagala.
> 19Ffe twagala, kubanga ye yasooka okutwagala ffe. 20Omuntu bw'ayogera nti, "Njagala
> Katonda," n'akyawa muganda we, mulimba; kubanga atayagala muganda we gwe yali
> alabyeko, Katonda gw'atalabangako tayinza kumwagala. 21Era tulina ekiragiro kino
> ekyava gy'ali, ayagala Katonda ayagalenga ne muganda we. (1 Yokaana 4:18–21)

Yokaana yagamba abakkiriza abaagala Katonda nti tebalina kutya lunaku lwa kusala musango.

> Mu ekyo okwagala mwe kutuukiririzibwa gyetuli, tubeere n'obugumu ku lunaku olw'omusango; kuba ye nga bw'ali, naffe bwe tuli mu nsi muno." (1 Yokaana 4:17)

Okunyonyola okumu kwogera bino:

> Okwagala okukula mu bujjuvu kugumya omukkiriza nti atukiridde mu maaso ga Katonda, era kijja kumusobozesa okuba omugumu kulunaku lw'okusalirako omusango. Omukkiriza olunaku olwo telumutiisa.[13]

Omukkiriza afuna okwagala okutuukiridde mu nkolagana ye ne Katonda. Bakakafu ddala oba balina obukuumi, nga beesiga Nti Katonda ajja kubalabirira. Mu ngeri y'emu, bw'oba oyagala

mukazi wo, kikuyamba okuba n'obwesige nti ojja kumukolera ekisingayo obulungi nga Katonda bw'ayagala.

Abasajja, mutiisa bakyala bammwe olw'enneeyisa yammwe? Okwagala kuno okutuukiridde Yokaana kwe yayogerako kuyinza okujja okuyitira mu Kristo yekka. Katonda takugamba kugoberera bukulembeze bwe n'okufuna ku maanyi okuva munda mu gwe n'obusobozi bw'okwagala mukazi wo mu ngeri eno. Agamba nti bw'onoowaayo omutima gwo, by'oyagala n'okusalawo kwo gy'ali mu buwulize n'obwesige, ajja kukujjuza okwagala eri mukazi wo, era okwagala kwe kunaavanga mu gwe eri mukyala wo.

Mu bulamu buno tewali musajja ajja kuba atuukiridde mu kwagala mukazi we. Ffe abantu tukyakolebwako naye ekisinga obukulu kwe kweyongerako.

> Era nkakasiza ddala ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo. (Abafiripi 1:6)

Sitaani alina ekigo ekyaddala ku basajja bangi. Atugamba nti, "Tojja kukyuka. Kino kikukaluubirira nnyo. Mukyala wo y'akuleetera okukola kino. Okugezesebwa kuno kukususeeko." Obulimba obwo buva eri Setaani. Bw'obukiriza, obulimba bujja kutandika okulagira eky'okukola n'eky'otalina kukola n'ekyo ky'oyagala n'ekyo ky'otokkiriza. Mukyala wo bw'aba nga talina bukuumi oba ng'atya mu ngeri yonna mu bufumbo, sooka weetunuulire.

## ***Enteekateeka y'Okukola***

Mukubaganye ebilowozo ku kitundu kino ng'omwami n'omukyala. Omwami weetegereze okutya kwonna mukyala wo kw'alina. Oluvannyuma muwulirize awatali kwewozaako, oyige engeri gy'oyinza okumuweerezaamu obulungi. Wandiika by'oyize okuva gy'ali wano, osabe okusonyiyibwa nga bwe kyetaagisa.

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

Abakyala mujjukire nti omwami wo akyakolebwaako. Nga bw'ayiga okubeera mu Kristo ng'amala ebiseera mu Kigambo kya Katonda ne mu kusaba, nga ayiga mu kugezesebwa, era nga mwetegefu okusaba okusonyiyibwa, ajja kutandika okufuulibwa ekifaananyi kya Kristo, omuli n'obusobozi bwe obw'okukwagala. Okwagala kuno *agape* tekuliiko bukwakulizo. Katonda atwagala nnyo nti y'atuma Omwana we okutufiirira, nga tukyali boonoonyi (Abaruumi 5:8), atulage omugaso gw'ateeka ku buli omu ku ffe. Abasajja, tulina okwagala bakazi baffe olw'omugaso Katonda gw'abateekako. Kino tekiri mu maanyi gaffe, wabula mu maanyi

g'Omwoyo Omutukuvu abeera munda mu ffe bwe tuba ga twakiriza Yesu nga Mukama waffe era Omulokozi. Kino kye kyokka kye tukozesa okupima.

Abasajja temukozesa kigero kirala kye mupimiraako enneeyisa yammwe, okujjako Katonda ky'ayogedde. Bw'ototuukiriza kwagala kuno Katonda kw'ayogera, beera mwetoowaze era mumalirivu okukutegeeza Katonda ne mukazi wo. Emu ku mbala ennungi ey'omukulembeze ow'amazima kwe kwetoowaza (Ebikolwa 20:19; Tito 3:2) Okusobola okukkiriza nti tokoze kisuubirwa. Twala obuvunaanyizibwa. *Okwenenya* kitegeeza "okukyusa ekkubo, okudda eri Katonda, n'okusaba okusonyiyibwa." Ye asonyiwa (1 Yokaana 1:9).

## Weewale Ekijja Mu butonde

Abasajja, ekijja mu butonde kwe kuleka enneeyisa ya mukyala wo okusalawo engeri gy'omuyisaamu. Yakola kye *wali oyagala* akole, kye yalina okukola? Ebiseera bye yabimala mu ngeri ey'amagezi n'akuyisa mu ngeri gy'oyagala okuyisibwamu?

Abalala bwe bakola ekyo kye twagala, tubawa empeera ey'okubagala, oba okusiimibwa. Naye ekyo *si* kwagala. Engeri ya Katonda ey'okwagala esinga kunonya ekigaasa omualala, ka babe nga bakola ki. Abaruumi 5:10 wagamba nti: "Oba ekisa kya Katonda ekingi n'obuwombeefu n'okugumiikiriza, byonyoomye? Tomanyi nga ekisa kya Katonda weekiri olw'okukuleetera okwenenya? (Abaruumi 2:4).

Okwagala kwa Katonda n'okuluubirira yabitutuusaako mu kwagala kwe, ne bwe tuba nga twali tetugwanidde. Tatwagala kufuna kintu kyonna, naye awaayo omukono gwe ogw'okwagala enfunda n'enfunda okuwangula emitima gyaffe eri enjiri. Mu ngeri y'emu, tulina okutuusa okwagala kuno eri bakyala baffe basobole okulaba Katonda mu ffe n'okulaba okwagala kwe nga kuyitira mu ffe. Kino tekijja mu butonde.

Katonda atukebera (Abaebbulaniya 4:13), era naffe tulina okwekebera (1 Abakkolinso 11:31-32). Natuukiriza ekyokulabirako kya Katonda, oba nnatunuulira enneeyisa ya mukyala wange, kye yankolera oba ky'atankolera, ne nkozesa ekyo okwewolereza ku ngeri gye mmuyisaamu?

Katonda ayagala oyogale mukyala wo era omuwe ekitiibwa okusinziira ku muwendo gw'alina gy'ali nga muwala we. Abasajja, bw'otandika n'okwagala okw'ekika kino, Katonda ajja kukuwa omukyala atalina kutya ate ng'ayiziza ddala okussa ekitiibwa mu bukulembeze bwo. Kyokka bw'aba teyeeyisa bulungi, Katonda akuyita okugoberera ekyokulabirako Kye so si kya mukyala wo. Amazima gano gakaluba.

# Essomo 7: Kirabo Okuva Eri Katonda

Mukyala wo kirabo okuva eri Katonda, naye tatuukiridde. Waliwo ebiseera lw'akola oba nayogera ebintu ebinyiiza, naye ky'okola kiteekwa okuba nga kituukana n'Ekigambo kya Katonda. Wakola obweyamo okuweereza mukyala wo n'okumwagala nga Kristo bw'ayagala ekkanisa. Beera n'obudde buli lunaku ne Mukama waffe, Omwoyo We Omutukuvu akulumirize bw'ekiba kyetaagisa.

Bw'onyiiga olw'engeri gy'akuyisaamu, jjukira engeri Katonda gy'akwagalamu. Watya singa emirundi gyonna gy'oyonoona enfunda n'enfunda Katonda alekera awo okukugumiikiriza n'akuyisa nga bw'ogwanidde? Katonda teyakuyisa kusinsira ku byokoze, era tosaanidde kuyisa mukyala wo mu ngeri eyo. Omwoyo Omutukuvu bw'akukebera ng'oli bwotyo, weenenye endowooza yo, genda eri mukyala wo omusonyiwe. Ekyo kye kitundu kyo.

Bw'osuula akabonero n'okkiriza enneeyisa ye oba okwerowoozaako okusalawo engeri gy'omuyisaamu, ekyo Katonda akiyita kibi, era tewali ngeri yonna gy'oyinza kukivaamu okuggyako okwatuula n'okwenenya. Bw'oba omwetoowaze, n'osaba okusonyiyibwa, era n'okozesa Ekigambo kya Katonda ng'eteeka lyo ely'okwagala, ojja kufuna enkyukakyuka mu mbala yo era ofanane Kristo. Mu buwulize buno bwokka mw'ojja okufuna okwagala okwa nnamaddala okwa Katonda okukulukuta wakati wo ne mukyala wo.

### Ekyetaago Ky'omukwano Ekyabakyala Eky'Okubiri

**Omusajja alina okutukuza mukazi we n'okumulongoosa n'okumunaaza n'amazzi ng'akozesa Ekigambo.** Katonda agamba buli musajja okutukuza n'okulongoosa mukazi we ng'amunaza n'amazzi mu Kigambo.

> 25Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkanisa, ne yeewaayo ku lwayo; *26alyoke agitukuze ng'amaze okugirongoosa n'okuginaaza n'amazzi mu kigambo.* (Abeefeso 5:25–26, okukatiriza kwange)

Ekyawandiikibwa kino kiraga bulungi omwami nti okwagala mukazi we kulina okulaga enkola ya Kristo eyali ayagala ennyo ekkanisa n'eyewaayo ku lulwe. Mu lunyiriri 26, ekigambo ekisooka kye tulaba *kiri nti*, okwogera ku *kigendererwa*. Kristo yawaayo obulamu bwe ku lw'ekkanisa okununula ekkanisa ye gyali, asobole 'okugitukuza' (okugyawula eri obutukuvu) n'okugilongoosa ng'ayita mu kunaaza kw'Ekigambo kya Katonda. Mu nkomerero, Kristo y'atukuza n'okulongoosa omukyala, naye Katonda era alonze omusajja okuba ow'obuvunaanyizibwa mu kutukuza kuno ng'ayitira mu bukulembeze bwe, ekyokulabirako, n'Ekigambo kya Katonda. Wano okunaaza kw'amazzi g'Ekigambo we kuyingirira. Katonda awadde buli musajja enkizo ey'ekitalo ey'okukozesa Ekigambo kya Katonda eky'omuwendo okuweereza mukazi we.

Omuwandiisi omu yagamba bw'ati:

> Wadde ng'abakubaganya ebirowoozo tebakkiriziganya ku makulu amatuufu agali mu bigambo bino, "okunaaza n’amazzi g’Ekigambo" (olunyiriri 26), abatono abagezaako okukikozesa balabikanga abakkiriziganya nti ekitundu kino kiteegeeza ezimu ku ngeri omwami gy'ayamba mu kutukuza mukyala we mu ngeri ey'omutendera. Ng'omukulembeze we ow'eby'omwoyo, olina 'okumwawula' (oba okumufuula omutukuvu), okumulongoosa ng'oyita mu Byawandiikibwa. Olina okumuyamba, okuyitira mu Kigambo, okuggyawo amabaala n’efunyiiro eby'eby'omwoyo n'ekintu kyonna [ekirala] [olunyiriri 27] ekitatuukana na kifaananyi kya Kristo. Engeri gy'okolamu kino kwe kugondera n'okukozesa Ekigambo mu byonna by'okola naye.[14]

Obubaka buno butegeeza kikolwa, so si kwogera bwogezi oba ebigendererwa ebirungi. Baayoozanga batya engoye mu biseera omuwandiisi ono we yawandiikira ebigambo bino? Tebaalina byuma byooza ngoye. Baalina omugga. Baalina obukalaayi bw’okusena amaazi. Baalina okukka ku mugga, ne baggyamu engoye, ne baziteeka ku mayinja, era ne bakikola n'emikono gyabwe. Ekyo kye kifaanaanyi Katonda ky'alaga. Kino mulimu gwa bugenderevu. Yagala mukazi wo okuyitira mu bikolwa byo, by'oyogera n'ebyo by'okola mu bintu byonna. Eno y'ensonga lwaki Katonda agamba nti olina okuba omuyizi w'Ekigambo kye (2 Timoseewo 2:15). Tuyinza tutya okunaaza bakyala baffe mu Kigambo kya Katonda bwe tuba nga tetuli mu Kigambo era nga tetutambulira mu amazima ge?

## Okwekebera 1

Omusajja bw'afuna obudde okuyiga engeri y'okweyisaamu mu ngeri y’obwaKatonda n'okulabirira ebintu Katonda by'amuwadde, kuno kwe kunaaza mukazi we mu Kigambo kya Katonda.

Abasajja, wandiika ebitundu by'otakakasa nti olabirira mukazi wo okusinziira ku Kigambo kya Katonda (ekyokulabirako, ng'omwami, owomukwano, muzadde munne, mu by'ensimbi n'ebirala).

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

Oluvannyuma wandiika essaala eri Katonda, okweyama okuwaayo obudde okuyiga By'ayagala okuyitira mu kwesomesa oba okufuna omuntu akuyigiriza, okukuyamba okuyiga n'okukula.

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

**Kulembera n'ekyokulabirako**

Nga Katonda bw'alonze abasajja okuba abakulembeze mu maka, tetusobola kuwolereza nneeyisa ey'obutatya Katonda ku bakyala baffe oba abaana baffe. Mukyala wo ajja kuwulira nga talina bukuumi, oboolyawo n'okutya, ekintu ekikontana n'okwagala kwa Katonda. Katonda bw'akugamba nti olina okunaaza mukazi wo n'amazzi g'Ekigambo, ayogera naawe nga kabona, oba omukulembeze w'eby'omwoyo mu maka go. Otwaala ebiseera ne Mukama waffe buli lunaku? Mukyala wo akulaba ng'oli mu Kigambo ne mu kusaba?

Ekisinziirwako okubeera n'enkolagana n'omuntu kwe kubeera nabo. Era ekirabo ekisingayo obukulu kye twaweebwa okuyitira mu kufa kwa Kristo olw'ebibi byaffe, kwe kufuna omukisa ogw'okutuuka eri Katonda omulamu. Atulindirira, atuwuliriza, era ayogera naffe okuyitira mu Mwoyo We Omutukuvu.

Ng'abakulembeze tuyitibwa okuba ebyokulabirako. Okubeera n'obudde buli lunaku mu Kigambo n'okusaba tekikoma ku kulabibwa kyokka, wabula kifuuka kya ddala nga tutandika okukitabuliramu. Omukyala ajja kuwulira bulungi bw'alaba ebivaamu, bw'alaba endowooza empya gy'olina ku ye n'obulamu bwo okutwalira awamu. N'olwekyo abasajja, kitandikira ku ffe.

Bw'oba okyakalubizibwa mu kitundu kino, gezaako okwekenneenya omuzingo 1, essomo 7.

## SIMA EBUZIBA

Byawandiikibwa bino bigerageranye n'obulamu bwo. Ndowooza ki n'okuyayana kw'olina eri Ekigambo kya Katonda n'omulimu gwakyo ogw'okulongoosa?

> Naye Yesu n'addamu n'agamba nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Omuntu tabanga mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.' " (Matayo 4:4)

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

> Ng'abaana abawere abaakajja bazaalibwe, mwegombenga amata ag'omwoyo agataliimu bulimba, galyoke gabakuze okutuuka ku kulokoka. (1 Peteero 2:2)

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

[9]Omuvubuka anaalongoosanga atya ekkubo lye?
Nga yeegendereza ng'ekigambo kyo bwe kiri.
[10]N'omutima gwange gwonna nkunoonya;
Tonzikiriza okukyama okuva ku mateeka go. (Zabbuli 119:9–10)

Onzibule amaaso gange, ndabe
Eby'ekitalo ebiva mu mateeka go. (Zabbuli 119:18)

Onjigirize, Ayi Mukama, ekkubo ery'amateeka go;
Nange nnaalyekuumanga okutuusa enkomerero. (Zabbuli 119:33)

Abaagala amateeka go balina emirembe mingi;
So tebaliiko kibeesittaza. (Zabbuli 119:165)

**Obukulembeze obw'Eby'Omwoyo**

Abasajja, buvunaanyizibwa bwaffe obw'obwakabona, okutandika okusaba ne bakyala baffe buli lunaku. *Tandikawo*. Abasajja abamu bagamba nti kizibu okusaba mu maaso ga bakyala baabwe. Naye mu kusooka kyali kizibu okuvuga eggaali, si bwe kiri? Kyali si kyabulijo, ng'owulira nga agenda okugwa, oboolyawo nga kitiisa.

Oboolyawo tomanyiidde kusaba mu ddoboozi eriwulikika. Naye Katonda ayagala obeere omukulembeze w'eby'omwoyo, okutandika okusaba ne mukyala wo, n'okutandika okusaba. Kiyinza okuba ekizibu era nga kiwulikika bubi mu ntandikwa. Era mukyala wo ayinza obutayagala kusaba mu ddoboozi ery'omwanguka. Kiyinza okutwala wiiki, emyezi, oba emyaka

nga tannawulira bulungi kusaba mu maaso go. Naye si mulimu gwo okumukaka okukikola. Obuvunaanyizibwa bwo kwe kutuukiriza ebyetaago by'omukwano Katonda by'atadde mu ye. Tujja kwongera okukubaganya ebirowoozo ku nsonga eno mu muzingo 5, *Obukulembeza bw'obwa Katonda*.

Omanyi mukyala wo by'asoma, by'ayiga mu Kigambo? Omuyambye okufuna ebiseera bye yekka ne Katonda? Si buvunaanyizibwa bwa kkanisa oba obuweereza bw'abakyala okunaaza mukazi wo mu Kigambo. Buvunaanyizibwa bwo ng'omwami okuyamba mukyala wo, n'okwenyigira naye buli lunaku mu kugabana Ekigambo kya Katonda.

Mwogera ku bintu eby'omwoyo? Omubuuza oba owuliriza ebizibu bye n'obuwanguzi bwe ng'anoonya obulamu obw'okutya Katonda? Ogabana naye ebintu Katonda by'akuyigiriza mu biseera byo wekka ne Katonda? Muzzeemu amaanyi mu kusoma kwe, era nga okitegeeza. Fuba okumubuulira ebyo Katonda by'akugamba awatali kumussa wansi.

Bwe tufuuka abayigirizwa b'Ekigambo kya Katonda, tusobola okuba abayigiriza eri bakyala baffe mu ngeri ey'obuwombeefu era ey'okwagala. Era ng'abakabona mu maka, bwe tuba n'abaana, naffe tulina okubayigiriza. Abasajja abasinga babadde tebalina kyakulabirako ku nsonga eno, naye kino tokirekera ssomero ly'Abakrisitaayo oba ekibiina ky'abavubuka mu kkanisa. Ebyo byongezeddwaamu ebirungi naye tebitwala kifo kya bukulembeze bwo.

Bw'oba oyagala okutuukiriza ebyetaago bya mukyala wo eby'omukwano mu kitundu kino, okutwala ebiseera byo n'amaanyi okufuuka omuyigirizwa wa Kristo ow'amazima y'engeri y'okukituukirizaamu. Kya bulijjo omukyala okukola n'okweraliikirira okugenda mu kkanisa oba okusoma Baibuli oba okulabirira abaana mu by'omwoyo.

Abasajja batera okweyisa mu ngeri etali nnungi nga bakyala baabwe baagala obukulembeze mu by'omwoyo. Naye kino ekyetaago Katonda ye ya kiteeka mu mukazi wo. Teyakisaba. Oyinza okulowooza nti amaze ebbanga ng'akutawaanya. "Mukwano, Lwaki tewenyigira mu ku saba n'abaana bange?" Oyinza okuba ng'olowooza nti osasula ssente ezimala okubasindika mu ssomero ly'Ekikristaayo. Kino kikyamu, era ojeemera Kristo. Waliwo okuyayana mu mutima gwa mukyala wo okulaba ng'okutwala obukulembeze mu by'omwoyo (Olubereberye 3:16). Ekyo Katonda yakiteeka mu ye.

Abakyala nammwe muyinza okukifuna mu bukyamu. Endowooza yo eyinza okukuleemesa. Jjukira okusabira omwami wo n'okumuzzaamu amaanyi n'okumugumya, ekintu eky'enjawulo ku kumukayanya, era nga tolina kumusalira musango n'akamu.

## Okwekebera 2

Weetegereze olukalala lw'engeri gy'oyinza okutukuzaamu mukyala wo mu kyongerezedwako *J: Engeri Omwami gy'Atukuzaamu Mukyala We,* olusangibwa ku nkomerero y'ekitabo kino. Wandiika obweyamo obwenjawulo eri Mukama ku ngeri gy'onookolamu emirimu gino nga bakabona.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

**Katonda Asuubiza Obuyambi**

Ebyawandiikibwa bingi bitukubiriza okunyiikirira enneeyisa ey'okutya Katonda n'okukkiriza bwe tuba mu mbeera enzibu. Abakyala, bwe muba mufumbo n'atali mukkiriza oba omwami omujeemu, jjukira 1 Peetero 3:1–4 ku bikwata ku kugondera bbawo. Ddaamu amanyi.

> Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza. (Matayo 11:28)

Katonda amanyi ddi lwe tuli wansi w'obuyinza bw'omwami atasobola kugondera Katonda. Amanyi byonna, era atuwa ekiragiro eky'okumwesiga, n'okukkiriza obuyinza bwe yatuwa. (Abaruumi 13:4). Bwe kiba nga tekikwetaagisa kwononna, weesigise Mukama ebinaavaamu. Omukyala bw'akyukira Mukama n'amugamba nti, "Mmanyi nti nnina obwetaavu buno, naye nbonaabona kubanga omwami wange tanayanukula kuyitibwa kwo," olwo Kitaawe ow'omu ggulu ajja ku binyingiramu. Asuubiza okugabirira byonna bye twetaaga. Beera muwulize okutuukiriza ebyetaago by'omwami wo eby'omukwano, era Katonda ajja kukuwa omukisa mu ngeri gy'obadde tosuubira.

## SIMA EBUZIBA

Tegeera Ebyawandiikibwa bino kye byogera ku ngeri Katonda gy'eyenyigira mu bulamu bwo n'engeri gy'oyinza okumwesigamu mu bufumbo bwo.

> Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi. (Abaruumi 8:28)

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

> Mukama waffe mukulu,
>
> era obuyinza bwe bwa maanyi;
>
> Okutegeera kwe tekulowoozekeka. (Zabbuli 147:5)

Amaaso ga Mukama gaba mu buli kifo,

Nga galabirira ababi n'abalungi. (Engero 15:3)

Kubanga amaaso ga Mukama gali ku batuukirivu,

N'amatu ge gali eri okusaba kwabwe.

Naye obwenyi bwa Mukama buli ku abo abakola obubi.” (1 Peteero 3:12)

Mu oyo naffe mwe twafuukira abasika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akola byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe. (Abeefeso 1:11)

Era Katonda wange anaatuukirizanga buli kye mwetaaga, ng'obugagga bwe obungi obw'ekitiibwa bwe buli obuli mu Kristo Yesu. (Philippians 4:19)

Nnyonnyola engeri gye tulina okugumiikiriza oba okubeera abanywevu mu mbeera enzibu.

Era kyenva mbonaabona bwe ntyo, naye sikwatibwa nsonyi; kubanga mmanyi gwe nnakkiriza, ne ntegeerera ddala ng'ayinza okukuumanga kye nnamuteresa okutuusa ku lunaku luli. (2 Timoseewo 1:12)

> Naffe bennyini n'okwenyumiriza ne twenyumiririzanga mu mmwe mu kkanisa za Katonda olw'okugumiikiriza kwammwe n'okukkiriza mu kuyigganyizibwa kwammwe kwonna n'okubonaabona bye mugumira. (2 Abasessaloniika 1:4)

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

Fumiitiriza ku bisuubizo bya Katonda ebikuzzaamu amaanyi wakati mu kusomozebwa.

# Essomo 8 Okusiima Mukyala Wo

Ebyetaago by'omukyala eby'omukwano ebibiri ebisooka byayogeddwako mu misomo egiyise: okumwagala nga Kristo bwe yayagala ekkanisa n'okumutukuza n'okumulongoosa ng'omunaaza amazzi g'eKigambo. Tuzuula ebyetaago bisatu ebisigadde mu musomo guno.

### Ekyetaago Ky'omukwano Ekyabakyala Eky'Okusatu

### Omusajja talina kumatira n'ekyo ekitatukaana n'akwagala Kwa Katonda Okutukiride.

Katonda, mu magezi ge agataliiko kkomo, atusoomooza ng'abaami obutamatira n'ekiri wansi w'omutindo mu bufumbo bwaffe.

> Alyoke agyereetere yennyini ekkanisa ey'ekitiibwa, nga terina bbala newakubadde olufunyiro newakubadde kyonna ekifaanana nga bino; naye ebeere entukuvu, eteriiko bulema. (Abeefeso 5:27)

Ekyawandiikibwa kino tekikoma ku kulaga kimu ku byetaago by'omukyala eby'omukwano eby'enjawulo, wabula era kikubiriza abasajja okulemerako mu nsonga eno n'obutafuuka bagayaavu oba okubeera abamativu mu bufumbo. Abasajja bangi beemalidde ku kubeera n'enkolagana ey'ekibogwe ne mukyala we nga tebamanyi Katonda by'ayagala n'emitindo gy'obufumbo obw'okutya Katonda, era mu kifo ky'ekyo akozesa endowooza ye entonotono ey'ekisajja ng'ekipiima. Abalala bakimanyi nti ebintu si bilungi, naye tebalina kye bakolawo.

Omukyala akulaba ng'ofuna obudde okwongera ku mulimu gwo, okukuguka mu muzannyo gwo ogwa Golf, okuyamba abalala abali mu bwetaavu, oba okuweereza mu kkanisa-naye si kutereeza bufumbo bwammwe. Kino kyawukana nnyo ku ekyo Katonda ky'agamba mu lunyiriri 27 waggulu, ng'akubiriza abasajja obutamatira kintu kyonna ekitali kye yali ayagala mu bufumbo bwabwe.

Katonda yeekozesa ng'ekyokulabirako okukoppa mu Abeefeso 5:25, ng'agamba nti, "Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, nga Kristo bwe yayagala ekkanisa era ne yeewaayo ku lwayo." Bw'akola bw'atyo, agulumiza obukulu, n'okukulembeza essira omwami lyalina okuteeka ku nkolagana ye ne mukyala we.

## Okwekebera 1

Saba Katonda akuwe omutima gwe eri mukazi wo. Musabe ekisa okulemerako n'okusa mu nkola ennoo zino z'oyiga okulabirira mukyala wo n'okutuukiriza ebyetaago bye eby'omukwano. Ng'okozesa ekifo ekiri wamanga, leero kola entandikwa y'obweyamo bwo okukola ku nsonga eno okutuusa Katonda lw'anaakutwala okubeera naye mu ggulu.

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

**Ekyetaago Ky’omukwano Ekyabakyala Eky'Okuna**

**Omwami Alina Okwagala Mukazi We Ng'omubiri Gwe.**

Baibuli eyongera okuggumiza n'okunnyonnyola obuvunaanyizibwa bw'omwami okwagala mukazi we mu ngeri ey'okwefiiriza ng'agigeraageranya n'okwagala kwe eri omubiri gwe ye kennyini.

> Era bwe kibagwanidde bwe kityo abasajja okwagalanga bakazi baabwe bennyini ng'emibiri gyabwe bennyini. Ayagala mukazi we yennyini, yeeyagala yekka. 29Kubanga tewali muntu eyali akyaye omubiri gwe yennyini, naye aguliisa agujjanjaba, era nga Kristo bw'ajjanjaba ekkanisa; 30kubanga tuli bitundu bya mubiri gwe. (Abeefeso 5:28–30)

Abasajja, kino kigamba nti tulina okuyisa bakyala baffe ng'ekitundu ky’omibiri gyaffe. Kino kizibu era kiyinza okulabika ng'ekyewuunyisa. Wali owulirizaako ku ngeri mukyala wo gy'ayogeramu n'abakazi abalala? Ba njawulo ku ffe, naye tuyitibwa okubatwala ng'ekitundu ky’omubiri gwaffe. Abakazi batunuulira obulamu mu ngeri ya njawulo okusinga abasajja.

Katonda ayagala oyagale mukyala wo ng’ekitundu ky'omubiri gwo, naye kiyinza okuba ekizibu okutegeera. Kyokka, oyinza okutegeera endowooza egamba nti oyagala okuweebwa ekitiibwa mu kifo ky'okuvumirirwa oba okuteekebwa wansi olw'ekyo ky'oli. Oyinza okutegeera embeera y’okwagala okulafubana kwo n'enneewulira yo okutwalibwa okuba eby'amagezi era ebikulu. Era oyinza okutegeera okuyayana kw’okwagala n'okutegeerwa.

Ba Ssebo, twetaaga okukigeezaako emirundi mingi. Wali olabye engeri mukyala wo gy'akosebwaamu mu nnewulira ye olw'ekintu ky'olowooza nti kya busiru? Oba n’awulira bubi nga kwotadde n’okutondowala olw'ekyo omu ku baana ky’akoze? Ate nga gwe towulira kukwatibwaako kwonna. Mu mbeera ezimu, oyinza okuwulira ng'ayagala okumugamba obutuufu bw’ensonga era akikoleko. Naye okimanyi tetusobola kwogera bwe tutyo. Katonda yatutonda nga tuli banjawulo nga abasajja abantu ab'enjawulo, kyokka agamba nti, "Wadde oli wa njawulo nnyo, njagala oyige okumwagala n'okumufaako ng’ekitundu ky’ombiri gwo."

Ekyewunyisa ekisinga kwe kugezaako okutegeera mukyala wo. Abasajja, mulina okukitunuulira bwe muti n'okuba n'endowooza ennuŋŋamu. Ye mukyala Katonda gwe yakuwa era olina okuyiga okumwagala n'okumulabirira ng'ekitundu ku mubiri gwo wadde nga wa njawulo nnyo ku ggwe. Okusoomoozebwa kuyinza okuba ekintu eky'essanyu, era empeera ye mukyala omumativu era omusanyufu.

Okunnyonnyola amakulu g'ekyawandiikibwa kino mu Abeefeso n'endowooza nti mukyala wo kitundu ku mubiri gwo, omuntu omu yagamba bw'ati:

> Kristo ayagala nnyo ekkanisa, si ng'omubiri gwe, wabula kubanga mu butuufu gwe mubiri gwe. N'olwekyo, abasajja balina okwagala bakyala baabwe, si nga bwe baagala emibiri gyabwe bokka, wabula ng'omubiri ogumu nabo bo bennyini, nga ddala bwe bali. Okulaba nti abasoomi be tebalemererwa kutegeera makulu g'ekyo kye yali awandiise eri abasomi be, Pawulo agezaako okunyonyola mu ngeri endala okwewala obutategerekeka.
>
> Enkolagana wakati w'omusajja n'emukyala we ya kulusegere nnyo nti beegatta ne bafuuka ekintu kimu. Omusajja okwagala mukazi we kwe kweyagala. Tasaanidde kutwalibwa ng'omuddu, nga bwe kyali mu kiseera kya Pawulo. Alina okutwalibwa ng'omuntu ayongera ku musajja n'olwekyo ekitundu kye.[15]

Wali okonyeko ekigalo kyo ekisajja mu butanwa ng'okuba omusumali oba olugalo ne lu kwatibwa mu drawer? Wali okigenderede? Omukono ogwa kkono gwagezaako okusika enyondo okuva mu mukono ogwa ddyo n'ogugoba okwetooloola omubiri gwo mu kwagala okwesasuza? Nedda. Enyondo bwe yakoonna olugalo lwo, omubiri gwo gwonna gwakoleranga wamu n'obukkakkamu n'obwangu okugutereeza n'okuguwonya. Kino Katonda ky'atugamba okukolera bakyala baffe: tubayiise nga bwe tukola emibiri gyaffe. Sinsonga oba alina obusungu oba okunyiigide oba olowooza nti ye yeyeleetera embeera eno. Oyitibwa okulabirira mukazi wo mu ngeri ey'obukkakkamu n'okufaayo.

Mukyala wo bw'akubuulira engeri omuntu gy'amukosezza, oyinza okwagala okumusala ekirimi omugambe engeri y'okukitereezaamu. Naye ebiseera ebisinga aba yeetaaga kumuwuliriza kyokka, ate nga kizibu eri omusajja. Ayagala kwogera kiri ku mutima gwe kyokka era olina okuyiga engeri ey'okumuwuliriza, si ng'omusajja, si nga bw'oyagala, wabula engeri gy'ayagala. Mukyala wo wa njawulo era Katonda ayagala omumanye, munda n'ebweru, osobole okumulabirira n'okumuyisa ng'ekitundu ky'omubiri gwo. Kino kiwulikika nga ekyewuunyisa era kyetaagisa obugumiikiriza n'okufuba, naye kijja kuvaamu emiganyulo mingi singa mukyala wo awulira nti asobola okukwesiga okubulira nga bwawulira. *Kino kileeta obukuumi eri* omukazi.

## Okwekebera 2

Abasajja, Lowooza ku ngeri gy'obadde oyisaamu mukyala wo. Laba engeri bbiri z'omuyisaamu z'otoyinza kukola ku mubiri gwo. Olyoke ogende eri Mukama omusabe akukyuse.

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

**Ekyetaago Ky'omukwano Ekyabakyala Eky'Okutano**

**Omusajja Alina Okuliisa N'okutwala Mukazi We Nga Wa Muwendo.**

Katonda akozesa ebigambo *okuliisa* n'okusiima nga bw'atuyigiriza engeri y'okuyisaamu n'okwagala bakyala baffe. Agamba nti: "Kubanga tewali muntu eyali akyaye omubiri gwe yennyini, naye aguliisa agujjanjaba, era nga Kristo bw'ajjanjaba ekkanisa;" (Abeefeso 5:29). Kino kye kituufu ekyeyoleka kyoka—twerabirira.

Ebigambo bino bye bimu ku bikozesebwa okunnyonnyola enkola y'obulimi ey'okulabirira ekimera okusobola okukikuuma nga kirungi era nga kigimu. Ekigambo *omwami oba husband* mu Lungereza kiva mu kigambo *husbandman*, ekitegeeza omulimi. Abasajja, tusobola era twetaaga okuyiga engeri y'okukolamu kino. Ebyo bye tuyize ebikwata ku kwagala bakyala baffe nga Kristo bw'ayagala ekkanisa, okubeera bakabona b'amaka gaffe, n'okubatwala ng'ekitundu ku mibiri gyaffe zonna ngeri z'akubaliisa n'okubatwala nga ba muwendo.

Naye tegeera nti buli kimera kya njawulo era kya wukuna kubirala, nga mukyala wo bw'ali ow'enjawulo ku mukazi omulala. Ebimera ebimu byeetaaga amazzi mangi, ebimu byetaaga kwongeramu ebigimusa ate abirala byeetaaga kusalira. Kimera ki Katonda kye yakuwa? Tosobola kuyisa ekimuli ky’arosa ng'emmwaanyi.

Lowooza ku kimuli kya rosa, kirina langi ez'enjawulo n'akawoowo. Bilabika balungi nnyo. Naye waliwo ebika bingi eby'enjawulo ebyetaaga engeri ez'enjawulo ez'okusalira. Enfukirira y’amazzi esinga efaanagana kyokka ebika ebimu bitera okufuna obuwuka era byetaaga obudde obw'enjawulo okusobola okufuyiibwa. Buli kimuli kya rosa kirina obwetaavu obw'enjawulo okusobola okulabika obulungi nga bw'ekisobola. Obuvunaanyizibwa bwo, ng'omwami, kwe ku zuula enjawulo ya mukyala wo n'okuyiga *okumwagala n'okumulabirira*, okumusalira n'okumwongeraamu ebigimuusa n'okumufukirira mu ngeri eziyinza okumuviirako okukula obulungi.

## SIMA EBUZIBA

Laba ebiruubirirwa omwami by'alina okugoberera bwekikwata ku mukyala we.

> Bwe mutyo, abasajja, mubeerenga n'abakazi bammwe n'amagezi, nga mussangamu ekitiibwa omukazi ng'ekibya ekisinga obunafu, kubanga nabo basika bannammwe ab'ekisa eky'obulamu; okusaba kwammwe kulemenga okuziyizibwa. (1 Peteero 3:7)

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

### Engeri y'Okukuza n'Okusiima

Olunyiriri luno bwe lugamba nti omukyala "kibya ekinafu," tekyogera ku maanyi g'omubiri wabula amaanyi g'ennewulira oba omutima. Abakyala bitonde ebirina enneewulira era ekyo kirungi. Kibayamba mu kukuza abaana baabwe n'okubaleetera okutegeera n’okukwatibwaako obulungi embeera ezibeetoolodde. Abasajja abasinga beetaaga okuyiga engeri

y'okukozesaamu ekyo basobole okuyiga engeri y'okufaayo ennyo ku mukyala we, abaana baabwe n'abalala.

Jjukira nti omukyala ye mubeezi Katonda gwe yatuwa okutuyamba okututukiriza. Ekituufu kiri nti abakyala bangi singa baweebwa okwesalirawo, bandibadde baagala nnyo okubeera n'emanduuso gye banyiga okugiteekako oba okujigyaako bwe kituuka ku nneewulira yaabwe. Omwaami, lekera awo okulwanyisa ekiliwo nti mukyala wo alina enneewulira otandike okumumanyiira n'okumutegeera.

## SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola engeri Ekyawandiikibwa kino gye kikwata ku kukkiriza embeera ya mukazi wo.

> Mwagalanenga n'okwagala okw'ab'oluganda; nga musukirira mu kuwaŋŋana ekitiibwa. (Abaruumi 12:10)

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

Kakasa nti endowooza yo eri mu kifo kituufu. Mukyala wo ajja ku kimanya singa endowooza you teli naye. Saba Katonda obeere omwetegefu okubeerawo era awulirize. Kyusa enteekateeka zo bwe kiba kyetaagisa. Waayo ebiseera buli kiseera ku byetaago bya mukyala wo, era beera mwesigwa okumulabirira n'okumwagala ng'omulaga nti wamugaaso gy'oli.

Oboolyawo mukyala wo ayagala nnyo ennyumba okubeera ng'etukula, naye nga gwe okusula ebintu woba oyagadde si nsonga nkulu gyoli. Oyinza n'okulowooza nti ogwo mulimu gwe. Ekyo si kya kukuza n'okusiima mukazi wo bwe kiba nti Katonda yamukola mu ngeri ey'enjawulo. Kyuka ogendere ku kikula kya mukyala wo kubanga omutwala nga wa muwendo. Yonja wocaffuwaziza, era okakase nti n'abaana balongoosa ebintu byabwe.

Ofunna obudde okutereeza ebintu ebyetoolodde ennyumba yo mukyala wo by'asabye? Oba tobifaako? Oboolyawo waliwo sinki ey'amazzi ettonya oba ekimera ekyakala ekimaze emyaka ebiri nga kiri ku lubalaza. Ka kibe ki, ekiseera kyatuuka mukyala wo n'akusaba okukikoleko. Buli lw'otakifaako, awulira nti ddala ye gw'otafuddeeko. Olwooza nti okwo kuba kusiima n'okulabirira mukyala wo? Wabula mugambe akubulire ekiseera kyayagalamu omulimu guno okukolebwa. Oluvannyuma kakasa nti okikola mu budde. Era singa wabaawo ekintu ekitaataaganya, mubulire era okkirize enteekateeka empya. Kino kiraga mukyala wo nti mukulu nyo gyoli era wa muwendo nti era alabirirwa ng'ekitundu ku mubiri gwo kubanga by'ayagala biweebwa obudde ng'ebibyo.

## Okwekebera 3

Abaami, genda mu maaso ga Mukama omusabe akulage ebifo by'obadde tolabirira na kusiima mukazi wo. Biwandiike wano.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

## Enteekateeka y'Okukola 1

Abaami, wandiika olukalala lw'ebintu bina by'oyinza okukolera mukyala wo buli lunaku ebiyinza okumusiima oba okumulabirira. Oluvannyuma tuula ne mukyala wo omubuuze kyalowooza ebimukwatako ku buli kimu. Beera mwetegefu okufuna amagezi ge ku ebyo ebimuyamba, ne bitamuyamba okuwulira ng'afibwaako era ng'asiimibwa.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

Manya: *Ngenda kumulimu ku lulwe* si kituufu. Okola emirimu osobole okugabirira ab'omu maka go, era nga kino okusingira ddala okikolera Mukama.

> Naye omuntu yenna bw'atajjanjaba babe, n'okusinga ab'omu nnyumba ye, nga yeegaanyi okukkiriza, era nga ye mubi okusinga atakkiriza. (1 Timoseewo 5:8)

## Enteekateeka y'Okukola 2

Omwami, buuza mukyala wo ebintu bitaano ebisinga obukulu by'oyinza okumukolera ku nnyumba, era wandiika wammanga. Teekawo ekiseera eky'okubimaliriza n'okunywerera ku ekyo. Bwe wabaawo obuzibu, kakasa nti ebyo obitegeeza mukyala wo n'oteekawo olunaku olulala.

1. ______________________________________________________________________
2. ______________________________________________________________________
3. ______________________________________________________________________
4. ______________________________________________________________________
5. ______________________________________________________________________

# Essomo 9: Obukulembese Bw'amaka Mulimu Gwa Musajja.

Ekimu ku bintu ebitwalibwa mu kukulabirira n’okusiima mukyala wo kwe kukakasa nti tayisibwa bubi. Abaana bo balina okwogera naye n'okumuwa ekitiibwa ekisinga kubanga ye nnabakyala wo. Bwe bamunyooma, kikoleko mu bwangu. Mukyala wo wa njawulo. Manya kyali, olwo omulabirire n'okumutwala nga wa muwendo asobole okuwulira ng'ekitundu ky'omubiri gwo.

Ebyawandiikibwa bitugamba nti buvunaanyizibwa bwaffe okukakasa nti mu maka mulimu emirembe, nga kino kye kitundu ky'okulabirira amaka (1 Timoseewo 3:4–5). Kikulu nnyo abasajja okumanya engeri y'okukolamu kino, okulabirira bakyala baffe mu nsonga eno. Mu maka mangi, bamaama be bakulembera mu kutendeka abaana. Be bateekawo amateeka, okusalawo ku kukangavvula, be basinga okutereeza n'okukangavvula abaana. Abakyala bangi balowooza nti guno mulimu gwabwe era tebakilaba ng’okufuluma ebweru w’obukuumi bwa babbaabwe. Kyokka, abakyala abo oluvannyuma bajja kukyawa babbaabwe olw'ensonga eno.

### Teekawo Era Beera Kalabalaba w’Okukangavvula

Abasajja, kino kizibu kya maanyi mu maka g'Abakristaayo. Oboolyawo tewalina kyakulabirako kya bukulembeze bw'amusajja mu maka mwe wakulira. Oboolyawo mukyala wo alowooza nti oli mukambwe nnyo, era alina okukuuma abaana. Oboolyawo wakola ensobi mu myaka egyasooka n'asalawo okukyenyigiramu. Kiyinza n'okuleetawo obutakkaanya bungi wakati wo. Abasajja, bw’oba tokulembera bulungi ne mu kwagala mu nsonga eno, kikosa nnyo obufumbo bwammwe.

> Nammwe, bakitaabwe, temusunguwazanga baana bammwe, naye mubalerenga mu kukangavvulanga ne mu kubuuliriranga kwa Mukama waffe. (Abeefeso 6:4)

Weetegereze, kigamba nti "bataata," si bazadde oba bamaama. Ensonga eno etera okubuusibwa amaaso era ey'amaanyi gye tulina okufaako ng'Abakristaayo, ng'abaami n'abakyala. Katonda ayagala tukitegeere, tukikkirize, era tukikole. Kino kisomebwa mu bujjuvu mu muzingo 5, essomo 2. Bw'oba ng’oyagala okumanya ebisingawo ebikwata ku kukuza abaana, lowooza ku kukola pulogulaamu eyitibwa *Okukuza Abaana N’abwo Buwereza Mu Bitundu*, esobola okusangibwa ku FDM.world.

Amaka amagaate (nga abaana Bavva mu ba tata oba ba maama abenjawulo) galina okukola mu ngeri y'emu. Bw'olowooza nti olw'okuba si baana ba ntumbwe zo, osobola okulongoosa mu kilagiro kino n'ofuna enkola endala, tojja kufuna bumativu mu bufumbo bwammwe. Yee, waliwo ensonga endala ez'okulowoozaako, naye tekikyusa biragiro nti omwami, taata, alina obuvunaanyizibwa okuteekawo amateeka, okuba kalabalaba w’okukangavvula n'okukuuma emirembe mu maka. Yee, omukyala alina okuba mu nteekateeka z'amateeka n'engeri y'okukangavvulamu, naye oluvannyuma alina okwewaayo eri obuyinza bwa bba era bonna bagoberere enteekateeka y'okukangavvula gye baateekawo.

Bataata, Katonda atuwadde obuvunaanyizibwa obw'okutendeka abaana baffe mu by'omwoyo n'okubakangavvula. Abasajja Abakristaayo abasinga obungi tebaayigirizibwangako nti Katonda ye ya bawa obuvunaanyizibwa buno, era bangi obuvunaanyizibwa obwo babulekera bakazi baabwe. Ebimu ku bye kwaaso: "Mukyala wange ali kumpi n'abaana." "Abategeera." "Yalina obulamu bw'awaka obulungi." "Maama ye yakolanga okukangavvula mu maka gaffe." "Nnina eby'okukola bingi oba sirina bugumiikiriza oba okwekwasa obusungu." Naye Katonda takkiriza kwewozaako.

Katonda akuzzaamu amaanyi ng'ayitira mu Byawandiikibwa nti akuyise ku buvunaanyizibwa buno era ajja kukuwa bye weetaaga okukola obulungi. (Ekyamateeka 6:4-9. Abaefeso 6:4). Era mu nteekateeka eyo mwe muli ne mukyala wo. Alina amagezi, nga maama era omukazi, by'otolina. Ssaamu ekitibwa era okirize biteeso bye mu lugendo lwamwe. Ate abakyala, tovumanga oba totereezanga mwami wo mu maaso g'abaana oba okumufeebya mu ngeri yonna mu kyama. Obutakkaanya bwonna bulina okukolebwa mu kyama ng'abaana tebasobola kuwulira mboozi zammwe.

### Obujeemu Buleetawo Obutabanguko n'Okuzikiriza

Omukyala akola kinene mu kutendeka n'okukangavvula. Kyokka bw'akulembera obufumbo bukosebwa mu ngeri nnyingi. Omukyala bw'aba alwanirira ekifo ekyo, awulira ng'aweddemu amaanyi, nga talina bukuumi, ng'abimuyitirideko, era nga tatuukiriza buvunaanyizibwa bwe ng'omukyala era maama. Ebiseera ebisinga akomekkereza nga yeemulugunya ku baana be n'omwami we era oluvannyuma n'alemererwa okukakasa bba, ate nga kino kyetaago ky'omukwano eri omwami.

Abasajja, omukyala bw'aba tatukakasa, tukola ki? Tunoonya okukakasibwa ewalala. Tugenda ku mirimu gyaffe, eby'okwesanyusaamu, abantu, ebikolebwa ebyenjawulo, oba okwenyigira ennyo mu buweereza. Era abakyala bayinza okukola kye kimu nga bakola ekisukkiridde munda oba ebweru w'awaka, okugula ebintu, oba okunoonya eby'okwesanyusaamu nga tebali mu maka. Ng'omwami era taata, owulira ng'omntu ali mu kifo ekikyamu olw'okuba mukyala wo n'abaana balina obulamu ku bwabwe, nga ne mukyala wo amala ebiseera bye byonna n'ebirowoozo, ng'afuna obumativu okuva mw'ebyo?

Abakyala, singa obulamu bwo bubeera bwetololera ku baana n'ebyebakola, ate ng'omwami wo gw'osembya mu bisinga okuba obikulu, oba bw'oba okola ebintu olw'obusungu oba obutaba na bumativu mu bufumbo bwammwe, waliwo ekikyamu ennyo. Mwembi mulina okumala akaseera okutereeza ensonga eno, kubanga bwe mulemererwa mu nsonga eno kiyinza okwongera okuleeta obusungu n'obutali bumativu.

Obulumi bw'amaka agamenyese busobola okuwangaala obulamu bwonna singa tebukolebwako okusinzira ku Baibuli. Bataata balina okuwaayo obudde okuyiga okubeera omuzadde. Omuntu yenna eyasoma ku yunivasite oba eyamala essaawa ennyingi ng'akuguka mu muzannyo akimanyi nti okuyayana awamu n'okufuba byetaagisa okusobola okutuuka ku buwanguzi. Kitwala ebikumi n'ebikumi by'essaawa okuyiga okukuba okapiira ako akeru aka golf. Wetegese

kuwaayo essaawa mmeka okuyiga okubeera omuzadde Katonda gw'ayagala? Bino bye bintu ebisinga obukulu bye tujja okukola wano ku nsi.

Bangi ku ffe tulowooza nti abaana baffe bali bulungi bwe baba nga tebatya muntu yenna wadde okufuwa enjaga. Naye Katonda agamba nti bw'oba tokulembera, bw'oba tolabirira mukyala wo mu kitundu kino, tojja kufuna bujjuvu bw'ayagala gy'oli, era ekyo kijja kuggulawo oluggi olw'okukemebwa, oluggi olw'ebintu mu bulamu bwo Katonda by'atayagala kuggulawo. Kino kijja kukosa obusobozi bwo okutuukiriza ebyetaago bya mukyala wo eby'omukwano.

Abakyala bangi bakulembera abaana, okukwasisa empisa n'ebyo byonna, era bakooye. Mu kifo ky'okubeera maama omukuza Katonda gw'abayise okuba, beesanga nga bayomba, nga basomesa, era nga bakaayana n'abaana, nga bafuna obuzibu n'okulaga abaana omukwano naddala nga bavubuka. Bino byonna bukakafu obulaga nti amaka tegali mu nteekateeka kubanga omusajja takulembera oba omukyala tajja kwewaayo eri bukulembeze bwa bbaawe mu nsonga z'okukuza abaana.

Bamaama, sigamba nti temulina ku kyenyigiramu. Mazima ddala, mmwe abatumalaayo. Omusajja ow'amagezi anonya mukyala we ky'alowooza ku kuteekawo amateeka. Omusajja ow'amagezi afuna amagezi okuva eri mukyala we ku kukangavvula abaana. Anoonya endowooza gy'alina ku ngeri y'okukangavvula, era ajja kuwa mukyala we obuvunaanyizibwa bw'anaaba taliiwo okukikola. Okukolera awamu kikulu nnyo era Katonda ky'eyetaaga. Ate maama bw'aba nga akwasaganya abaana nga taata taliiwo, abaana bakimanyi nti obuyinza bw’akitabwe buli mabega wa buli kintu maama ky'ayogera ne ky'akola. Era bakimanyi nti ajja kukolelawo mu bwangu ku mbeera yonna ey’okumunyooma. Bw'atyo bw'awa mukazi we obukuumi ng'omukyala akwasaganya abaana.

## Okulabirira Mukyala Wo

Lowooza ku bintu bisatu ebikulu ng'oyiga okulabirira mukyala wo.

### 1. Kitwala Ekiseera.

Abasajja bangi baalina ebyokulabirako ebibi oba nga tebalina kyakulabirako awaka, n'olwekyo kitwala ekiseera okuyiga. Okulemererwa wakati mu kugezaako kye kimu ku bintu ebikuyamba okuyiga, era n'okusaba okusonyiyibwa, ekiraga mukyala wo nti oyagala okukyusa n'okuyiga okutegeera n'okulumirirwa abalala. Mukyala wo bw'anyiiga, n’atamubula n'agenda, n'agamba nti, "Totegeera," ekyo kyekikulaga nti waliwo obuzibu bwolina okutereza.

> Bwe mutyo, abasajja, mubeerenga n'abakazi bammwe n'amagezi, nga mussangamu ekitiibwa omukazi ng'ekibya ekisinga obunafu, kubanga nabo basika bannammwe ab'ekisa eky'obulamu; okusaba kwammwe kulemenga okuziyizibwa. (1 Peteero 3:7)

## SIMA EBUZIBA

Laba engeri bbiri z'oyinza okulaga munno endowooza ng'eyo.

> Kubanga tulina Kabona Asinga obukulu alumirwa wamu naffe mu bunafu bwaffe, eyakemebwa mu byonna nga ffe, so nga ye talina kibi. (Abebbulaniya 4:15)

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

### 2. Kyetaagisa Okuba Omwetegefu.

Abasajja, tulina okulaga obwetegefu n'okwagala okuyiga n'okukyusa. Genda gy'ali omugambe nti, "Nnyamba okutegeera kye nnali nsobola okukola ekisingako." Ate abakyala, temusuula nneewulira zammwe mu maaso ge. Abasajja beetaaga amazima n'ekitufu ky'ensonga. Beera mulambulukufu eri omusajja wo asobole okuyiga n'okukyusa.

## SIMA EBUZIBA

Weetegereze engeri ennono zino eza Baibuli bwe ziyinza okukuyamba okuba omwetegefu okukyusaamu. Waayo ekyokulabirako ku buli kimu.

> Omuntu yenna tanoonyanga bibye yekka, afengayo ne ku bya munne. (1 Abakkolinso 10:24)

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

> Buli muntu mu ffe asanyusenga munne mu bulungi olw'okuzimba. [3]Kubanga era
> ne Kristo teyeesanyusanga yekka; naye, nga bwe kyawandiikibwa, nti, "Ebivume
> byabwe abaakuvuma byagwa ku nze." (Abaruumi 15:2–3)

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

> Naye Yesu n'abayita bonna gy'ali, n'agamba nti, "Mumanyi ng'abafuzi
> b'amawanga babafuga, era abakulu baabwe babatwala n'amaanyi. [26]Naye
> tekiibenga bwe kityo mu mmwe; naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe
> anaabanga muweereza wammwe; [27]na buli ayagala okuba ow'olubereberye mu
> mmwe anaabanga muddu wammwe; [28]nga Omwana w'omuntu bw'atajja
> kuweerezebwa, wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe okuba ekinunulo
> eky'abangi." (Matayo 20:25–28)

___________________________________________________________________________

___________________________________________________________________________

___________________________________________________________________________

## Enteekateeka y'Okukola

Abasajja, wano we mutwalira obukulembeze. Mu kiseera ekitali kya bunkenke oba ekitali kya bulijjo—oboolyawo mutwaleko ebweru okulya ekyeggulo—mubuuze ekibuuzo kino nti, "Ngeri ki essatu ze nnemeddwa okukutegeera n'ebyetaago byo?" Olina okuba omwetegefu era ng'oyagala nnyo okufaayo okuwulira n'okutegeera. Saba naye nga tonnatandika kwogera. Wandiika by'oyize wansi.

___________________________________________________________________________

___________________________________________________________________________

___________________________________________________________________________

___________________________________________________________________________

___________________________________________________________________________

___________________________________________________________________________

**3. Kyetaagisa Okuwuliziganya.**

Abasajja, tulina okuwuliziganya, okwogera ku bintu bino. Kino kitegeeza nti tulina okuwuliriza era abakyala balina okuwuliziganya n'affe awatali kusala musango wadde okulumba. Tendereze Katonda singa omusajja wo agezaako okuyiga. Tokikozesanga ng'omukisa okumutemayo.

## SIMA EBUZIBA

Laba engeri ennono zino eza Baibuli bwe ziyinza okukuyamba okuwuliziganya mu ngeri ey'okutya Katonda.

> Buli kigambo ekivundu kireme okuvanga mu kamwa kammwe, naye ekirungi bwe kinaabangawo olw'okuzimba nga omuntu bwe yeetaaga, abawulira kibawenga ekisa. (Abeefeso 4:29)

___________________________________________________________________________

___________________________________________________________________________

___________________________________________________________________________

> Ebigambo byammwe bibeerenga n'ekisa ennaku zonna, nga binoga omunnyo, mulyoke mumanye bwe kibagwanidde okwanukulanga buli muntu yenna. (Abakkolosaayi 4:6)

___________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

Obusobozi bw'okuwuliziganya bujja oluvvanyuma lw'ekiseera era nga buli omu mwetegefu. Omwami, obukuumi bwa mukyala wo buva ku kumanya nti oyagala okumuyisa nga bweweyisa. Kino ajja kukiwulira ng'oyiga engeri y'okumulabiriramu mu ngeri ey'omugaso eyoleka okwagala n'obukkakkamu gy'ali. Mukyala wo bw'akulaba nga wewaayo eri Katonda, ng'okyusibwa, obujulizi buno bwe bujja okumuyamba okwewaayo eri obukulembeze bwo mu maka.

Bw'oba weetaaga obuyambi okumenya olujegere lw’ezimu ku nsonga zino, jjuza Ekyongerezedwako *G: Okumenya Olujegere.*

**Okwanukula Eri Okuyigganyizibwa Mu Ngeri Ya Baibuli**

Abakazi abamu, abaakosedwa abaami babwe, bataata, oba abasajja abalala mu bulamu bwabwe, bayinza okuba nga b’afuna obusungu. Bw'oba olina omukyala atakukkiriza kukulembera oba ayaanukula eri ebirowoozo byo ng'akuwaayiriza n'obusungu, maliriza *Ekyongerezedwako I: Enyanukula Ya Baibuli Ey’omwami eri Okuyigganyizibwa*.

# Essomo 10: Obukulembeze Obulungi Bwaluberera

Abasajja, temubulira mu pulojekiti zammwe n'eby'okwesanyusaamu oba nemutandika okweyisa nga mukyala wo ataliiwo. Katonda agamba nti kyetaagisa okutereeza, mu bwetoowaze, era kino kitegeeza okunywerera ku buvunaanyizibwa bwo okulabirira amaka go. Tobivvamu.

Abafumbo abamu bamaze ebbanga nga ebintu tebitambula bulungi naye ng’omusajja atya okukyogeroko kubanga omukyala aggyayo emmundu zombi n'atandika okukuba amasasi. Naye olina okweraba nga Katonda bwe yakulonda okussaawo n'okukuuma amaka go nga manywevu. Olina okutegeeza mukyala wo nti oyagala akuyambe n'okukola naawe ku nsonga emu oba endala. Nywerera ku birowoozo byo eby'okutereeza, era tokaayana, wabula beera mukkakkamu, ng’osobola okuyigiriza, okugumiikiriza n'okwetoowaza.

Oyinza okwogera ekintu nga kino. "Omwagalwa, kino tugenda kukikomya. Nkimanyi oyagala okuleeta buli nsonga mu kiseera kino naye ekyo kibuzaabuza ensonga. Sijja kugendayo. Tulina okukyusa. Era ndi mwetegefu okubeera omugumiikiriza. Njagala okusaba ku nsonga eno nfune eky'okukola." Bw'okola bw'otyo, mukyala wo ayinza okweyisa mu ngeri ey'obusungu, naye si ggwe asoose okukiyitamu. Abasajja bangi mu myaka egiyise batandika okukozesa enkola eno, era nekileeta entalo mu maka gaabwe. Abasajja abamu babadde balina okutambulamu ko olw'abakyala baabwe okubuubuuka bwe bagaana okukaayana. Yali takyazannyira ku mateeka gaabwe amakadde. Yali taleekana, yali teyeewozaako, era yali teyeeyisa mu ngeri ey'ekisa, na bwekityo, omukyala ne yeyingiza mu mbeera ey'obuswavu.

Abafumbo abamu bayita mu nkola eno emirundi mingi. Ebiseera ebisinga omukyala abeera akyusa amaaso ng'omwami akomyewo okuva ku lugendo lwe. Omukyala Yalina okukimanya nti ekizibu kye yalina kyali kya kulemesa nteekateeka ya Katonda. Mukyala wo bw'amala okutegeera ekibi kye, mugumiikiriza kubanga kiyinza okumubeerera ekizibu okwesiga Katonda naawe okukulembera amaka go.

Abasajja, tulina okugoberera Ekigambo kya Katonda, ne bwe tuba nga tuziyizibwa. Mukyala wo ayinza obutakimanya nti okuziyizibwa kwe n'obutassamu kitiibwa byonoona enkolagana yamwe, naye Katonda mwesigwa singa tuba bawulize era ne tubikola mu ngeri ye. Ate jjukira nti okulemererwa kusubirwa, naye tulina okwenenya ne tusaba okusonyibwa okuva eri Katonda n’eri bannaffe mu bufumbo ne tweyongera okutambulira mu kkubo ettuufu. Sitaani y'avunaana. Katonda ye muwolereza waffe.

## Okwekebera

Laba ebintu bibiri ebyetaaga okukyusibwa mu maka go okusobola okutuukana n'Ekigambo kya Katonda. Oluvannyuma genda eri Katonda omusabe akuwe omutima omutuufu n'ekiseera eky'okwogerako n’omwagalwawo.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

**Ekigambo Ekisembayo eri Abasajja**

Okutegeera Ekigambo kya Katonda, ebiragiro bye, si kizibu nnyo. Ekizibu kwe kwegaana omubiri gwaffe n'okwewaayo eri Omwoyo Gwe, olwo ne twetoowaza buli lwe tulemererwa nga tusaba okusonyiyibwa. Bw'oba oyagala okukakasa Katonda, ggwe kenyini, mukyala wo, n'abaana bo nti oyagala enkyukakyuka, olwo nno, mmalirira okwewalulanga ogende mu kifuba kya Katonda buli lunaku wegayirire ekisa kye n'okusasira kwe. Kitandira awo.

Mu muzingo 1, omusomo 2 ogw'okusoma kwaffe, twaggumiza obukulu bw'okuzimba omukwano ne Katonda nga tusigala mu maaso ge. Wano we tufuna amaanyi okugondera n'okutuukiriza by'ayagala. Tosobola kwagala mukazi wo n'okumulabirira n'okumusiima mu ngeri Katonda gy'ayagala mu maanyi go. Tekyali kigendererwa kya Katonda okugezaako okukikola ffekka. Katonda yatutonda tusobole okubeera awamu naye, okwagala kwe n'amaanyi ge bifukibwe mu ffe. Eyo y'ensonga lwaki Yesu yafa olw'ebibi byaffe ku musaalaba ogwo, okutukomyawo mu kussa ekimu ne Kitaffe. Bw'ofuna ekirabo kya Katonda eky'obulokozi mu Kristo, akutwala nga bw'oli, akutwala mu nnyumba ye ng'omwana we omwagalwa.

> ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe. Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. (2 Peteero 1:2–3)

Ng'omwana wa Katonda oli kitundu kya butonde bwe era oweredwa okukola nga bw'ayagala. Naye nga bwe tuyinza okubuusa amaaso n'okujeemera bazadde baffe ab'oku nsi, Katonda tatukaka kujja gy'ali wadde okukkiriza Ekigambo kye oba ky'ayagala. Olina okusalawo okutwala akaseera naye buli lunaku. Kiba kya busiru obutabuukira mukisa gw'okusaba Katonda w’ensi yonna okukuwa ekisa n'obusaasizi n'okukuyigiriza ebintu by'alina gy'oli. Katonda si mulimba, era ebisuubizo bye byonna biri *Wewawo* mu Yesu Kristo.

> Kale Omugezi aluwa? Omuwandiisi aluwa? Omuwakanyi ow'omulembe guno aluwa? Katonda teyafuula amagezi ag'ensi eno okuba obusirusiru? (2 Abakkolinso 1:20)

Katonda agamba mu Kigambo kye nti obufumbo, enkolagana wakati wo ne mukyala wo, kwe kulaga enkolagana ya Kristo n'ekkanisa ye. Okuleeta ekitiibwa ekyo eri Katonda okuyitira mu

bufumbo tekiyinza kubaawo nga tweyisa mu butamanya n'okwerowoozaako. Bw'okola obweyamo okugoberera ebiragiro bye, okwagala okumusanyusa okusinga ggwe kennyini, n'okugumira ebizibu n'okulemererwa, ojja kufuna okutuukirizibwa kw'obadde tosuubira nti kusoboka. Ajja kukuwa empeera mu buwulize bwo gy'ali.

> Era awatali kukkiriza tekiyinzika kusanyusa Katonda, kubanga buli ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nga Katonda waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya. (Abebbulaniya 11:6)

Mu kifo ky'okusaba Katonda buli kiseera okukyusa munno mu bufumbo, musabe *akukyuse*. Omutonzi waffe Katonda yatuwa ekkubo. Kye tulina okukola kwe kuyingira. Ayagala nnyo okutuwa omukisa.

### Essaala ey'Okwewaayo

> *Webale, Ai Katonda, nti tewatusaba kukola bintu bino mu buyinza bwaffe ne mu maanyi gaffe. Naye olw'ekisa kyo, olw'ebisuubizo byo eby'ekitalo, era tusaba okole omulimu ogw'amaanyi mu mitima gyaffe. Mukama, bwe tuba nga tubadde tubuusabuusa kye tuli mu ggwe, bwe tuba nga tweraba mu ngeri gye twalimu mu biseera byaffe eby'emabega, n'ebyo byetuyiisemu, ensobi zaffe ez'emabega, tusaba okunaaza ebirowoozo byaffe n'amazima go n'ebisuubizo byo.*
>
> *Katonda, tulina okukwesiga nti tuli baana bo era nti otusobozesa okukola byonna nga bw'oyagala. Ayi Mukama, watuyita, watufukako amafuta, era olituyigiriza. Tuwe okwagala okuwaayo ebiseera okuyiga engeri ey'okubeera omwami/taata ow'amaanyi n'omukyala/maama mu maka gaffe. Mukama, nsaba otuzukuse munda muffe. Tuyambe okulaba obukulu bw'ekintu kino mu bulamu bwaffe. Nsaba weyongere okuleeta okuwona, okusonyiwa n'okutabagana. Katonda, omutima gwaffe gwagala ogulumizibwe mu bulamu bwaffe. Tukwebaza, tukutendereza, era tusaba ebintu bino mu linnya lya Yesu. Amiina*

### Eby'Okwongera Okussa Mu Nkola

Okukuyamba okussa mu nkola by'oyize, jjuza Ekyongezedwako *K: Ebyetaago by'omukyala* ne Ekyongezedwako *L: Obwetaavu bw'omukwano*.

Bw'oba weetaaga obuyambi okumanya ebigo ebikulemesa okukola Katonda by'ayagala mu bufumbo bwo, jjuza Ekyongerezedwako *M: Ebintu Ebitera Okwesittaza*.

# Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa

Ebyongerezedwako bino baamu ng'ebikozesebwa ebirala. Zisangibwa mu mizingo gyonna etaano, naye si byonna ebigattibwako bye biba mu buli muzingo. Bw'oba oyagala okwetegereza ekyongerezeddwaako ekigere, funa we kiri mu lukalala luno wammanga.


Ekyongerezeddwako A: Ebbaluwa ey'Okwewaayo — Omuzingo 1

Ekyongerezeddwako B: Okuwaayo Obulamu Bwo eri Kristo — Omuzingo 1

Ekyongerezeddwako C: Okukulaakulanya Enkolagana Ey'oku Lusegere Ne Katonda Buli Lunaku — Omuzingo 1

Ekyongerezeddwako D: Ebitabo Ebisembwa — Omuzingo 1

Ekyongerezeddwako E: Okwekenenya Okuwuliriza Okulungi — Omuzingo 2

Ekyongerezeddwako F: Okulongoosa Empuliziganya Yo ey'Okwagala — Omuzingo 2

Ekyongerezeddwako G: Okumenya olujegere — Omuzingo 2 & 3

Ekyongerezeddwako H: Ebyetaago by'omwami — Omuzingo 3

Ekyongerezeddwako I: Engeri ya Baibuli Omwami gy'Ayanukulamu Eri Okuziyizibwa — Omuzingo 3

Ekyongerezeddwako J: Engeri yebyawandikibwa omwami gyatukuzamu mukyala we. — Omuzingo 3

Ekyongerezeddwako K: Ebyetaago by'Omukyala — Omuzingo 3

Ekyongerezeddwako L: Ebyetaago by'Omukwano — Omuzingo 3

Ekyongerezeddwako M: Ebintu Ebitera Okwesittaza — Omuzingo 3-5

Ekyongerezeddwako N: Akaboozi Mu Bufumbo Eri Abasajja — Omuzingo 4

Ekyongerezeddwako O: Akaboozi Mu Bufumbo Eri Abakyala — Omuzingo 4

Ekyongerezeddwako P: Obwesige n'Okusonyiwa — Omuzingo 2-5

Ekyongerezeddwako Q: Okwekebeera mu bufumbo — Omuzingo 5

Ekyongerezeddwako R: Enkuluze — Omuzingo 1-5

# Ekyongerezedwako G: Okumenya Olujegere

Okwegezamu kuno kujja kukuyamba okwaŋŋanga ebintu ebyetaaga okukyusibwa n'okuggyawo omuze gw'ekibi. Ekisa kya Katonda kimala. Obuzibu bwe bwetegeefu bwaffe.

**Omutendera 1**

Buli kiro, beerako wekka ne Mukama waffe. Musabe agonze omutima gwo era ayogere naawe ku ebyo bye wandikoze mu ngeri ey'enjawulo mu kukubaganya ebirowoozo, okuyomba, oba embeera ne munno mu lunaku olwo. Wandiika ebyo by'ozudde mu katabo.

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

> Mwekebere mwekka oba nga muli mu kukkiriza; mwekeme mwekka. Oba temutegeera mwekka nga Yesu Kristo ali mu mmwe? Mpozzi ng'ekigezo ekyo kibalemye! (2 Abakkolinso 13:5)

**Okufumiitiriza**

Waliwo ekintu kye nnali nsobola okwogera oba okukola ekyandigulumiza Katonda oba okuziyiza embeera okufuuka enkaayana?

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________

**Omutendera 2**

Bw'oba osoma ennyiriri zino, saba Mukama akutegeeze we wetaaga okulongoomu.

> Okwagala kugumiikiriza era kulina ekisa; okwagala tekuba na buggya; okwagala tekwekulumbaza, tekwegulumiza, [5]tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga mangu era tekusiba kibi ku mwoyo; [6]tekusanyukira bitali bya butuukirivu, naye kusanyukira wamu n'amazima; [7]kugumira byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna, kugumiikiriza byonna. [8]Okwagala tekuggwaawo emirembe gyonna: naye oba bunnabbi, bulivaawo; oba ennimi, zirikoma; oba okutegeera, kulivaawo. (1 Abakkolinso 13:4–8)

**Okufumiitiriza 1: Wali togumiikiriza? *Okugumikkiriza byonna* nti wakozesa ebibala by'Omwoyo.**

> Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza. (Abaggalatiya 5:22)

Omubiri gwo gwagezaako okunoonya obwenkanya olw'ensobi oba olutalo olw'okufuna ekyo ky'oyagala? Nnyonnyola.

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

**Okufumiitiriza 2: Wali tolina kisa? Eky'enjawulo y'ekisa bwe butaba n'akisa.**

> Mwagalanenga n'okwagala okw'ab'oluganda; nga musukirira mu kuwaŋŋana ekitiibwa. (Abaruumi 12:10)

Watulugunya munno? Wanyiiga, wayimusa eddoboozi lyo, oba wayogera ebintu ebiluma? Wamusalira omusango oba tewafaayo, oba olina obukyayi ku munno? Nnyonnyola.

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

____________________________________________________________________________

**Okufumiitiriza 3: Obuggya kye kyaviirako Engeri Gye Wayanukulamu eri Omwagalwa wo?**

> Tutambulenga nga tuwoomye nga abali mu musana, si mu binyumu ne mu mbaga ez'okutamiiranga, si mu bwenzi n'obukaba, si mu kuyombanga n'obuggya. 14Naye mwambale Mukama waffe Yesu Kristo, so temutegekeranga mubiri, olw'okwegomba. (Abaruumi 13:13–14 NASB)

Ddamu ekibuuzo.

____________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

**Okufumiitiriza 4: Wali wa malala oba wekuluntaza? Wanyooma munno mu bufumbo oba n'omuleteera okuwulira nti si wa mugaso?**

> Bwe mutyo, abavubuka, mugonderenga abakadde. Era mwenna mwesibenga obuwombeefu, okuweerezagananga mwekka na mwekka, kubanga Katonda aziyiza ab'amalala, naye abawombeefu abawa ekisa." (1 Peteero 5:5)

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

**Okufumiitiriza 5: Wali mukambwe oba weeyisa bubi?**

> Buli kigambo ekivundu kireme okuvanga mu kamwa kammwe, naye ekirungi bwe kinaabangawo olw'okuzimba nga omuntu bwe yeetaaga, abawulira kibawenga ekisa. (Abeefeso 4:29)

Waswaza munno mu bufumbo oba okwogera ebintu ebibi mu maaso g'omuntu omulala? Wali mukambwe, oba wali okoze ekintu kye bakugaana okukola? Nnyonnyola.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

**Okufumiitiriza 6: Weerowoozaako wekka ate nga tolowooza ku ndowooza ya munno? Wawolereza ekilowozo kyo oba okwewolereza?**

> Temukolanga kintu kyonna lwa kweyagaliza mwekka, oba mu bukuusa, wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yeegulumiza yekka. (Abafiripi 2:3)

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

**Okufumiitiriza 7: Wali oterese ebirowoozo ebibi eri munno okumala eddakiika, essaawa, oba ennaku ng'embeera eno tennabaawo? Katonda atugambye tuleme kutereka ku birowoozo bibi, wabula tusonyiwe.**

> Tusaanyaawo empaka na buli kintu ekigulumivu ekikulumbazibwa okulwana n'okutegeera kwa Katonda, era nga tujeemulula buli kirowoozo okugondera Kristo. (2 Abakkolinso 10:5)

Olina okukkiriza obuvunaanyizibwa obw'okuleka endowoozayo okubeera n'ebirowoozo ebibi eri munno. Katonda atumanyi. Alaba ebibi byaffe eby'emabega, ebiriwo kati, n'ebinaabaawo mu biseera eby'omu maaso, naye ebirowoozo bye ku ffe birungi byokka (Zabbuli 139:17–8). Tuyinza tutya okuwolereza ebirowoozo ebibi eri abagalwa baffe? Bwe kiba nti kino kye kizibu kyo, ndowooza ki z'olina okuleka, okwatula, n'okulekeera Mukama? Manya ebifo oba ensibuko y'ebintu ebikuleetera okunyiiga n'obusungu.

Ddamu n'ogattako okusaba okusaba Katonda okukyusa omutima gwo.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

**Okufumiitiriza 8: Obadde okkiriza okuggwaamu amaanyi n'obutaba na ssuubi eri obufumbo bwammwe?**

> n'okusuubira tekukwasa nsonyi, kubanga okwagala kwa Katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe, mu Mwoyo Omutukuvu gwe twaweebwa. (Abaruumi 5:5)
>
> Kubanga mmanyi ebirowoozo bye ndowooza gye muli, bw'ayogera Mukama, ebirowoozo eby'emirembe so si bya bubi, okubawa eby'omu maaso ne suubi. (Yeremiya 29:11)

Wali obuusabuusa Katonda n'amaanyi ge ag'ekitalo okusobola okukutasa? Okwagala "kusuubira ebintu byonna," so si kubuusabuusa byonna. Bw'obuusabuusa Katonda, ng'oteeka essira ku bizibu ebyayita oba ebiriwo kati so si ku Katonda ow'amaanyi gonna, ojja kuggwaamu amaanyi era okilage munno mu bufumbo. Mu ngeri ki gy'obadde obuusabuusamu Katonda ku bikwata ku bufumbo bwo?

Nnyonnyola era okkiriza okubuusabuusa amaanyi ga Katonda n'obulungi bwe gy'oli. Wandiika essaala ng'osaba obuyambi okumwesiga mu bufumbo bwo.

________________________________________________________________________
________________________________________________________________________
________________________________________________________________________
________________________________________________________________________

________________________________________________________________________
________________________________________________________________________
________________________________________________________________________
________________________________________________________________________
________________________________________________________________________
________________________________________________________________________
________________________________________________________________________

### Omutendera 3

Saba Katonda akusonyiwe.

### Omutendera 4

Saba Katonda akuwe obwetoowaze n'amaanyi, era omusabe akuwe ekiseera ekisingayo obulungi okutuula ne munno mu bufumbo, okkirize ensobi zo, n'okumusaba akusonyiwe. Musabire wamu, nga musaba Katonda abawe amaanyi okusobola okuggyawo emize emibi egikoleddwa okumala ebbanga.

Okutegeera engeri y'okutuukirizaamu buli omu ebyetaago bya munne eby'omukwano ng'omwami n'omukyala kitwala obudde n'empuliziganya ey'okwagala. Era kyetaagisa omutima ogwagala okuyiga n'okukyusa.

Okkiriza? __ Yee ___ Nedda

Omalirizza okuyiga? __ Yee ___ Nedda

Wandiika essaala yo okukyusa n'okwewayo okusaba Katonda buli lunaku okumenya emize gino emibi.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

# Ekyongerezedwako H: Ebyetaago by’Omwami

Abafumbo bwe baba ab'okutuuka ku buwanguzi mu kuzimba obufumbo obulungi, balina okuyiga okukola ku byetaago bya bannaabwe eby'omukwano. Ebiwandiiko bino bikulu nnyo mu kukozesa ebyo by'oyize mu bitabo eby’okujjuzamu. Sooka osome ebiragiro, ojjuzemu amabanga ganno wammanga, oluvannyuma weekenneenye ne mukyala wo.

## Eky’okujjuzamu 1: Omwami, Owulira ng'akakasidwa mukyala wo?

Akatabo kano kajja kuyamba abaami okumanya ebyetaago by'omukwano Katonda by'abawadde n'okuwa abakyala okulungamizibwa. Omusajja asobola okwogera ku buli kitundu ky'omukwano era n'alaga mukyala we engeri gy'ayinza okutuukirizaamu ebyetaago bye. Okumaliriza ekiwandiiko kino kiyinza okuleetera omusajja okuddamu okutegeera ensonga lwaki ayinza okuba ng’atanyumirwa mukwano ne mukyala we.

Emirundi mingi, omusajja bw'atakakasibwa mu nsonga ezimu, omubiri gwe oba Omulabe bileeta obuzibu, n'anoonya okubudaabudibwa awalala wonna. Abasajja bangi olw'ekizibu kino tebewaayo eri obufumbo n’eri amaka. Kino kiyinza okuvvamu obutatukiriza byetaago by’omukyala eby’omukwano. Kino kiyinza okufuuka ekizibu eky'amaanyi singa tekyolekerwa Kigambo n'amaanyi ga Katonda.

Togabagana birowoozo by’omukatabo kano n’emukyala wo okutuusa ng'ebiwandiiko byombi biwedde.

## Eky’okujjuzamu 2: Amagezi amalungi, agakozesebwa, agataliiko kusala Musango eri mukyala wo

Mu mbeera ey'essaala wandiika ku magezi mukyala wo g'ayinza okugoberera okusobola okukuyamba okukakasa mu mbeera ezitali zimu. Kikulu obutamujjuza mu kusooka na buli kitundu ekitatuukiridde. Waayo ekiteeso kimu oba bibiri ku buli kitundu ky'ogambye nti kiri 4 oba okudda wansi.

Abasajja abamu bayinza okufuna obuzibu okumaliriza katabo kano ak’okujjuzamu. Naye tolekera awo kujjuzamu. Saba Katonda akuwe amagezi. Beera mulambulukufu so si kutwalira wamu. Kola ebiteeso nga byangu okubissa mu nkola ate nga si bya kusalira munno musango mukyalawo bireme kumumalamu manyi. Funa obuyambi obulala okuva eri omukulembeze w'ekkanisa, omusomesa w'obufumbo oba omusumba wo bwe kiba kyetaagisa.

## Ebiteeso ebilala

Bw'omaliriza okujjuza obutabo bwombi, oli mwetegefu okukubaganya ebirowoozo ne mukyala wo ku nsonga ezo.

- Kakasa nti mukyala wo alina engeri gy'ayinza okuwandiikamu n'okujjukira ebyo by'oddamu ku biteeso byo ebilambulukufu, ebisoboka, ebitagenderedwamu kusala musango.
- Funa ekifo eky'ekyama n'ekiseera mwembi mwe muyinza okukubaganya ebirowoozo ku biteeso wakiri bibiri ku buli kitundu okuva ku mpapula z'okujjuzamu 1 ne 2 mwowerede mukyala 4 oba okuka wansi.
- Yogera ku bintu ebyo ebyetaaga okulongoosamu mu ngeri eweesa Kristo ekitiibwa. Noonya obuyambi singa ebintu biba bizibu naye tolekera awo kukola kwegezamu kuno.
- Tandika okukubaganya ebirowoozo bino mu kusaba, ng'osaba Katonda akuwe ekisa n'obukkakkamu mu kwogera, omutima oguwuliriza, n'obukuumi okuva ku bulumbaganyi bw'Omulabe n'okugezaako kwe okuziyiza obuwulize eri Kristo.
- Weewale ekikemo kyonna eky'okwewozaako oba okunyiiga.
- Saba mukyala wo addeemu okwogera by'akuwulira ng’oyogera nga tannawandiika, n'okuwandika mu ngeri enambulukufu era etegerekeka.

**Jjukira**

- Katonda awa omukisa obugonvu gyali.
- Okukola n’omalako enb’okujjuzamu byona ye ntandikwa y'enkolagana ennungi ennyo ne munno mu Kristo.
- Okukyusibwa kwaffe kubaawo nga tusigala mu ye. Okwewaayo buli lunaku n'obuwulize eri Ekigambo Kye, nga mw'otwalidde okwatuula n'okwenenya ensobi zaffe, bikulu nnyo mu nkola eno.
- Okusobola okulaba Yesu ng'akola ebyamagero, abayigirizwa baalina okumugoberera.

Kozesa empuliziganya ey'okwagala, okusonyiwagana okwa Baibuli, n'okutabagana—ebikozesebwa Katonda by'akozesa okumenya obukalubo bw'emitima gyaffe kisobozese Ekigambo kye n'ekisa kye okuba n'enkizo gy'ayagala. Katonda aliwangula singa tujja gy'ali, ne tumuwulira, ne tugondera ebiragiro bye.

# eky'Okujjuzamu 1, Omwami: Okwekebera

Kozesa akatabo kano okulaga engeri mukyala wo gy'akukakasaamu. Kino si kiseera kya kwesasuza wabula okutandika okuleeta okutegeera, okuwonya n'okukyusa mu bintu bino. Juuza ebifo bino mu mbeera ey'okusaba.

Laba *Ekyongerezedwako P: Obwesige n'okusonyiwa* bwe kiba kyetaagisa.

**Abasajja, mukyala wo akukakasa mu bintu bino?**

Buli kitundu wansi kiwe nnamba wakati wa 0 okutuuka ku 5. (0 = Tekikakasa n'akatono; 5 = Kikakasa nnyo)

**Eby'Omwoyo**

Okugenda mu kkanisa ___________ Okusabira awamu ___________
Okusaba n'abaana ___________ Okuyiga Baibuli n'abaana ___________
Okwogera ku bivude mu kwewaayo ___________ Okukkiriza obukulembeze bwo ___________

**Empuliziganya**

Okufaayo ku mikolo gy'olunaku lwo mu ofiisi oba ku mulimu ___________
Osobola okwogera mu bwesimbu ku ngeri gy'owuliramu ku nsonga zonna ___________
Okwogera ku ssente ___________
Bulijjo ayogera mu ngeri ey'okwagala ___________
Buli lunaku abeerawo okwogera ___________
Mbeera mu mbeera nnungi okumubuulirako ebyetaago oba enneewulira ey'omunda ___________
Mpulira emirembe okuseka oba okukaaba naye ___________
Bulijjo ayogera naawe mu ngeri ey'ekitiibwa ___________
Bulijjo akwogera mu ngeri ey'ekitibwa mu eri abalala ___________
Agamba emirundi mingi nti akwagala ___________

**Okutuukirizibwa kw'Omubiri**
Okwegatta obutayosa ___________
Osobola okugabana naye bw'oba oyagala okumatizibwa mu by'omukwano ___________

**Okwekwaatako Okutali Kw'akwegaata**
Okwenyweza ___________
Okukwata emikono ___________
Okumassaginga ___________
Okunywegera ___________
Okugwa mukifuba ___________

**Okuzaaza Abaana**
Mwetegefu okwesiga ebyo by'osazeewo mu kukangavvula __________
Akuwagira ng'okangavvula abaana __________
Awagira Amateeka agaateekebwawo __________
Bulijjo akwogerako mu ngeri ey'ekitiibwa maaso g'abaana __________

Otuuse wakati. Tokubaganya birowoozo na mukyala wo ku byojjuzamu okutuusa ng'omaze okumaliriza ekiwandiiko ekiddako.

# eky'Okujjuzamu 2, Omwami: *Enteekateeka y'okukola*

Kino kikuyamba okubuulira mukyala wo by'oyagala awatali kumulumba wadde okumuvumirira era n'okumuwa ebiteeso ebilungi by'asobola okulongoosaamu. Ebivaamu gwe musingi ogutegekeddwa obulungi ogw'okuwuliziganya mu ngeri ey'okwagala, awatali kuteekawo mbeera bukyayi oba ey'okuvumirira, awamu n'okulungamizibwa okulungi.

Obwetaavu bw'abasajja n'abakazi bwa njawulo ng'ekitundu ku ntegeeka ya Katonda. Era balaba obulamu mu ngeri ez'enjawulo, n'olwekyo tuteekwa okumanyisa bannaffe ku byetaago byaffe. Ebirowoozo byo biteekwa okuba nga bituukiridde nga bwe kisoboka, nga birina ebinnyonnyola eby'enjawulo n'okuzzaamu amaanyi, naye era nga bimpi nga bwe kisoboka. Lowooza ku ngeri ebirowoozo byo gye biyinza okuwulikika ng'omuntu omulala y'abyogera. Tewekiriranya, wabula beera bakkakkamu era afaayo.

Waayo ebiteeso mukyala wo okulongoosa mu nsonga ze wassaako obubonero 4 oba okukka wansi ku mpapula z'okujjuzamu 1. Ng'ekyokulabirako, bw'oba olina *omutindo gw'okwegatta obutayosa* nga guli ku nnamba 3, oyinza okusaba mukyala wo okubeera n'endowooza ey'okukolagana obulungi wiiki yonna, n'aba nga oluusi y'atandikiriza embeera y'okwegatta emirundi mitono buli mwezi, oba okwegatta emirundi ebiri n'okusingawo buli wiiki.

**Eby'Omwoyo**

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

**Empuliziganya**

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

________________________________________________________________________________

## Okwegaata

## Okwekwataako Okutali Kwa kw'ekwegatta

## Okukuza Abaana

# Ebyokulabirako by'ekyokujjuzamu 2, omwami

Bino wammanga bye byokulabirako by'ebiteeso ebilambulukufu, ebisoboka, bitali bya kusala Musango, eby'okutukiriza ebyetaago byo eby'omukwano. Wekenneenya *Ekyongerezedwako L: Omukwano Gwetaaga* okufuna endowooza entuufu n'omutima nga tukubaganya ebirowoozo ku byetaago bino eby'omukwano.

## Eby'Omwoyo

### Omusajja yawa mukazi obubonero 2 *olw'okukkiriza obukulembeze bwe*.

Tuyinza tutya okukolera awamu okukuyamba okukkiriza obukulembeze bwange nga tukola ku nsonga z'eby'omwoyo n'abaana? Onookkiriza okwogera ku nsonga ezo n'abaana nga tonnayogera kintu kyonna, ate bwe tubeera ffekka, tuyinza okukubaganya ebirowoozo ku mbeera eno nsobole okuwulira ebilowoozo byo n'amagezi go agakwata ku ngeri gye nnabikutemu.

## Empuliziganya

### Omwami Yawa Mukyala we obubonero 2 *okukubaganya ebirowoozo ku ssente...*

Nkimanyi nti okukubaganya ebirowoozo ku ssente si kyangu gye tuli, kati olwo tuyinza tutya okwogera ku nsonga eyo? Oboolyawo tuyinza okuteekateeka ekiseera eky'okuvvawo okumala essaawa ntonotono nga tetujja kutaataaganyizibwa. Mu ngeri eyo tusobola okusaba n'okwogera ku nsonga eyo mu bujjuvu. Ka tweyama okulaba nga bajeti y'ebyensimbi ewandiikibwa ku nkomerero y'omwezi.

### Omwami yawa mukyala we akabonero 1 kubanga *bulijjo ayogera mu kitiibwa gy'oli*.

Nkimanyi nti sibadde kyakulabirako kirungi nga bwe tubadde tuyiga. Ddala nneetaaga okukakasibwa kwo; kijja kunnyamba okukola ku nkyukakyuka ezeetaagisa. Tuyinza okukkiriza nti tujja kukikubaganyaako ebirowoozo bwe twogera oba ne tukola ekintu ekitakakasa oba ekirumya? Buli omu bw'akilaba, tujja kuba baggule okuwulira n'okuyiga okuva eri buli omu tuyinze okwogera oba okukola mu ngeri ey'enjawulo. Ate era, tuyinza okuwaayo akaseera okwogera ku ngeri gye tuwuliziganyamu ne wakati waffe era ne tusaba buli omu okusonyiwa munne? Ka tukolere wamu okuleeta enkyukakyuka.

## Okwegaata

### Omwami yawa mukyala we obubonero 2 ku *by'okwegatta obutayosa*.

Njagala tukkiriziganye ku mirundi gye tun'egattanga buli wiiki. Njagala nnyo obuwagizi bwo n'okukakasibwa mu nsoga eno.

### Omwami yawa mukyala we obubonero 2 ku lw'*Okusobola okugabana obwagaazi bw'okwegaata mubiri*.

Tusobola okwogera mu lujjudde ku byetaago bya buli omu eby'okwegatta n'okutuukirizibwa? Oboolyawo tuyinza okuteekawo obudde ku wiikendi okwogera ku nsonga eno.

**Okwekwataako Okutali Kwa kw'ekwegatta**

**Omwami yawa mukyala we akabonero 1 lwa *kwenyweza n'okwegwa mukifuba...***

Nkyagala nyo singa tutuula wamu, ne twenyweza, ne tukwatagana mu ngalo nga tutambula ne tulaga bannaffe nti twagalana.

**Omwami yawa mukyala we akabonero 2 lwa *kunywegera...***

Era kyandibadde kirungi singa oywegera nga nkomyewo awaka oba ng'ogenda. Kino kinnyamba okuwulira nti nkakasidwa.

**Okuzaaza Abaana**

**Omwami yawa mukyala we obubonero 2 *olw'Okuba omwetegefu okwesiga by'osazeewo mu kukangavvula*.**

Nkusaba ogoberere obukulembeze bwange mu kukangavvula abaana? Nneetaaga obuwagizi bwo n'okukakasibwa nga nkangavvula abaana, era kyandibadde kigumya nnyo abaana nange singa okola kino.

**Omwami yawa mukyala we akabonero 1 *olw'okuwagira amateeka agateekebwawo*.**

Osobola okuwagira n'okugoberera amateeka ge twateekawo? Bw'oba tokkiriziganya na tteeka oluvannyuma lw'okukubaganya ebirowoozo, ka tukyogereko. Bw'onnyamba mu nsonga eno, obeera okakasa obukulembeze bwange era kinnyamba okubeera taata omulungi.

**Omwami yawa mukyala we obubonero 2 kubanga *bulijjo amwogerako mu ngeri ey'ekittibwa mu maaso g'abaana*.**

Oluusi oyogera bubi ku nze oba gyendi ng'abaana balaba. Olowooza tuyinza okugenda mu kisenge kyaffe ne tukubaganya ebirowoozo ku bintu ebyo byendabika okuba nga nkoze bubi mu kifo ky'okukikola mu maaso g'abaana?

# Ekyongerezedwako I: Engeri ya Baibuli Omwami gy'Ayanukulamu Eri Okuziyizibwa

Bw'oba weetaaga okubulira munno ensonga enzibu, sooka weekenneenye ebiragiro bino okusobola okukwata okuziyizibwa mu ngeri ya Baibuli.

Katonda atukubiriza okukola 2 Timoseewo.

> Naye okwegomba okw'omu buvubuka okwewalanga, naye ogobereranga obutuukirivu, okukkiriza, okwagala, emirembe, awamu n'abo abasaba Mukama waffe mu mwoyo omulongoofu. [23]Naye empaka ez'obusirusiru era ez'obutayigirizibwa ozirekanga, ng'omanyi nga zizaala okulwana. [24]Naye omuddu wa Mukama waffe tekimugwanira kulwananga, wabula okubeeranga omukkakkamu eri bonna, omuyigiriza, omugumiikiriza, [25]abuulirira n'obuwombeefu abawakanyi, mpozzi oba nga Katonda alibawa okwenenya olw'okutegeerera ddala amazima, [26]era balyoke badduke okuva mu mutego gwa Setaani, oyo eyabanyaga okukolanga by'ayagala. (2 Timoseewo 2:24–26)

Ekitundu kino kiwa ensonga mukaaga okutuuka ku buwanguzi.

1. **"tekimugwanira kulwananga" (Olunyiriri 24).** Tokaayana wadde okwewozaako. Mize ki emibi gy'ofunye? Okwogera ku bunafu bwa munno mu bufumbo, okwogera ku maanyi go, oba okubayita abatabufu be mitwe tekijja kukola. Kyetaagisa abantu babiri okukaayana naye omu yekka y'alina okukikomya.
2. **"okubeeranga omukkakkamu" (Olunyiriri 24).** Kino kitegeeza obutaba mukambwe, mukodo, oba okuvuma, omuli ebikolwa by'omubiri n'amaloboozi aganyiiza, okuyiisa, n'okussa ekikowe.
3. **"omuyigiriza" (Olunyiriri 24).** Weewale okubissaamu feeling. Gezaako okutegeera obulungi ensonga. Jjawo obusungu ng'onnyonnyola mu bukkakkamu bw'olowooza mbeera okuba, okuddamu okwogera ky'olowooza nti munno ky'ayogedde, n'okubuuza ebibuuzo.
4. **"omugumiikiriza" (Olunyiriri 24).** Eno y'emu ku ngeri y'okwagala. Waliwo lw'owulira nti Katonda ategeera munno gw'otubidde naye? Soma ekitabo kya Yobu mu Ndagaano Enkadde. Embeera yo nnungi okusingaako. Bw'osoma ebigambo ebyo, okiraba nti Yobu ne mukyala we tebaalina nkolagana nnungi. Ate era lowooza ku kugezesebwa okwali ku Yobu. Kya lwatu nti mukyala we teyali ku ludda lwe. Okufaananako abatukuvu abedda abaagumiira ebingi okukola Katonda by'ayagala, naffe tukubirizibwa okuguma n'obugumiikiriza n'endowooza ennungi.
5. **"Obuwombeefu" (Olunyiriri 25).** Okubeera n'omutima omwetoowaze kitegeeza nti teweeraba ng'omuntu omulungi oba omukulu okusinga munno mu bufumbo, naye nga mwenkanankana mu maaso ga Katonda. Bw'oba oyagala okwogera ne munno ku nneeyisa ye, kiteekwa okukolebwa ng'oli mu mbeera ey'enkanankana so si ku ntikko.

Jjukira nti toli mutuukirivu nga n'abo bwebatatuukiridde. Katonda yekka y'atuukiridde era y'asobola okusalira omusango.

6. **"abuulirira" (Olunyiriri 25).** Kino kitegeeza okuyiga okuva mu mbeera n'okusala magezi n'engeri y'okugonjoolamu ekizibu kino. Kibi nnyo omusajja okulekayo obuvunaanyizibwa bwe n'obuteefiirayo oba omukazi okufuga n'okukulembera. Omwami n'omukyala balina okusaba Mukama asobole okugonjoola ekizibu oba okussa mu nkola enkola eweesa Mukama ekitiibwa.

## Okwekebera

Bw'oba ogonjoola ebizibu oba ensobi z'olowooza, lowooza ku buli nsonga ezinyonyodwa. Soma olukalala luno, saba Katonda akutegeeze ebifo ebyetaaga okukyusibwa, era obiwandiike wansi. Bw'olemererwa, saba Katonda akusonyiwe, ate munno mu bufumbo akusonyiwe. Musabirenga ensonga zino, buli lunaku muzireete mu maaso ga Mukama okutuusa lwe birikolebwa mu bulamu bwammwe.

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

Okumanya ebisingawo, laba *Ekyongerezedwaako G: Okumenya Olujeegere*.

# Ekyongerezedwako J: Engeri y'ebyawandikibwa omwami gy'atukuzamu Mukyala we.

Okusobola okutuukiriza ebyetaago bya mukyala wo eby'omukwano, olina okuwaayo ebiseera byo n'amaanyi okufuuka omuyigirizwa wa Kristo ow'amazima. Kya bulijjo omukyala okukola n'okufaayo okugenda mu kkanisa, okusoma Baibuli, oba okulabirira abaana mu by'omwoyo.

Ebirowoozo bino, ebyaggyibwa mu kitabo kya Lou Priolo, *The Complete Husband: A Practical Guide to Biblical Husbanding*, byolina okusooka okukulembeza ng'omukulembeze w'awaka.

- Kakasa nti mukyala wo alina ebiseera ebimala mu nteekateeka ye eya buli lunaku okuyiga Baibuli n'okusaba. Kino kiyinza okuzingiramu okuzuukuka nga bukyali oba okukyusa enteekateeka yo osobole okulabirira abaana mu kiseera kino.
- Beera naye olumu (waakiri omulundi gumu mu wiiki) ng'osoma Baibuli.
- Mukubirize okukusaba obuyambi mu kuddamu ebibuuzo byonna by'ayinza okuba nabyo ku njigiriza ya Baibuli oba okusaba.
- Nnyonnyola ebyo by'osazeewo ng'osinziira ku Byawandiikibwa.
- Musiime olw'engeri za Baibuli z'alina (okuwa ekitiibwa, okwefuga, amagezi, okwagala, essanyu, emirembe n'ebirala).
- Kola kyonna ekisoboka okumuwa ensonga entuufu eza Baibuli nga tosobola kumuwa ky'ayagala, era n'omunnyonnyola ensonga ezo.
- Beera bulindaala ne ku bintu ebitono ennyo ebiraga okukula mu by'omwoyo, era omutendereze olw'ebyo.
- Beera mwesigwa mu kujjumbira okugenda mu kkanisa yo ng'abafumbo n'amaka.
- Kubiriza emikisa emilala egy'okuyiga Ebyawandiikibwa (kinnoomu oba n'abalala).
- Yiga engeri y'okukwataganya ebyawandiikibwa n'obulamu era okukwataganya obulamu n'ebyawandiikibwa. Byogere ko mu bikolwa ebya bulijjo (Ekyamateeka 6:7).
- Mukyala wo bw'aba ng'anyumirwa okusoma, funa ebitabo ebikwata ku Bayibuli n'ebyafaayo by'abantu by'Ekikristaayo.
- Fuula essaawa y'ekijjulo ekiseera eky'essanyu, era mubeere baggule okwogera ku mazima ga Baibuli n'engeri gye bikozesebwamu mu Byawandiikibwa.
- Manya ebintu by'asinga okwagala okukyusa mu bulamu bwe n'ensonga lwaki ayagala okubikyusa. Kozesa ebitundu bino ng'entabiro okunoonya ebyawandiikibwa wamu okufuna eby'okuddamu bya Katonda. Kakasa nti naawe obuulira mukyala wo enkyukakyuka z'oyagala okulaba mu bulamu bwo, era osabe obuyambi bye n'okusaba kwe.
- Waayo obudde buli wiiki oyigirize abaana bo. Laba Ekyongerezedwako *C: Okukulaakulanya Enkolaganya Ey'okulusegere ne Katonda* ne Ekyongerezedwako *D: Ebitabo ebisembenddwa*.

# Ekyongerezedwako K: Ebyetaago by’Omukyala

Abafumbo bwe baba ab'okutuuka ku buwanguzi mu kuzimba obufumbo obulungi, balina okuyiga okukola ku byetaago bya bannaabwe eby'omukwano. Ebiwandiiko bino bikulu nnyo mu kukozesa ebyo by'oyize mu bitabo eby’okujjuzamu. Sooka osome ebiragiro, ojjuzemu amabanga ganno wammanga, oluvannyuma weekenneenye n’omwaami wo.

## Eky’okujjuzamu 1: Omukyala, Owulira ng'akakasidwa mukyala wo?

Akatabo kano kajja kuyamba abakyala okumanya ebyetaago by'omukwano Katonda by'abawadde n'okuwa abaami okulungamizibwa. Omukyala asobola okwogera ku buli kitundu ky'omukwano era n'alaga omwaami we engeri gy'ayinza okutuukirizaamu ebyetaago bye. Okumaliriza ekiwandiiko kino kiyinza okuleetera omukyala okuddamu okutegeera ensonga lwaki ayinza okuba ng’atanyumirwa mukwano n’omwaami we.

Emirundi mingi, omukyala bw'atakakasibwa mu nsonga ezimu, omubiri gwe oba Omulabe bileeta obuzibu, n'anoonya okubudaabudibwa awalala wonna. Abakyala bangi olw'ekizibu kino tebewaayo eri obufumbo n’eri amaka. Kino kiyinza okuvvamu obutatukiriza byetaago by’omwaami eby’omukwano. Kino kiyinza okufuuka ekizibu eky'amaanyi singa tekyolekerwa Kigambo n'amaanyi ga Katonda.

Togabagana birowoozo by’omukatabo kano n’omwaami wo okutuusa ng'ebiwandiiko byombi biwedde.

## Eky’okujjuzamu 2: Amagezi amalungi, agakozesebwa, agataliiko kusala Musango eri Omwaami Wo

Mu mbeera ey'essaala wandiika ku magezi omwaami wo g'ayinza okugoberera okusobola okukuyamba okukakasa mu mbeera ezitali zimu. Kikulu obutamujjuza mu kusooka na buli kitundu ekitatuukiridde. Waayo ekiteeso kimu oba bibiri ku buli kitundu ky'ogambye nti kiri 4 oba okudda wansi.

Abakyala abamu bayinza okufuna obuzibu okumaliriza katabo kano ak’okujjuzamu. Naye tolekera awo kujjuzamu. Saba Katonda akuwe amagezi. Beera mulambulukufu so si kutwalira wamu. Kola ebiteeso nga byangu okussa mu nkola ate nga si bya kusalira munno musango, omwaami wo bireme kumumalamu manyi. Funa obuyambi obulala okuva eri omukulembeze w'ekkanisa, omusomesa w'obufumbo oba omusumba wo bwe kiba kyetaagisa.

## Ebiteeso ebilala

Bw'omaliriza okujjuza obutabo bwombi, oli mwetegefu okukubaganya ebirowoozo n’omwaami wo ku nsonga ezo.

- Kakasa nti omwaami wo alina engeri gy'ayinza okuwandiikamu n'okujjukira ebyo by'oddamu ku biteeso byo ebilambulukufu, ebisoboka, ebitagenderedwamu kusala musango.
- Funa ekifo eky'ekyama n'ekiseera mwembi mwe muyinza okukubaganya ebirowoozo ku biteeso wakiri bibiri ku buli kitundu okuva ku mpapula z'okujjuzamu 1 ne 2 mwowerede omwaami obubonero 4 oba okuka wansi.
- Yogera ku bintu ebyo ebyetaaga okulongoosamu mu ngeri eweesa Kristo ekitiibwa. Noonya obuyambi singa ebintu biba bizibu naye tolekera awo kukola kwegezamu kuno.
- Tandika okukubaganya ebirowoozo bino mu kusaba, ng'osaba Katonda akuwe ekisa n'obukkakkamu mu kwogera, omutima oguwuliriza, n'obukuumi okuva ku bulumbaganyi bw'Omulabe n'okugezaako kwe okuziyiza obuwulize eri Kristo.
- Weewale ekikemo kyonna eky'okwewozaako oba okunyiiga.
- Saba omwaami wo addeemu okwogera by'akuwulira ng’oyogera nga tannawandiika, n'okuwandika mu ngeri enambulukufu era etegerekeka.

## Jjukira

- Katonda awa omukisa obugonvu gyali.
- Okukola n’omalako eby’okujjuzamu byona ye ntandikwa y'enkolagana ennungi ennyo ne munno mu Kristo.
- Okukyusibwa kwaffe kubaawo nga tusigala mu ye. Okwewaayo buli lunaku n'obuwulize eri Ekigambo Kye, nga mw'otwalidde okwatuula n'okwenenya ensobi zaffe, bikulu nnyo mu nkola eno.
- Okusobola okulaba Yesu ng'akola ebyamagero, abayigirizwa baalina okumugoberera.

Kozesa empuliziganya ey'okwagala, okusonyiwagana okwa Baibuli, n'okutabagana—ebikozesebwa Katonda by'akozesa okumenya obukalubo bw'emitima gyaffe, kisobozese Ekigambo kye n'ekisa kye okuba n'enkizo gy'ayagala. Katonda aliwangula singa tujja gy'ali, ne tumuwulira, ne tugondera ebiragiro bye.

# Ekyokujjuzamu 1, Omukyala: Okwekebera

Kozesa akatabo kano okulaga engeri z’omumatiziddwa n’omwaami wo mu nsonga ezenjawulo wano wammanga. Kino si kiseera kya kwesasuza wabula okutandika okuleeta okutegeera, okuwonya n'okukyusa mu bintu bino. Juuza ebifo bino mu mbeera ey’okusaba.

Laba *Ekyongerezedwako P: Obwesige n'okusonyiwa* bwe kiba kyetaagisa.

**Abasajja, mukyala wo akukakasa mu bintu bino?**

Buli kitundu wansi kiwe nnamba wakati wa 0 okutuuka ku 5. (0 = Tekikakasa n'akatono; 5 = Kikakasa nnyo)

**Eby'Omwoyo**

Okugenda mu kkanisa ___________ Okusabira awamu ___________
Okusaba n'abaana ___________ Okuyiga Baibuli n'abaana ___________
Okwogera ku bivude mu kwewaayo ___________ Okuwa obukulembeze bwo bwa Katonda___________

**Empuliziganya**

Okufaayo ku bintu ebibaawo ku lunaku lwo ___________
Osobola okwogera mu bwesimbu ku ngeri gy'owuliramu ku nsonga zonna ___________
Okwogera ku ssente ___________
Bulijjo ayogera mu ngeri ey'okwagala ___________
Buli lunaku abeerawo okwogera ___________
Mbeera mu mbeera nnungi okumubuulirako ebyetaago oba enneewulira ey’omunda ___________
Mpulira emirembe okuseka oba okukaaba naye ___________
Bulijjo ayogera naawe mu ngeri ey'ekitiibwa ___________
Bulijjo akwogera mu ngeri ey’ekitibwa mu eri abalala ___________
Agamba emirundi mingi nti akwagala ___________

**Okutuukirizibwa kw'Omubiri**
Okwegatta obutayosa ___________
Osobola okugabana naye bw’oba oyagala okumatizibwa mu by’omukwano ___________

**Okwekwaatako Okutali Kw’akwegaata**
Okwenyweza ___________
Okukwata emikono ___________
Okumassaginga ___________
Okunywegera ___________
Okugwa mukifuba ___________

**Okuzaaza Abaana**
Mwetegefu okukulembera mu kukangavvula abaana ___________
Takkiriza baana kukunyooma ___________
Afaayo n'okwenyigira mu bikolwa eby'enjawulo eby’abaana ___________
Bulijjo akwogerako mu ngeri ey’ekitiibwa maaso g'abaana ___________
Afaayo n'okwenyigira mu bikolwa eby'enjawulo Bye bye kids __________

Otuuse wakati. Tokubaganya birowoozo n’owaami wo ku byojjuzamu okutuusa ng'omaze okumaliriza ekiwandiiko ekiddako.

# Ekyokujjuzamu 2, Omukyala: *Enteekateeka y'okukola*

Kino kikuyamba okubuulira omwaami wo by'oyagala awatali kumulumba wadde okumuvumirira era n'okumuwa ebiteeso ebilungi by’asobola okulongoosaamu. Ebivaamu gwe musingi ogutegekeddwa obulungi ogw'okuwuliziganya mu ngeri ey'okwagala, awatali kuteekawo mbeera bukyayi oba ey'okuvumirira, awamu n'okulungamizibwa okulungi.

Obwetaavu bw'abasajja n'abakazi bwa njawulo ng'ekitundu ku ntegeeka ya Katonda. Era balaba obulamu mu ngeri ez'enjawulo, n'olwekyo tuteekwa okumanyisa bannaffe ku byetaago byaffe. Ebirowoozo byo biteekwa okuba nga bituukiridde nga bwe kisoboka, nga birina ebinnyonnyola eby'enjawulo n'okuzzaamu amaanyi, naye era nga bimpi nga bwe kisoboka. Lowooza ku ngeri ebirowoozo byo gye biyinza okuwulikika ng'omuntu omulala y’abyogera. Tewekiriranya, wabula beera bakkakkamu era afaayo.

Waayo ebiteeso omwaami wo okulongoosa mu nsonga ze wassaako obubonero 4 oba okukka wansi ku mpapula z'okujjuzamu 1. Ng'ekyokulabirako, bw'oba olina *omutindo gw'okwegatta obutayosa* nga guli ku nnamba 3, Ng'ekyokulabirako, bw'oba nga wamuwa obubnero 2 ku kyo kwogera ku sente, oyinza okumusaba okubeera omwetegefu okukubaganya ebirowoozo ku bajeti y'ebyenfuna n'eby'okusaasaanya awamu era n'okweyama okwekenneenya awamu buli mwezi.

**Eby'Omwoyo**

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

**Empuliziganya**

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

____________________________________________________________

## Okwegaata

## Okwekwataako Okutali Kwa kw'ekwegatta

## Okukuza Abaana

# Ebyokulabirako by'ekyokujjuzamu 2, Omukyala

Bino wammanga bye byokulabirako by'ebiteeso ebilambulukufu, ebisoboka, bitali bya kusala Musango, eby'okutukiriza ebyetaago byo eby'omukwano. Wekenneenya *Ekyongerezedwako L: Omukwano Gwetaaga* okufuna endowooza entuufu n'omutima nga tukubaganya ebirowoozo ku byetaago bino eby'omukwano.

## Eby'Omwoyo

### Omukyala yawa bbaawe obubonero 3 Ku ky'o*kugenda mu kkanisa...*

Tuyinza tutya okukolera awamu nga twetegekera okugenda mu kkanisa? Oboolyawo oyinza okuyamba ku baana. (oba) Tuyinza tutya okuba abanyiikivu mu kuteekateeka okugenda buli Ssande? (oba) Oneewaayo okugenda mu kkanisa buli Ssande, nga si kya bulijjo obutagenda mu Kannisa?

### Omukyala yawa bbaawe akabubonero 0 ku ky'okusoma Baibuli n'abaana.

Olowooza kyandibadde kisoboka okuyiga Baibuli n'abaana oboolyawo omulundi gumu mu wiiki? Biseera ki n'olunaku ebisingayo obulungi?

### Omukyala yawa bbaawe obubonero 2 ku ky'okusabira Awamu.

Osoboola okusaba wamu nange buli lunaku ku makya oba nga tetunnaba kwebaka?

### Omukyala yawa bbaawe okabonero 1 ku ky'okusaba *n'abaana*.

Wandisabye n'abaana wamu n'ange buli lunaku ku makya oba nga tetunnaba kwebaka? Njagala tukole nga ttiimu mu kuzzaamu abaana baffe amaanyi ku bukulu bw'okusaba.

## Empuliziganya

### Omukyala yawa bbaawe obubonero 2 ku ky'*Okukubaganya ebirowoozo ku ssente*.

Nkimanyi nti eby'enfuna si byangu gye tuli, kati olwo tuyinza tutya okubyogerako? Oboolyawo tuyinza okuteekateeka ekiseera eky'okuvako wano okumala essaawa ntonotono nga tetujja kutaataaganyizibwa. Mu ngeri eyo tuyinza okusaba n'okwogera ku nsonga eyo.

### Omukyala yawa bbaawe okabonero 1 ku ky'okuba nti *Buli lunaku abeerawo okwogera*.

Nandiky'agaade nnyo singa tumala ebiseera bingi nga tunyumyaamu buli lunaku. Olowooza kyandibadde kiseera ki ekirungi?

### Omukyala yawa bbaawe obubonero 2 ku ky'okug*amba nti akwagala emirundi mingi*.

Nandiyagaade okuwulira "Nkwaagala" emirundi mingi. Kinzizaamu nnyo amaanyi era kimpa obukuumi. Oboolyawo ekyo oyinza okukiteeka ku lukalala lw'essaala yo.

## Okwegaata

**Omukyala yawa bbaawe obubonero 2 ku ky'*Okusobola okumbulira kyere by'oyagala mu kwegaata*.**

Tusobola okwogera kyere ku byetaago bya buli omu eby'okwegatta n'okumatizibwa? Oboolyawo tuyinza okuteekawo obudde ku wiikendi okwogera ku nsonga eno.

## Okwekwatako Okutali Kw'akwegaata

**Omukyala yawa bbaawe okabonero 1 ku lw'okugwa mukifuga n'okunyegera.**

Kijja kunzizaamu nnyo amaanyi bw'onkwatako oluusi ne bwe kiba nga tekireeta kwegatta. Njagala singa tutuula wamu ne tukwatagana, olw'okuba onjagala era ng'oyagala okulaga omukwano.

**Omukyala yawa bbaawe obubonero 2 ku lwo kunywegera.**

Era kyandibadde kirungi singa oyinza okunnywegera ng'ogenda buli lwe kiba kisoboka. Kino kinnyamba okuwulira obulungi.

## Okukuza Abaana

**Omukyala yawa bbaawe obubonero 2 Ku lw'okubeera *Mwetegefu okukulembera abaana mu kukangavvula*.**

Oyinza okwenyigira mu kukangavvula abaana ng'oli waka? Njagala okkuwagira mu ngeri yonna gye nsobola mu kukangavvula kwabwe, era kyandibadde kigumya nnyo abaana nange singa okola kino.

**Omukyala yawa bbaawe akabonero 1 ku ky'oku*faayo n'okwenyigira mu nsonga z'abaana*.**

Nkimanyi nti olina eby'okukola bingi, naye nkusaba osabire ensonga ey'okwenyigira mu bimu ku bintu abaana bye baagala n'ebintu bye bakola? Kyandibadde kirungi nnyo okukola kino naawe.

**Omukyala yawa bbaawe obubonero 3 ku kya *bulijjo anjogerako mu ngeri ey'ekitiibwa mu maaso g'abaana*.** Oluusi onjogerako bubi ng'abaana balaba. Olowooza tuyinza okugenda mu kisenge kyaffe ne tukubaganya ebirowoozo ku bintu ebyo byolowooza nti bikyamu mu kifo ky'okukikola mu maaso g'abaana?

# Ekyongerezedwako L: Ebyetaago by'Omukwano

Abasajja n'abakazi balaba embeera mu ngeri ya njawulo era beeyisa mu ngeri ya njawulo ku bigambo oba ebikolwa bye bimu. Kino kitegeeza nti omwami n'omukyala bajja kutuukirira ebizibu byabwe mu ngeri ez'enjawulo, era emikisa gijja kubaawo nga kibeetaagisa okukolagana obulungi n'okwekkiriranya.

Katonda yatonda abantu, abasajja n'abakazi, era n'ateeka obwetaavu bw'omukwano obw'enjawulo mu buli kimu. Eky'enjawulo kiyinza okutegeeza eky'enjawulo oba ekyewuunyisa, naye era kitegeeza ekyawukanako. Omusajja mu butonde tamanyi oba tategeera byetaago by'omukazi, n'ekubakyala bwe kiri. Okusobola okuba n'obufumbo obumatiza, buli mufumbo alina okuba omwetegefu okuyiga engeri y'okutuukirizaamu ebyetaago bya munne eby'enjawulo.

Okuva obufumbo bwonna bwe butwaliramu abantu ate nga buli muntu yeefaako yekka, waliwo emikisa 100 ku buli 100 nti okumalibwaamu amanyi n'okuyiribwa biyinza okweyoleka mu mukwano. Kino kireetawo engeri z'okwetaasa ng'obusungu, okuvuma, okunyiiga, okwewozaako, n'ebirala. Bino bifuuka emize egiteekwa okumenyebwa n'ozawo endowooza n'ebikolwa ebisaana.

Bwe wabaawo obuzibu, guba mukisa eri abasajja n'abakazi okukozesa ebigezo by'obulamu okwekulaakulanya n'okuyiga okukola ku byetaago bya bannaabwe. Okusobola okutuuka ku buwanguzi, tuteekwa okukozesa Ekigambo kya Katonda ng'ensibuko yaffe era n'okwemalira ku kuwuliriza n'okwogera obulungi.

> [2]Mulowoozenga byonna okuba essanyu, ab'oluganda, bwe munaagwanga mu kukemebwa okutali kumu; [3]nga mutegeera ng'okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe kuleeta okugumiikiriza. [4]Era omulimu gw'okugumiikiriza gutuukirirenga, mulyoke mubeere abaatuukirira, abalina byonna, abataweebuuka mu kigambo kyonna. (Yakobo 1:2–4)

Katonda agamba nti "mukibale essanyu lyonna" nga mufunye okugezesebwa. Lwaki? Kubanga okwanukula mu mwoyo omutuufu kijja kuleeta obugumiikiriza, ekireetawo embeera Katonda gy'ayita "obutaweebuuka mu kigambo kyonna." Katonda akola mu ffe, naye ebiseera bye tumala nga tuyiga bisinziira ku ngeri gye tukolaganamu. Okukula kujja bw'oteeka okukkiriza kwo mu ye ng'oyiga by'ayagala, n'okubigoberera, n'okwagala okw'amaanyi okufuuka omutukuvu nga bw'ali omutukuvu.

Bayibuli egamba nti Katonda akkiriza okukkiriza kwaffe okugezesebwa. Era kitugamba nti Katonda ye Kitaffe, bwe tuba mu Kristo, era nti tatusalira musango wabula atukangavvula olw'obulungi bwaffe. Tulina okutwala ebizibu ng'emikisa Katonda gye yatuwa okunoonya okukulemberwa, okukula mu kifaananyi kya Kristo, okuyiga ebisingawo ku byetaago bya munnaffe, n'okufuuka omwami oba omukyala Katonda gwayagala. Ekigambo *okukangavvula* mu bigambo ebyangu kitegeeza "okutendeka" kyokka.

> Twalina bakitaffe ab'omubiri abaatukangavvulanga, ne tubassangamu ekitiibwa, tetulisinga nnyo okugonderanga Kitaawe w'emyoyo, ne tuba abalamu?
> [10]Kubanga bo baatukangavvuliranga ennaku si nnyingi olw'okwegasa bo; naye oyo atukangavvula olw'okutugasa, tulyoke tufune omugabo ku butukuvu bwe.
> [11]Okukakangavvulwa kwonna mu biro ebya kaakano tekufaanana nga kwa ssanyu wabula kwa nnaku, naye oluvannyuma kubala ebibala eby'emirembe eri abo abayigirizibwa mu kwo, bye bibala eby'obutuukirivu. (Abebbulaniya 12:9–11)

Wali osunguwaliddeko munno mu bufumbo? Wali oyagagaddeko obufumbo bwammwe bubeere bulungi, bwa njawulo? Wali ovumiridde munno nti y'asinga okukusobyako? Bw'okkiriza ekituufu nti olina okukyusa, era nti *olina* okufaayo ku byetaago bya munno, ekintu ekyewuunyisa kijja kubaawo. Obufumbo bwammwe bujja kulongooka, era n'endowooza ya munno ejja kulongooka. Kino tekitegeeza ani akola ekisingawo, wabula ani akola ekituufu. Era Katonda ajja kuwa omukisa obuwulize. Katonda bulijjo akola naye tuteekwa okukolagana, awatali ekyo okukulaakulana Katonda kw'ayagala tekujja kubaawo.

> Era nkakasiza ddala ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo. (Abafiripi 1:6)

Olunyiriri luno luzingiramu okufuuka omwami oba omukyala Katonda gw'ayagala.

Obwetaavu bw'omukwano businzira ku kikula. Ekimu ku byetaago by'omusajja ebikulu kwe kukakasa, ate eky'omukazi kwe kulabirirwa n'okutwalibwa ng'ekikulu. Okumanya ebyetaago bino kiva mu kuyiga n'okuwuliziganya. Singa obwetaavu tebukolebwako oba ne wabawo okukosebwa, waliwo engeri entuufu ey'okubileeta mu kukubaganya ebirowoozo. Omwami n'omukyala abaagala okukomya empisa embi balina okukkiriza omutendera okuwona.

### Tegeeza Munno Ensobi Ye

Ekisooka mu kuwona kwe tegeeza munno ensobi ye. Mukyala wo bw'ayogera oba n'akola ekintu ekitakukakasa, *mutegeeze mu ngeri ey'ekisa* nti kirumya. Omwami wo bw'ayogera oba n'akola ekintu mu ngeri etali ya kufaayo oba ey'obutakusiima, mutegeeze *mu ngeri ey'ekisa* nti kirumya.

### Kozesa Eky'Okuddamu

Bwe mumala mwembi okukkiriza ensobi, mukozese enyanukula ey’okwagala nga mukozesa ennono zino essatu.

### Kakasa

Omu ku bafumbo bw'agamba nti, "Ekyo kyali tekikakasa" oba "Ekyo kyaluma," eky'okuddamu ekituufu kiteekwa okuba nti "Nsonyiwa" oba "Nnyamba okutegeera kye nnakola." Eby'okuddamu birina okwogerwa mu ngeri ey'ekisa.

### Mukwatagane

Gezaako okutegeera engeri munno gy'atunuuliramu ensonga. Okuyiga okukola obulungi ku byetaago byabwe kyetaagisa okuwuliriza, obutakaayana, okunenya, oba okusika omuguwa.

## Nnyonnyola

Mu ngeri ey'okwagala, nnyonnyola munno bye yayogera oba bye yakola era muwe amagezi amalungi oba ebiteeso by'ayinza okulondaako. Jjukira nti guno mukisa eri abafumbo bombi.

## Ebyokulabirako

Omwaami ayogera bubi ku ngeri mukyala we gy'afumbamu eri abaana oba mukwano gwe, ng'omukyala wali. Mukyala we akozesa akakisa ko ku beera booka okumugamba *mu kyama* nti ebigambo bye byamuyisa bubi nnyo. Anyonyoola nti amusaba obutasaaga ku by'afumba eri omuntu yenna, n'oluvannyuma n'azuula oba waliwo ky'ayinza okukola okulongoosaamu.

Omwami, bwe wabaawo ekintu ekikutawaanya, kyogereko mu kyama era mu bwesimbu. Mukyala wo mwagale nnyo era ojja kukizuula nti ddala omukyala ayagala kukusanyusa.

Omukyala mu ngeri ey'okusaaga takkiriziganya na ndowooza ya bba ku nsonga y'ebyobufuzi mu maaso g'emikwano. Oluvannyuma *nga tewali muntu mulala*, omwaami amugamba nti kye yakola tekyamukakasa. Anyonyola ekyetaago kye mu mazima ne mu bwesimbu nti endowooza ye yali yakukaayana era yamuswaza mu lujjudde. Nateesa nti: "Bw'oba olina endowooza ey'enjawulo ku nsonga, ndi mwetegefu okugyogerako naawe mu kyama, naye bw'oba tokkiriziganya nange oba n'onsoomooza mu maaso g'abalala, tekinkakasa."

Buli omu wa njawulo. Zuula ezikunyiiza, era oveyo n'ebiteeso byo ku ngeri ey'okubikyusa. Ate jjukira nti guno si mukisa gwa kwogera ku bintu munno by'eyakola edda abya kunyiiza. Abafiripi 2:3 egamba nti tetulina kukola kintu kyona ku lw'eokwerowoozaako oba mu bulimba, wabula tulina 'okutwala abalala ng'abakulu' okusinga ffe. Kino kitegeeza nti ky'osinga okuvunanyizibwa kwe kuyiga ebyetaago bya munno n'engeri y'okubituukirizaamu.

## Okugerageranya by'Omirwa n'Amazima

Ekintu ky'onyumirwa kiraga ekyo omuntu ky'ayagala mu kusooka oba okusinga ekirala. Si kituufu oba kikyamu, wabula buli muntu by'anyumirwa nyawukana ku by'abalala. Ekyo kye tunyumirwa kiyinza okuba ekikyamu? Yee. Bwe kiba nti by'oyagala bikontana n'ekigambo kya Katonda, kibi era kikyamu.

Ebyokulabirako by'ebintu ebyangu omuntu by'ayinza okuba ng'ayagala mulimu ebyokulya, emmotoka, amaka, ebyokwewunda, ebisolo, engoye, ennyimba, eby'okwesanyusaamu, ebifo eby'okuwummulamu n'ebirala bingi. Ate kiri kitya ku nsoga ya kaabuyonjo eriko ekitulibwaako oba ey'okusitamaako? Abantu bye bagala.

Eby'agalibwa byetaagisa okwekkiriranya, ng'eno y'enjawulo eriwo wakati w'ekikunyumira n'amazima. Bwekituuka ku mazima, wabaawo okukolagana naye nga tewali kwekiriranya. *Okwekiriranya* kitegeeza "okugonjoola obutakkaanya nga buli omu abaako kyeyerekereza ku

lwa munne." Kye tumanyi n’ekikambo kya Katonda, oba okwagala kwe, ge mazima, era tewali ku kiteesaako oba okwekiriranya wabula obuwulize oba okukigondera.

*Amazima* kyekyo ekigambo kya Katonda kye kigamba okukola oba obutakola, eneeyisa entuffu oba enkyaamu.

> Temwongeranga ku kigambo kye mbalagira, so temukisalangako, mukwatenga ebiragiro bya Mukama Katonda wammwe bye mbalagira. (Ekyamateeka 4:2)

Ebintu byoyagala ng’omuntu ebiyinza okukontana n’amazima ga Katonda biyinza okuzingiramu eby'okwesanyusaamu (firimu, ttivvi, ennyimba), okwegomba okwegatta mu ngeri ekyamu oba okwaaka, ennyambala, omikwano, engeri y'okukuza abaana, okugenda mu kkanisa n'ebirala bingi. Ng'ekyokulabirako, omukyala oba omwami ayinza okulondawo ow’omukwano atali mutuufu oba amutwala mu bikolwa ebibi. Omu ku bagalwa ayinza okwagala firimu ez'obuseegu. Omusajja ayinza okwagala okwegatta buli wiiki naye mukyala we n’anywerera ku ky’omulundi gumu buli mwezi kuba ky’ayagala. Maama ayinza okunyiikirira okukulembera mu kukangavvula abaana n'abuusa amaaso ebyo bba by'ayogera. Obutakkaanya ng'obwo bwe bubaawo, abafumbo beetaaga okutunula mu Kigambo kya Katonda n'okunoonya amagezi ag’obwaKatonda.

### Ensobi Bbiri Tezikola Kituufu

Watya singa okizuula nti okufuba kwonna okusingawo kuva gy'oli? Kibe bwe kityo bwe. Kituufu okuyingira mu kibi n'obujeemu olw'okuba embeera erabika ng'etali ya bwenkanya? Nedda. Singa tugondera Katonda, tuyinza okumusuubira okutuddukirira, okutuyamba, n'okutuwa omukisa? Ekigendererwa ekiri emabega w'okubeera omukisa n'okuyiga engeri y'okutuukirizaamu ebyetaago byabwe eby'omukwano kwe kwagala kwolina eri yesu n'okwagala okumugulumiza n'okumusanyusa. Ng'Abakristaayo, amaanyi gaffe, okubudaabudibwa, amakulu gaffe, obukuumi, essanyu, emirembe, n'essuubi biva eri Katonda nga tutambulira mu buwulize.

Ffenna tusobezza eri bannaffe, era tujja kuddamu okulemererwa, oluusi nga mugenderevu ate oluusi mu butamanya. Eno y'ensonga lwaki kikulu nnyo okusonyiwa. Buli muntu akubirizibwa Katonda okutambulira mu kusonyiwa, ng'okuwa abakwetaaga ate n'okukufuna okuva eri abo bokosesa.

> Okwagala kugumiikiriza era kulina ekisa; okwagala tekuba na buggya; okwagala tekwekulumbaza, tekwegulumiza, 5tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga mangu era tekusiba kibi ku mwoyo; 6tekusanyukira bitali bya butuukirivu, naye kusanyukira wamu n'amazima; 7kugumira byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna, kugumiikiriza byonna. (1 Abakkolinso 13:4–7)

Bwe wabaawo omukisa, goberera ebintu bino ebitaano.

1. **Okwekebera**: Bw'owulira obulumi bw'olowooza nti bwava ku munno mu bufumbo, weekenneenye omutima gwo. Weebuuze oba ddala kino kye kussiza ku nutatukkiriza byeetaago byo eby'omukwano oba oyagala by'oyagala. Kozesa Ekyongerezedwaako *H: Ebyetaago by'omwami* oba Ekyongerezedwaako *K: Ebyetaago by'omukyala* nga bwe kiba kyetaagisiza okusobola okumanya ebyetaago byo.
2. **Okumanyisa**: Beera n'obusobozi okuwuliziganya obulungi ebyo munno bye yayogera oba by'akoze ebitali bya kwagala, ebitakakasa, oba ebitasiima oba eby'okukuza.
3. **Okuwuliziganya**: Londa ekiseera ekirungi okuteegeza munno ensobi ye mu ngeri ey'okwagala, oluvannyuma ogambe nti, "Siwulira nti nkakasiddwa buli lw'o ______" oba "Siwulira nti njagalwa buli lw'o ______." Beera mwetegefu okuwuliziganya n'okunnyonnyola, so si kwegaana oba okukukayana.
4. **Okunnyonnyola**: Teesa enteekateeka etegeerekeka obulungi munno amanye ekikulumya n'ekyo kye bayinza okukola mu ngeri ey'enjawulo okusobola okutuukiriza obwetaavu bw'omukwano mu kitundu kino oba embeera eno.
5. **Okusonyiwa**: Okulaga bannaffe ekisa n'okusonyiwagana mu by'okuyigirako bino kikulu. Ekibi kyaffe era sitaani ky'ayagala kwe kussa essira ku kibi ky'omuntu omulala, so si ku kyaffe, ne tuwolereza eky'okuddamu mubukambwe, mu kiruyi, oba mu bubi buli lwe bakola ensobi. Jjukira nti ensobi biri tezikola kituufu.

# Ekyongerezedwako M: Ebintu Ebitera Okwesittaza

Bayibuli eraga ensonga lwaki abasajja tebakulembera nga Katonda bw'ayagala era n'ensonga lwaki abakazi tebawagira babbaabwe. Ekyesitaaza, oba ekigo, kiyinza okuba ekimu oba ebisinga ku nsonga ez'ogerwaako wammanga. Mukama bw'anaayogeranga nammwe mu bimu ku bino, mukikkirize era mumusabe okubanyweza musobole okugondera by'ayagala. Wandiika okwenenya n'okusaba mu kifo ekiweebwa mu buli kitundu.

**Ensonga 1: Obutasonyiwa**

Katonda aleese omuntu mu birowoozo byo gw'ewataaga okusonyiwa?

> Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe, nammwe Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga. [15]Naye bwe mutaasonyiwenga bantu byonoono byabwe, ne Kitammwe taasonyiwenga byonoono byammwe." (Mataayo 6:14–15)

Okusonyiwa tekitegeeza nti:

- Eya soobya akkiriza nti bye yaakola byali bikyamu.,
- Eya soobya akusaba okusonyibwa,
- Eya soobya akkiriza okuusonyibwa kw'omuwa.
- Enkolagana eteekwa okubaawo oba ejja kuzzibwawo.

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

**Ensonga 2: Obulimba**

Setaani atukema okujeemera Kristo n'okubuusabuusa kyetuli mu ye.

> kubanga baanywanga mu lwazi olw'omwoyo olwabagobereranga: n'olwazi olwo yali Kristo. 5Naye bangi ku bo Katonda teyabasiima, kubanga baazikiririzibwa mu ddungu. (2 Abakkolinso 10:4–5)

**Setaani akozesa obukodyo busatu okutulumba.**

1. **Obulimba, tulyoke tubuusebuuse ebisuubizo bya Katonda**

Mmwe muli bakitammwe Setaani, era mwagala okukola okwegomba kwa kitammwe. Oyo okuva ku lubereberye ye mussi, so teyanywerera mu mazima, kubanga amazima tegaali mu ye. Bw'ayogera obulimba, ayogera ekiva mu bibye; kubanga ye mulimba era kitaawe w'obulimba. (Yokana 8:44)

2. **Okwesalira Omusango oba okunenya abalala oba ffe**

[9]N'ogusota ogunene ne gusuulibwa, omusota ogw'edda, oguyitibwa Omulyolyomi era Setaani, omulimba w'ensi zonna; ne gusuulibwa ku nsi, ne bamalayika baagwo ne basuulibwa nagwo. [10]Ne mpulira eddoboozi ddene mu ggulu, nga lyogera nti, "Kaakano obulokozi n'amaanyi n'obwakabaka bwa Katonda waffe, n'obuyinza bwa Kristo we buzze: kubanga aloopa baganda baffe, eri Katonda waffe emisana n'ekiro asuuliddwa wansi." (Okubikkulirwa 12:9–10)

3. **Okuzuukusa ebyayita byaffe, nga tukweka ekyo kye tuli mu Kristo**

[17]N'olw'ekyo omuntu yenna bw'aba mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya. [18]Naye byonna biva eri Katonda, eyatutabaganya naye yekka ku bwa Kristo, n'atuwa ffe okuweereza okw'okutabaganya. [19]Kwe kugamba nti Katonda yali mu Kristo ng'atabaganya ensi naye yennyini, nga tababalira byonoono byabwe, era nga yatuteresa ffe ekigambo eky'okutabaganya.

[20]Kyetuva tubeera ababaka mu kifo kya Kristo, Katonda ng'afaanana ng'abeegayirira okuyita mu ffe, tubeegayirira mu kifo kya Kristo mutabagane ne Katonda. [21]Ataamanya kwonoona, yamufuula ekibi ku lwaffe; ffe tulyoke tufuuke obutuukirivu bwa Katonda mu ye. (2 Abakkolinso 5:17–21)

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

## Ensonga 3: Okuyigganyizibwa

Nga ggwe ne munno mu bufumbo mufuba okukola enkyukakyuka zino, oli mwetegefu okukkiriza okubonaabona ng'ekimu ku bintu Katonda by'ateekateeka okukola mu bulamu bwo?

2Mu ye mwe twayita okufuna ekisa kino kye tuyimiriddemu; era tusanyuka mu kusuubira kwe tulina okw'okugabana ku kitiibwa kya Katonda. 3So si ekyo kyokka, era naye twenyumirizenga mu kubonaabona kwaffe, nga tumanyi ng'okubonaabona kuleeta okugumiikiriza; 4nate okugumiikiriza kuleeta empisa ennungi; n'empisa ennungi zireeta okusuubira: 5n'okusuubira tekukwasa nsonyi,

> kubanga okwagala kwa Katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe, mu Mwoyo Omutukuvu gwe twaweebwa. (Abaruumi 5:2–5)

> 20Kubanga bwe mukola obubi ne mukubibwa empi, bwe muligumiikiriza, ttendo ki? Naye bwe mukola obulungi ne mubonyaabonyezebwa, bwe muligumiikiriza, ekyo kye kisiimibwa eri Katonda. 21Kubanga ekyo kye mwayitirwa, kubanga era Kristo yabonyaabonyezebwa ku lwammwe, ng'abalekera ekyokulabirako, mulyoke mutambulirenga mu bigere bye. (1 Peteero 2:20–21)

**Ensonga 4: Okwerowoozaako**

Kijjukire nti eyo si kye twagala, wabula Ye kyayagala. Si kiseera kyaffe, wabula ekikye. lemerako.

> [Okwagala] tekunoonya byakwo, (1 Abakkolinso 13:5)

> N'abagamba bonna nti, "Omuntu bw'ayagala okungoberera, yeefiirize yekka, yeetikkenga omusalaba gwe buli lunaku, angoberere." (Luuka 9:23)

> "Omuntu bw'anajjanga gye ndi, n'atakyawa kitaawe ne nnyina ne mukazi we, n'abaana be, ne baganda be, ne bannyina, era n'obulamu bwe ye, taayinzenga kuba muyigirizwa wange. (Luuka 14:26)

Setaani ayagala okuggya ebirowoozo byo ku bintu bya Katonda ebisinga obukulu okudda ku bintu *ebitali* bya Katonda—okulemererwa mu biseera ebyayita, okukemebwa kw'ensi, oba okwerowoozaako wekka.

**Katonda atugezesa era n'atulongoosa**

> naye nga bwe twasaanyizibwa Katonda okuteresebwa enjiri, bwe twogera bwe tutyo, si ng'abaagala okusiimibwa abantu, wabula Katonda akema emitima gyaffe. (1 Abasessaloniika 2:4)

> Alituula ng'oyo alongoosa effeeza n'agimalamu amasengere, era alirongoosa batabani ba Leevi, era alibasengejja ng'ezaabu n'effeeza; okutuusa lwe baliwaayo eri Mukama ebiweebwayo mu butuukirivu. (Malaki 3:3)

Katonda atugamba nti agezesa emitima gyaffe era ajja kutulongoosa ng'atutukuza. Enkola eno mutendera, si ya mulundi gumu. Ng'okugezesebwa kwe bwe kulaga ekibi mu ffe, ayagala tukyatule gyali era twemalire mu ye buli lunaku, nga twegaana amakubo gaffe ag'ekibi n'okumugoberera.

Ekitundu kyaffe kwe kubeera mu Kigambo kye, n'okwetoowaza okujja mu kusaba, nga tusaba okukyusibwa okufuuka ekifaananyi kya Kristo. Nga tutambulira mu buwulize, ajja kukola omulimu tusobole okumugulumiza. Katonda tagamba nti tuli batuukirivu kubanga buli kimu tukikola mu ngeri etuukiridde, naye bwe tutambula n'omutima ogwesigamiziddwa ku ye tuba tutuukiridde.

> Nnaatambuliranga mu nnyumba yange n'omutima ogutuukiridde. (Zabbuli 101:2)

"Omutima ogutuukiridde" gwe mutima ogunywerera ku Katonda era ogukubirizibwa okwagala okutambula mu ngeri emusanyusa mu makubo gaffe gonna. Mu kino tumugulumiza. Wandiika essaala ng'osaba Mukama "omutima ogutuukiridde" okutambulira mu nnyumba yo nga bw'ayagala.

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

________________________________________________________________________

Soma ennyiriri eziri wammanga era ddamu ebibuuzo bino ebidirira.

> ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe.
> Ekisa kya Katonda mu Kristo ye nsibuko y'obulamu obulungi
> 3Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. 4Mu byo mweyatuweera ebisuubizo ebinene era

> eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo mulyoke muwone okuzikirira okuli mu
> nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke mugabane ku bwa Katonda bwe.
> [5]Olw'ensonga eno mufube okulaba nga, ku kukkiriza kwammwe mwongerako
> obulungi, era ne ku bulungi bwammwe mwongerako okutegeera; [6]era ne ku
> kutegeera kwammwe mwongerako okwegendereza; era ne ku kwegendereza
> kwammwe mwongerako okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe
> mwongerako okutya Katonda; [7]era ne ku kutya kwammwe Katonda mwongerako
> okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe mwongerako
> okwagala. [8]Kubanga bwe muba n'ebyo ne biba ebingi, bibafuula abatali
> bagayaavu n'ababala ebibala olw'okutegeerera ddala Mukama waffe Yesu Kristo.
> [9]Kubanga ataba n'ebyo ye muzibe w'amaaso awunawuna, bwe yeerabira
> okunaazibwako ebibi bye eby'edda. [10]Kale, ab'oluganda, kyemunaavanga
> mweyongera obweyongezi okufubanga okunyweza okuyitibwa kwammwe
> n'okulondebwa, kubanga ebyo bwe munaabikolanga, temulyesittala n'akatono.
> [11]Bwe mutyo mulyoke muyingizibwe mu bugagga obw'obwakabaka
> obutaggwaawo obwa Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo. (2 Peteero
> 1:2–11)

Lowooza ku nnyiriri zino endala: Zabbuli 73:23–24; 91:1–2; 103:8–18; Engero 3:5–6; Matayo 11:28-30; Abaruumi 8:28–39; 1 Abakkolinso 10:13; 2 Abakkolinso 5:17; 9:8; Abaefeso 6:10-12 Abafiripi 4:6-7; Tito 3:4–6; Yakobo 1:2–4; 1 Peetero 5:6–7.

Okkiriza nti Katonda yakuwa 'ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo'? Wandika olukalala lw’abyo.

______________________________________________

______________________________________________

______________________________________________

______________________________________________

______________________________________________

______________________________________________

______________________________________________

Ku lw’Obuyinza bw'obwa Kotonda bwe, tuli bavumu, tuwangula, era tusobola okukola by'ayagala. Tusobola okufuuka abakulembeze, abaami, bataata, abakyala ne bamaama Be yatuyita okuba.

> Nnyinza okukola byonna mu oyo ampa amaanyi. (Abafiripi 4:13)

Si lwa maanyi gaffe, kubanga tewali kirungi mu ffe.

> Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola. (Yokana 15:5)

Ekisa kye kyokka kyeki tusobozesa okutuuka ku buwanguzi.

> Awo Yesu n'abagamba nate nti, "Emirembe gibe mu mmwe: nga Kitange bwe yantuma nze, nange bwe ntyo mbasindika mmwe." (Yokana 20:21)

Manya we tugya amaanyi gaffe, engeri gye tusaanidde okukozesaamu amaanyi ago, n'ekivaamu. Katonda bw'atuwa byonna bye twetaaga, kiki ky'ayagala tukole?

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

Beera mugumiikiriza. Toggwaamu maanyi. Buli lunaku malirira okufuuka ekifaananyi kya Kristo ng'okolera ku Kigambo kya Katonda n'Omwoyo gwe. Twala obuvunaanyizibwa bw'olemererwa. Era onywererenga mu by'ayagala, olabe Katonda by'akola mu bulamu bwo.

# Ekyongerezeddwako P: Obwesigwa N'okusonyiwa

Zabbuli 139 eyigiriza nti Katonda amanyi buli omu ku ffe, nti ebikolwa byaffe byonna n'ebirowoozo byaffe bimanyiddwa gy'ali ne bwe biba nga tebinnaba kumanyibwa gyetuli. Nga tonnaggulawo mutima gwo eri Katonda, okukkiriza Yesu nga Mukama era Omulokozi, yali amanyi nti ojja kujja. Katonda tayagala muntu yenna kuzikirira; kyokka, okuyita mu kukozesa eddembe ly'okwesalirawo, awa buli muntu eddembe okumugaana.

## Okwesiga katonda nebyayita byaffe nokugezesebwa

> Abantu bonna ab'oku nsi abalowooza nga si kintu,
> era akola nga bw'ayagala mu ggye er'yomu ggulu,
> era ne mu abo abatuula mu nsi.
> Tewali ayinza okuziyiza ky'ayagala okukola,
> wadde okumubuuza nti, "Okola ki?" (Danyeri 4:35)

> 1Ayi Mukama, wannoonya nze, wammanya.
> 2Omanyi bwe ntuula, era ne bwe ngolokoka,
> Otegeera okulowooza kwange nga kukyali wala.
> 3Onoonyeza ddala ekkubo lyange n'okwebaka kwange,
> Era omanyi amagenda gange gonna.
> 4Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwange,
> Laba, Ayi Mukama, ggwe ky'otomanyira ddala. (Zabbuli 139:1–4)

FAYIRO y'AMAZIMA
*Omufuzi*—Okubeera n'obuyinza obw'oku ntikko, amagezi agataliiko kkomo, n'obuyinza obujjuvu.

Katonda yatonda Adamu ne Kaawa, era yabagaana ekintu kimu kyoka: temulya ku Muti gw'Okumanya Ekirungi n'Ebibi. Naye baalimbibwa Sitaani era, mu bujeemu, ne basalawo okulya ebibala by'omuti ogwo. Kino kyaleeta ekikolimo ky'ekibi ku bantu bonna. Mu Adamu, Katonda yawa abantu eddembe okulonda ebirungi, naye n'akyuka n'adda mu bibi. N'olwekyo bonna kati abasalawo okuddamu okuzaalibwa ng'abaana ba Katonda, olw'okukkiriza mu Kristo, bakyabeera mu nsi eyagwa era bakwatibwako obubi obubeetoolodde. Singa Katonda yakuuma abaana be okuva mu bizibu byonna n'ebibi byonna, abantu bandibadde bakubirizibwa okuddukira gy'ali olw'obukakafu bw'obulamu obwangu. Ensonga eno yennyini ye yatandika ebyaliwo mu ggulu wakati wa Katonda ne Sitaani ku bikwata ku bulamu bwa Yobu.

> 9Awo Setaani n'addamu Mukama nti, "Yobu atiira bwereere Katonda? 10Tomusizaako lukomera okumwetooloola, ye n'ennyumba ye, ne byonna by'alina? Owadde omukisa byonna byakola, n'ebintu bye byaze mu nsi. 11Naye kaakano golola omukono gwo omuggyeko byonna by'alina, ajja ku kwegaanira mu maaso go." (Yobu 1:9–11)

Katonda yakkiriza Sitaani okugezesa okukkiriza kwa Yobu ng’ayita mu kufiirwa ebintu bye, abaana be, n’oluvannyuma obulamu bwe. Katonda Kitaffe ayagala era taleeta bubi mu bulamu bwaffe; kyokka, olw’ekigendererwa kye n’olw’obulungi bwaffe obw’enkomerero, atukkiriza okukwatibwako okugezesebwa. Yobu yeeyongera okwesiga Katonda mu kubonaabona kwe kwonna, era okukkakkana ng’alina enkolagana ey’oku lusegere n’Omutonzi we n’okuzzaawo emikisa mu bujjuvu.

Yobu yebuza ensonga lwaki Katonda yali amukkiriza okubonaabona. Katonda yali alangidde Yobu okuba omusajja omutuukirivu mu Yobu 2:3, n’olwekyo n’abuuza lwaki. Okumala essuula eziwerako, yabonaabona olw’ensonga eyamuleetera okugezesebwa. Katonda teyaddamu butereevu wabula yakyusa amaaso ga Yobu n’atunuulira amaanyi ge n’ekitiibwa kye, ebyolesebwa mu butonde. Okunoonya kwa Yobu kwatuuka ekiseera ne kumatizibwa okuyita mu kutegeera okusingawo ku bukulu bwa Katonda. Okufaananako Yobu, bwe tufuna ebigezo, tunoonya okunnyonnyola. Era bwe kityo bwe kiri ne ku bufumbo bwaffe n’okugezesebwa okulabika ng’okuzitoowerera ennyo. Ekimu ku bintu bingi bye tuyinza okuyigira ku Yobu kwe kuba nti *lwaki* kibuuzo kikyamu. Mu kifo ky’ekyo tusaanidde okubuuza Katonda *kiki*.

Kiki Ky’ogezaako Okunjigiriza?
Kiki ky’oyagala gyendi mu kiseera kino eky’okubonaabona?

> Omuntu yenna bw'akemebwanga, tayogeranga nti Katonda ye ankema, kubanga Katonda takemebwa na bubi, era ye yennyini takema muntu yenna. [14]Naye buli muntu akemebwa, ng'awalulwa okwegomba kwe ye n'asendebwasendebwa. (Yakobo 1:13–14)
>
> [1]Awo Yobu n'addamu Mukama ng'agamba nti:
> [2]Mmanyi nga ggwe oyinza byonna,
> Era nga tewali kigambo kye wateesa ekiyinza okuziyizibwa. . .. [5]Nnawuliranga buwulizi bye bakwogerangako,
> Naye kaakano nkulaba na maaso gange.” (Yakobo 42:1–2, 5)

Waliwo ekimu ku bitundu by’obulamu bwo ekisukka amaanyi ga Katonda, amagezi ge, oba obuyinza bwe? Lwaki oba lwaki nedda?

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

Mbeera ki mu bulamu bwo Katonda gye yali tamanyi nga bukyali nti ojja kwolekagana nayo?

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________

> *Mu oyo naffe mwe twafuukira abasika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akola byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe.* (Abaefeso 1:11)

How should you respond to disappointments, difficulties, suffering, and trials?
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________

Singa Katonda yali amanyi byonna ebyali bigenda okubaawo nga tetunnazaalibwa, kiba kitegeza nti, okuyita mu kumanya kwe okwasooka, twategekebwa dda okuyita mu kisa kye okubeera n'obulamu obwatuweebwa. Katonda takugira kugezesebwa oba bubi obutatukwatako, oba okulemesa okusalawo kwaffe okubi, naye asuubiza okukola byonna ku lw'obulungi mu bulamu bw'abo abeewaddeyo gy'ali.

> *Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi.* [29]*Kubanga abo bonna be yamanya edda, era yabaawula dda okufaananyizibwa n'engeri y'Omwana we, abeerenga omubereberye mu b'oluganda abangi.* (Abaruumi 8:28–29)

Oyinza okusalawo okukuuma obusungu eri abazadde abakumalamu amaanyi, omwagalawo mubufumbo eyakulekawo, mikwano gyo egyakulemesa, oba ddereeva atamidde n'atta omwagalwa wo. Oba tuyinza okussa okukkiriza kwaffe mu Katonda Omufuzi wa byona.

Bwe tujja eri Kristo, twesigisa Katonda n'enkomerero yaffe ey'olubeerera. Era tulina okumwesiga n'embeera zaffe ez'emabega n'ez'omu kiseera kino. Kristo asobola okutubudaabuda n'okutunyweza mu kugezesebwa kwaffe n'okutuyisamu era asobola okuggya ebirungi mu bubi. Okuyitira mu kukkiriza n'obuwulize bwaffe kwokka Katonda mw'asobola era ajja kutuwa emirembe n'okuleeta ettendo, n'ekitiibwa eri Mukama waffe Yesu Kristo.

Nnyonnyola ennyiriri zino kye zitegeeza n'engeri gye ziyinza okukozesebwa mu mbeera zo.

> [6]Obwo bwe mujagulizaamu, newakubadde nga mwanakuwazibwa mu kukemebwa okutali kumu akaseera akatono kaakano, oba nga kibagwanira, [7]okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe okusinga omuwendo ezaabu eggwaawo, newakubadde ng'egezebwa mu muliro, kulyoke kulabike okuleeta ettendo n'ekitiibwa n'okugulumizibwa Yesu Kristo bw'alibikkulibwa. (1 Peetero 1:6–7)

______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________

## Okugezesebwa Kwaffe N’ebibonyoobonyo Byaffe

Ekigambo kya Katonda kiyigiriza nti okugezesebwa n’ebibonyoobonyo kitundu ku bulamu bw’Ekikristaayo.

> *Ebyo mbibabuulidde, mube n'emirembe mu nze. Mu nsi mulina ennaku: naye mugume; nze mpangudde ensi.”* (Yokana 16:33)

Yesu atugamba nti tusobola okufuna emirembe era nti awangudde ensi, naye wakati mu kugezesebwa twebuuza nti, “Lwaki? Ekigendererwa kya Katonda kye ki?” Nga omulongoosa bw’ateeka zaabu atali mulongoose mu kibya n’ayongeramu ebbugumu okuleeta ebisasiro (obucaafu) ku ngulu, Katonda akkiriza abaana be abaagalwa okugenda mu kibya ky’okubonaabona okulongoosebwa n’okufuulibwa ekifaananyi ky’Omununuzi waffe, Yesu Kristo.

> *Alituula ng'oyo alongoosa effeeza n'agimalamu amasengere, era alirongoosa batabani ba Leevi, era alibasengejja ng'ezaabu n'effeeza; okutuusa lwe baliwaayo eri Mukama ebiweebwayo mu butuukirivu.* (Malaki 3:3)

Singa twesiga obulungi bwa Katonda n’ekigendererwa kye, emitima gyaffe gijja kujjula okwagala, essuubi, n’obwesige bwa Yesu Kristo. Abalala bajja kulaba obutuukirivu bwa Yesu Kristo nga bukolebwa mu ffe.

Ojjukira Abaruumi 8:28–29? Katonda tagamba nti ebintu *ebimu* bikolera wamu olw’eborungi, wabula *byonna*. Ekikulu kwe kukkiriza. Singa tusalawo okukkiriza ebisuubizo bya Katonda n’okumwesiga mu kugezesebwa kwaffe kwonna n’ebibonyoobonyo byaffe, tujja kuba bawanguzi, era Katonda ajja kugulumizibwa. Mu kitundu kino, “eri abo abaagala Katonda” kitegeeza abo abafunye Yesu nga Mukama era Omulokozi, nga muno mulimu okutegeera nti ekigendererwa kya Katonda mu bulamu buno kwe kutununula okuva mu maanyi g’ekibi, ekivvuunulwa okufuuka omuntu asobola okulonda obutuukirivu okusinga obubi, ekitiibwa kidire Katonda.

> *Naye Katonda yeebazibwe, atutwala bulijjo ng'abawanguzi mu Kristo, era naatukozesa okumumanyisa mu bantu bonna, ng'evvumbe erisaasanira wonna.*
> (2 Abakkolinso 2:14)

Oli mwetegefu okwesiga Katonda n'okugezesebwa n'okusoomoozebwa mu bulamu bwo? ___ Yee ___ Nedda

Oli mwetegefu okukkiriza Katonda okukyusa obulamu bwo ng'ayita mu kugezesebwa kuno? ___ Yee ___ Nedda

Oli mwetegefu okwesiga Katonda ng'okola okuyita mu bulumi n'okugezesebwa kuno mu bulamu bwo? ___ Yee ___ Nedda

Waliwo ebiseera, Yesu bw'ayogera, Katonda lw'atasobola kukuggyako kizikiza, naye mwesige. Katonda ajja kulabika nga owomukwano atalina kisa, naye si bwe kiri; Ajja kulabika nga Taata atafaayo, naye si bwaali; Ajja kulabika ng'omulamuzi atali mwenkanya, naye si bwe kiri. Kuuma endowooza engamba nti ebirowoozo bya Katonda bili emabega w'ebintu byonna mu ngeri ennywevu era ekula. Tewali kibaawo mu ngeri yonna okuggyako nga okwagala kwa Katonda kuli emabega waakyo, n'olwekyo osobola okuwummulira mu kwesiga okutuukiridde mu ye. —Oswald Chambers, *My Utmost for His Highes (Ekyange Ekisingayo eri Oyo Asinga Obukulu).*

### Omuwendo Gw'obutasonyiwa

Ebbanja bwe lisonyiyibwa, eddembe ly'okusasulwa liweebwayo. Ekigambo *okusonyiwa* kitegeeza butereevu *"okuwaayo."* Singa omuntu annumya ne mmusonyiwa, mpaayo eddembe okweyongera okunyiiga. Kino kimenya ebigo bingi ebivaako obuzibu mu nneewulira n'eby'omwoyo. Okusonyiwa omuntu kitegeeza okuwaayo ebituluma eri Katonda, okumuleka okubituggyako. Mu ngeri eno tuwaayo ebirowoozo byonna eby'obusungu bye tuyinza okuba nabyo ne tumalawo ebikolwa eby'okwesasuza.

Nga Katonda bw'atusonyiwa, naffe tusonyiwa omusango. Katonda alagira tusonyiwe abalala nga bwe yatusonyiwa. Ekigambo okusonyiwa kiva mu Lulatini, *perdonare*, ekitegeeza *"okuwaayo ku bwereere."* Okusonyiwa okwa nnamaddala tekusaanidde, era kwa bwereere. Si kifo kyaffe okusalawo eky'obwenkanya—tuyitibwa okusonyiwa. Mu Byawandiikibwa, okwerabira kitegeeza "okuvva ku amaanyi g'omuntu."

Bwe tugaana okusonyiwa, wabaawo omuwendo gwe tulina okusasula. Obutasonyiwa, obutayagala kuleka bisobyo bwe tukkiriza nti omuntu omulala atusobeza, kivaamu embeera embi ey'enneewulira. Ekisinga okubeerawo kwe kunyiiga, ekitegeeza "okuddamu okuwulira." Obusungu bunywerera ku bulumi obwayita, ne buddamu okubuwangaaza enfunda n'enfunda.

Obusungu, okufaananako okulonda ekikuta, bugaana ebiwundu byaffe eby’ebirowoozo okuwona.

> *mulabe waleme kubaawo omuntu yenna asubwa ekisa kya Katonda, era mwekuume "ekikolo kyonna eky'okukaawa" kiremenga okuloka mu mmwe, okugwagwawaza abangi;* (Abaebbulaniya 12:15)

Obukaawu bulinga ekikolo ekiwanvu ekisimbibwa mu mutima gw’omuntu, oluvannyuma ne kikula ne kibala ebibala. Kyokka, mu kifo ky’okuliisa abalala, ekibala kino ekikaawa kinoona n’abalala.

Abantu abasinga obungi tebakkiriza mangu nti batereka obutasonyiwa, obusungu, oba obukaawu kubanga bakitegeera ng’okwanukula oluvannyuma lw’okulumwa. Embeera yaabwe bagilaba ng’entuufu era banoonya abalala okuwuliriza okwemulugunya kwabwe oba okubasaasira. Abaefeso eyigiriza nti wajja kubaawo obukakafu obutagambika mu bulamu bw’omuntu ssekinnoomu nti omuti ogukaawa ogw’okunyiiga gukula munda mu mutima gwe.

> *Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna.* (Abaefeso 4:31 NASB)

Waliwo ku bino ebitera okubeerawo mu bulamu bwo?

- Amalala
- Okwefuula omutuukirivu
- Okwesaasira
- Okutaataaganyizibwa mu nneewulira
- Okweraliikirira, okusika omuguwa oba situleesi
- Ebizibu by'ebyobulamu
- Obuzibu mu kulya
- Okwekkiririzaamu mu ngeri etali nnungi
- Obutabeera na bwesige mu mukwano
- Obutabeera na mukwano mu bufumbo
- Obutakola bulungi mu by'okwegatta
- Okusala omusango oba okunenya abalala
- Entondo nga kyangu okunyiiga
- Obutabeera na mirembe oba essanyu
- Okuwulira ng'oli wala ne Yesu
- Okutya okukulembera ng'omwami
- Okutya okugoberera ng'omukyala

**FAYILO y'AMAZIMA**

*Ekiruyi*—Obusungu obw'amaanyi, obw'okwesasuza

*Obusungu*—Embeera y'ebirowoozo emanyiddwa olw'okweraliikirira n'okukola ku kusoomoozebwa kw'obulamu n'obunyiivu.

*Okwogera obubi*—Ebigambo ebitali bya kisa, okuvuma omuntu, okuleekaana, okuvvoola, okwonona erinnya ly'omuntu olw'amawulire amabi, okuvuma, okulimirira, n'okutyoboola erinnya lye.

*Obubi*—Enneewulira ez'obukyayi ze tukuza mu mitima gyaffe. Okwagala okulaba omulala ng'abonaabona oba okweyawula ku muntu oyo, nga tetwagala kukola ku kutabagana.

**Lwaki Osonyiwa?**

Ng'oggyeeko okusaanyizibwawo mu nneewulira n'embeera z'abantu okuva mu butasonyiwa, tubanjibwa okusonyiwa.

**Katonda akiragira.**

Okugondera Katonda si kya kwesalirawo. Okusalawo ddi lwe tunaagondera ebiragiro bye era ddi lwe tutaagondera ebiragiro bye kituleetera obulamu obutabala bibala, obutakola bulungi, era obugumba mu by'omwoyo.

> *Naye mwagalenga abalabe bammwe mubakolenga bulungi, mwazikenga nga temusuubira kubaddiza; n'empeera yammwe eriba nnyingi, nammwe muliba baana b'Oyo Ali waggulu ennyo: kubanga ye mulungi eri abateebaza n'ababi. 36Mube n'ekisa, nga Kitammwe bw'alina ekisa."* (Lukka 6:35–36)

> *Awo bwe munaayimiriranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe*. (Makko 11:25)

Mu kusonyiwa, twetikka ekifaananyi kya Yesu.

Ng’Abakristaayo, tuyitibwa okutwala erinnya lya Kristo mu nsi eyabula. Ekigambo *Omukristaayo* kitegeeza “Kristo omuto.” Kristo yayolesa okusonyiwa, n’ajja ku nsi kuno, n’afa okuteekawo okusonyiyibwa kw’abalina omusango, era n’alagira ekkanisa okulangirira okusonyiyibwa. Okusobola okwetikka ekifaananyi kye tulina okuba abeetegefu okusonyiwa abalala nga bw’atusonyiwa.

> *Awo Yesu n'agamba nti, “Kitange, basonyiwe; kubanga tebamanyi kye bakola.” Ne bagabana ebyambalo bye, nga bakuba akalulu*. (Lukka 23:34)

> *ayogera ng'abeera mu ye kimugwanira naye yennyini okutambulanga era nga ye bwe yatambula*. (1 Yokana 2:6)

Okusonyiwa kukomya obulumi, okunenya, n’ebigo.

Okusonyiwa kuleeta okuwona eri omuntu alumizibwa era kukola ng’eddagala eriwonya obutwa bw’obusungu. Kyokka tekukola ku nsonga zonna ez’okunenya n’obwenkanya wabula kutera okusuulirira ddala ensonga ezzo. Obulumi n’okunyiiga birekebwa Katonda, ate ng’okuwaayo okusonyiwa mu buwulize kireeta eddembe era kisobozesa omuntu okutandika obuggya mu mukwano.

Amazima gano galagiddwa mu bulamu bwa Yusufu, obusangibwa mu Olubereberye 37–45. Baganda be ba mulyamu olukwe n’atundibwa mu buddu, yagaana okukkiriza ekikolo ky’obusungu okumera mu bulamu bwe. Oluvannyuma lw’emyaka nga baawukanye, famire ye bweyadamu okusisinkana, Yusufu yawa obujulizi ku mulimu Katonda kwe yali akoze mu bulamu bwe ng’ayita mu kusonyiwa, nga lyolesebwa amannya ga batabani be.

51Yusufu n'atuuma omwana omubereberye erinnya Manase; eritegeeza nti, “Katonda anneerabizza ennaku yange yonna.” 52N'ow'okubiri n'amutuuma erinnya Efulayimu; eritegeeza nti, “Katonda anjalizza mu nsi ey'okubonaabona kwange.” (Olubereberye 41:51–52 NASB)

Mu kitundu kino, okwerabira tekitegeeza kulekera awo kujjukira. Kitegeeza “okuleka,” oba okulekera awo okukiriza obulumi okufuga obulamu obuliwo kati. Okubala ebibala kwa Yusufu kwalina akakwate butereevu n’okussa obwesige bwe mu bufuzi bwa Katonda n’okusonyiwa abalala. Mu kifo ky’okukubisaamu okulumwa kwe ng’akuwulira enfunda n’enfunda (okunyiiga), Yusufu yasalawo okwesiga Katonda ng’omulabirizi w’ebintu byonna ebibaawo mu bulamu bwe.

Obutasonyiwa kutusibira mu biseera eby’emabega era ne kusiba obusobozi bwonna obw’obulamu obuvaamu ebibala.

Emyaka Yusufu gye yamala mu Misiri, yakkiriza Katonda okuwonya omutima ogwali gumenyeddwa baganda be bennyini. Oluvannyuma, bwe yaweebwa omukisa, yayolesa okuwona kwe ng'ayita mu bikolwa eby'okwagala, okusonyiwa, n'ekisa eri baganda be.

> [5]*Ne kaakano temunakuwala, so temwesunguwalira, kubanga mwantunda muno; kubanga Katonda ye yankulembeza okubawonya mmwe mu kufa.* [6]*Enjala yaakamala mu nsi emyaka ebiri; ate ekyasigaddeyo etaano, gye batagenda kulimiramu newakubadde okukungula.* [15] *Yusufu n'anywegera baganda be bonna, nga bw'akaaba amaziga; n'oluvannyuma baganda be ne banyumya naye*. (Olubereberye 45:5, 6, 15)

Tewaaliwo kunenya era tewaaliwo kunnyonnyola kwetaagibwa, eddoboozi lyokka ery'okusaasira n'okusonyiwa. Ekkubo lyaggulwawo Yusufu ne baganda be okuddamu okukolagana batandike omukwano omupya.

> *Bwatyo mu mirembe egigenda okujja alyoke alage obugagga obusinga ennyo obw'ekisa kye mu bulungi obuli gyetuli mu Kristo Yesu* (Abaefeso 2:7 NASB)

Okusonyiwa kuleeta eddembe eri bonna abakwatibwako. Katonda yasumulula Yusufu, naye baganda be bandibadde batwala ennaku yaabwe mu ntaana singa Yusufu teyabasonyiwa. Tusonyiwa kubanga Katonda atusonyiwa mu Kristo. Okusonyiwa okwo kwe kumu, okutasaana era okutali kokolere, okutubanjibwa abalala. Kiwummuza omugugu ogw'okunyigiriza gwe tumanyi ng'okwesalira omusango.

Singa Yesu teyalaga kisa n'okusonyiwa aboonoonyi, ffenna twandibaddewo emirembe gyonna mu muguwa gwo kusalirwa omusango. Yatwala ekigere ekisoka okujja gye tuli, ekyatusobozesa okutabagana naye.

### Okutabagana

Okutabagana kwe kuggyawo obulabe, okugonjoola enkaayana. Kitegeeza nti enjuyi ezitabagana edda zaali za bulabe oba nga zaayawukana. Okutabagana kwonna okutuuse ku buwanguzi kujja kuwerekerwako ekisa n'emirembe okusinga obusungu n'obutabanguko.

> FAYILO y'AMAZIMA
> *Okutabaganya*— Okuzzaawo enkolagana entuufu, okugonjoola oba okumulawo obutakkaanya.

> *Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna,* [32]*era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo* (Abaefeso 4:31–32)

Okutabagana kulina okunoonyezebwa ab'omu maka n'abakkiriza abalala mu bulamu bwaffe. Mu nkolagana yaffe yonna ebweru w'embeera y'afamire zaaffe, ensalo ezissa ekitiibwa n'okukuuma omukwano omulungi kikulu.

Naye waliwo ebisera oba embeera ezimu nga okutabagana tekyetaagisa, nga tekusoboka, oba n'okwetaagibwa, gamba ng'omuzadde atulugunya oba eyali omwagalwa wo oba omuntu yena eyakulumya oba omwagalwa wo (omulisa mmanyi, omutamiivu eyakosa oba eyatta omuntu wo, omusomesa oba omutendesi omukadde eyakukosa mu bigambo, n'ebirala).

Ebyawandiikibwa bitulagira okuggyawo obusungu bwonna, okubeera ab'ekisa, ab'omutima omugonvu, era abasonyiwa.

Tuggyawo tutya obukaawu?

____________________________________________________________________
____________________________________________________________________
____________________________________________________________________

Tutabagana tutya n'omuntu gwe twanyiiza?

____________________________________________________________________
____________________________________________________________________
____________________________________________________________________

Tuddaabiriza tutya obulumi bwe tutuusizza ku balala?

____________________________________________________________________
____________________________________________________________________
____________________________________________________________________

Tusonyiwa tutya omuntu atunyiizizza?

____________________________________________________________________
____________________________________________________________________
____________________________________________________________________

Tuyinza tutya okukyusa enneewulira yaffe ku kibi ekikoleddwa?

____________________________________________________________________
____________________________________________________________________
____________________________________________________________________

**Bwoba Weetaaga Okusonyiyibwa**

Ng'ekikolwa ky'okualawo kwo, olina okukola ebintu bina.

Okusooka okwatula ekibi kyo eri Katonda, musabe akusonyiwe, era saba Omwoyo we Omutukuvu ajjuze omutima gwo okwagala kwe.

> [1]*Wa mukisa oyo asonyiyiddwa ekyonoono, n'aggyibwako ekibi kye. . ..*
> [3]*Bwe nnasirikiranga ekibi kyange,*
> *naggweeramu ddala amaanyi,*
> *Olw'okukaaba kwange obudde okuziba.*
> [4]*Kubanga wambonerezanga emisana n'ekiro,*
> *Amaanyi gange ne ganzigweramu ddala ng'amazzi bwe gakalira mu kyeya.*
> *(Seera)*
> [5]*Ne nkwatulira ekibi kyange, n'obutali butuukirivu bwange ne ssibukweka*. (Zabbuli 32:1, 3–5)

> *Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu*. (1 Yokana 1:9)

> Ebuvanjuba n'ebugwanjuba bwe biri ewala,
> Bw'atyo bw'atuggyako ebyonoono byaffe, ne bitubeera wala (Zabbuli 103:12)

Twala akaseera kano okaabirire Katonda. Musabe akusonyiwe, akujjuze Omwoyo we Omutukuvu, era akunyweze okugondera.

Katonda yekka yasonyiwa ebibi. Asonyiwa era yeerabira. Olw’okukkiriza, kkiriza okusonyiyibwa kwa Katonda okujjuvu n’okutukuzibwa.

Okusonyiwa si nneewulira. . .. Okusonyiwa kikolwa kya kwagala, era ememe esobola okukola awatali kulowooza ku bbugumu ly’omutima. —Corrie ten Boom

Ekyokubiri, bwe kiba kisoboka, genda eri abo be wasobya, mu bwetoowaze obatulire, era obasabe okusonyiyibwa.

> *Kale, bw'obanga oleese ssaddaaka yo ku kyoto, bw'osinzira eyo n'omala ojjukira nga muganda wo akuliko ekigambo ky'akwemulugunyiza,* [24]*leka awo ssaddaaka yo mu maaso g'ekyoto, oddeyo, osooke omale okutagabana ne muganda wo, olyoke okomewo oweeyo ssaddaaka yo.* (Matayo 5:23–24)

Wandiika okweyama kwo okugondera Matayo 5:23–24.

___

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

Wandiika amannya n'okunnyonnyola mu bufunze ebyo byewetaaga okwogerwa okusobola okusonyiyibwa.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

Ebigambo mukaaga ebisinga amaanyi mu lulimi Olungereza bye bino, "nnali mukyamu. Bambi nsaba onsonyiwe."

Toleka biwugulaza oba ebiziyiza ebirala kulwawo kikolwa kino eky'obuwulize. Gabana okusalawo kwo ne mukwano gwo Omukristaayo eyeesigika, omusabe okusaba naawe era akubanje okuvunaanibwa okugoberera obweyamo buno. Kirungi okunoonya okusonyiyibwa maaso ku maaso. Wabula olw'ebitagisa mu nteekateeka oba okulwanagana okuyinza okubaawo, oyinza okwetaaga okuwuliziganya ku ssimu oba mu buwandiike. Omuntu gw'osobezza bw'aba yafa, genda eri Katonda n'okwatula kwo.

Ekyokusatu, Twala ekiseera buli lunaku ne Mukama mu kigambo kye ne mu kusaba.

Ekimu ku bintu ebingi ebibi ebiva mu butanoonya oba okuwa okusonyiwa kwe kulemesebwa mu nkolagana ne Katonda. Mukama mutendereze nti tatuvaako wadde okutuleka, naye emitima gyaffe gyennyini giyinza okunnyogoga ne gibeera ewala, bwe kityo ne kikosa enkolagana yaffe ey'oku lusegere naye. Katonda yateekateeka ekivvamu kino okutukubiriza okusonyiwa.

> *Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako* (Matayo 6:33)

Wandiika okusalawo kwo okumala obudde ne Katonda buli lunaku ng'osoma Ekigambo kye ne mu kusaba n'okufumiitiriza.

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

Eky'okuna, fumiitiriza ku makulu g'omusaalaba ne ssaddaaka Yesu gye yawaayo olw'ebibi byo.

> *Kubanga era naffe edda twali basirusiru, abatawulira, abalimbibwa, nga tuli baddu ba buli kwegomba okubi, n'ebinyumu ebitali bimu, nga tuli ba ttima era ab'obuggya, nga tukyayibwa abantu era nga tukyawagana ffekka na ffekka. 4Naye obulungi n'okwagala okw'ekisa okwa Katonda Omulokozi waffe bwe byalabika*, (Titos 3:3–5)

Twala akaseera kati okwebaza Yesu olw'ebyo byonna by'akukoledde, olw'okukusonyiwa ebibi byo byonna, olw'enteekateeka ye etuukiridde ey'okukukyusa mu kifaananyi kye, n'olw'ekirabo ky'Omwoyo we Omutukuvu.

**Bw'oba Weetaaga Okusonyiwa**

Ng'ekikolwa ky'okusalawo, olina okukola ebintu bibiri.

Okusooka, saba Katonda amaanyi okugondera n'okusonyiwa.

> *Yesu n'addamu n'abagamba nti, "Mazima mbagamba nti Bwe munaabanga n'okukkiriza, nga temubuusabuusa, temuukolenga kino kyokka eky'omutiini, naye bwe muligamba olusozi luno nti Situlibwa osuulibwe mu nnyanja, kirikolebwa* (Matayo 21:21)

Katonda yatusuubiza okutuwa amaanyi okujjawo ensozi. Luno luyinza okuba nga lwe lusozi lwo olwa Everest!

> Buli lwe nneeraba mu maaso ga Katonda ne ntegeera ekintu ku Mukama wange ow'omukisa by'ankoledde e Kalvario, mba mwetegefu okusonyiwa omuntu yenna ekintu kyonna, sisobola kukiziyiza. Saagala na kukiziyiza—Dr. Martyn Lloyd-Jones

Tukimanyi nti Katonda ayagala tusonyiwe abalala. Beera mukakafu nti bw'onoosaba amaanyi gano, gajja kuwebwa.

Ekyokubiri, tegeeza omuntu oyo oba abantu abo okusonyiwa kwo.

> *Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira.* (1 Yokana 5:14)
> *Kale bwe kityo tugobererenga eby'emirembe, n'eby'okuzimbagananga fekka na fekka.* (Abaruumi 14:19)

**Okwagala Okutabagana**

Mu Matayo, Mukama waffe Yesu yabuuzibwa ekibuuzo ekikulu. "Omuyigiriza, etteeka ki erisinga obukulu mu mateeka?" (Matayo 22:36). Eky'okuddamu kye kyalaga amazima amakulu: 37Yesu n'amuddamu nti, "Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna. Kino kye kiragiro ekikulu eky'olubereberye. N'eky'okubiri ekikifaanana kye kino nti Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Mu biragiro bino byombi amateeka gonna mwe gasinziira, era ne bannabbi. (Matayo 22:37–40). Yesu yennyini yagamba nti okwagala kwaffe eri abalala kikulu kyenkanyi n'okwagala kwaffe gy'ali.

Twagala Katonda atusonyiwe, era kino tukisaba buli kiseera era ne twesigama ku kyo. Katonda atulaga okwagala kwe, era tulina okuddamu nga tusooka kumwagala ate oluvannyuma ne twagala abalala. Olunyiriri luno terukubiriza kwagala okwanditutadde mu kukontana n'okwegomba kwa Katonda oba by'ayagala gye tuli, naye lugamba nti okwagala kwonna kwe tulaga eri abalala kulina okuba mu buwanvu bw'okumugondera. Tetulina kussa kwegomba kwaffe oba okwagala okumatiza abalala okusinga obuwulize bwaffe eri Katonda.

> *naye nange mbagamba nti buli muntu asunguwalira muganda we, aba azizza omusango; n'oyo anaagambanga muganda we nti Laka, asaanidde okutwalibwa mu lukiiko, ate anaagambanga muganda nti, 'Musirusiru,' asaanidde okusuulibwa mu muliro gwa Ggeyeena.* (Matayo 5:22)

Ka twongere okutuleeta okutegeera ku bigambo ebiri mu lunyiriri luno. 'Okusunguwalira muganda we' kitegeeza okuyisa omuntu mu birowoozo, mu bigambo, oba mu bikolwa mu ngeri etalaga kwagala. N'abakkiriza bayisa abaagalwa baabwe mu ngeri etali yakwagalwa era ne beekwasa okusinga okunoonya okutabagana.

Ekigambo *Laka* kitegeeza "okunyooma omuntu, okumusalira omusango, oba okumukkiriza nti talina mugaso oba mutono okusinga ggwe mu ngeri emu." Ekigambo *omusirusiru* kitegeeza "oyo atalina mugaso mu mpisa era atagwanidde kulokolebwa." Bino misango gya maanyi abakkiriza bangi gye baluubirira abalala olw'ensonga emu oba endala. Mukama agamba nti, "*kubanga mwagulibwa na muwendo, kale mugulumizenga Katonda mu mubiri gwammwe, egya Katonda*" (1 Abakkolinso 6:20).

Tulina okugulumiza oba okwoleka Kristo eri bonna awatali kutaliza. Ebirowoozo oba enneeyisa eri abalala ezitali za kwagala oba ezitali za Kristo sizakwekwasa era zeetaaga okwenenya eri Katonda n'omuntu oyo.

> *Kale, bw'obanga oleese ssaddaaka yo ku kyoto, bw'osinzira eyo n'omala ojjukira nga muganda wo akuliko ekigambo ky'akwemulugunyiza,* [24]*leka awo ssaddaaka yo mu maaso g'ekyoto, oddeyo, osooke omale okutagabana ne muganda wo, olyoke okomewo oweeyo ssaddaaka yo.* (Matayo 5:23–24)

Tugenda ddi ku kyoto? Kino kitegeeza okussa ekimu kwaffe ne Yesu, ebiseera byaffe mu kusaba n’okwebaza n’okumusaba mukwegayirira, ebikolwa byaffe ebya buli lunaku eby’okwewaayo n’okwagala okubeera mu ye.

> *Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola.* (Yokana 15:5)

*Okubeera* kitegeeza “okubeera naye, okubeera mu kutegeera buli kiseera nti ndi yeekaalu y’Omwoyo Omutukuvu.” Era kigamba nti bwe tunaakikola, tujja kubala ebibala bingi; kubanga awatali kisa kye tetusobola kukola kintu kyonna. Okugenda ku kyoto kitegeeza okussa ekimu ne Yesu n’obusobozi bwaffe okufuna ekisa ekyetaagisa okubala ebibala n’okugondera by’ayagala.

### Okwekebejja Obulamubwo

Bwe tubanjibwa omuntu okusonyiyibwa, oba nga ya kisabye oba nga ffe abakisazewo, Katonda agamba nti kino tulina okusooka okukirongoosa nga tetunnasuubira mukisa gwe n’ekisa kye. Birabo ki eby’okuleeta mu Matayo 5:23? Okuleeta ssaddaaka mu yeekaalu yali nkola ya bulijjo eri Abayudaaya ng’ekitundu ky’okutangirira ebibi byabwe. Ebirabo byaffe leero kwe kutendereza, okumuwa ekimu eky’ekkumi, okusinza, okugondera Mukama n’okumuweereza. Naye Yesu yagamba nti tajja kufuna birabo bino singa waliwo omuntu yenna akubanja okutabagana.

> *Samwiri n'ayogera nti, "Mukama asanyukira ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka okwenkana nga bw'asanyukira okugondera eddoboozi lye? Laba, okugonda kusinga ssaddaaka obulungi, n'okuwulira kusinga amasavu g'endiga ennume.* (1 Samwiri 15:22)

Okuweereza Katonda n’okukolera Katonda tebijja kutereeza kizibu kino. Tukubirizibwa okwekebejja obulamu bwaffe nga tetunnakwata kussembera ku mmeeza Ya Mukama waffe.

> [26]*Kubanga buli lwe munaalyanga ku mugaati guno ne lwe munaanywanga ku kikompe, munaayolesanga okufa kwa Mukama waffe okutuusa lw'alijja.* [27]*Kyanaavanga azza omusango ogw'omubiri n'omusaayi gwa Mukama waffe buli anaalyanga ku mugaati oba anaanywanga ku kikompe kya Mukama waffe nga*

*tasaanidde. [28]Naye omuntu yeekeberenga yekka alyoke alyenga ku mugaati bw'atyo, era anywenga ne ku kikompe. [29]Kubanga buli alya era anywa nga tategeera makulu ga mubiri, aba yeesalira yekka omusango okumusinga. [30]Mu mmwe kyemuvudde mubeeramu abangi abanafu n'abalwadde, era bangi na bafudde. [31]Naye singa tusooka okwesalira omusango fekka, tetwandisaliddwa musango. [32]Naye Mukama bwa tusalira omusango, atukangavvula, tuleme okusingibwa omusango awamu n'ensi.* (1 Abakkolinso 11:26–32)

Emirundi emeka Abakristaayo gye basembera nga tebasoose kwekenneenya mitima gyabwe okulaba oba baba bakuumye obusungu oba nga baakosa omuntu ne bateenenya oba nga tebategese kutabagana?

> **FAYILO yÁMAZIMA**
> *Okutabagana*— Okutereeza ebintu; okukyusa enneewulira oba endowooza y'omuntu eri omulala; oba okusasula ebbanja eribanjibwa.

*Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwagalananga; kubanga ayagala muntu munne, ng'atuukirizza amateeka*. (Abaruumi 13:8)

**Ebbanja Eribanjibwa**.

Ng'Abakristaayo tulina ebbanja lye tulina okusasula Katonda yennyini ly'agamba nti tulina okusasula abalala: okubaagala mu birowoozo, mu bigambo, ne mu bikolwa. Kuno kw'ogatta n'okusonyiwa abo abatulumya. Abakristaayo bangi bakuuma obukaawu, obusungu oba obutasonyiwa omuntu era ne balaga obutuufu bw'enneewulira zino kubanga omuntu ono tannasasulira nsobi ye oba okutwala obuvunaanyizibwa ku nneeyisa ye. Naye tujja kulumizibwa abalala, n'abo abateekeddwa okutwagala, oba mu butamanya oba mu bugenderevu.

Ekigambo *sonyiwa* kigambo kikozi—kikolwa. Katonda akozesa Ekigambo kye okwogera naawe mu kiseera kino, ng'abikkula amazima ageetaagisa okukola. Okusonyiwa si kyangu. Kiyinza okuyamba okunoonya obuwagizi n'obuvunaanyizibwa bw'Omukristaayo akuze mu by'omwoyo okukukubiriza okulaba nti otukuriza akikolwa kino.

Wandiika okweyama kwo okusonyiwa omuntu oba abantu oba okusaba okusonyiyibwa olw'ebyo Katonda bye yakubikkulira. Weewe nsalesale gy'olina otukuriza akikolwa kino.

________________________________________________________________
________________________________________________________________
________________________________________________________________
________________________________________________________________
________________________________________________________________
________________________________________________________________

*"Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe, nammwe Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga."* (Matayo 6:14)

Mu mbeera ezimu, olw'onteekateeka eyetagisa, ssente z'entambula, obukuumi gy'oli, oba obusobozi bw'omuntu omulala okusirika ekiseera ekimala okukuleka okwogera ky'olina okwogera, ebbaluwa, email, obubaka bw'okusimu oba okukuba essimu ziyinza okuba emikutu egisinga obulungi.

### Byolina Okujjukira Mu By'Empuliziganya

Ensonga zino zikuume mu birowoozo ng'oyogera oba ng'owuliziganya mu buwandiike.

1. Kino okikola olw'okugondera Kitaawo ow'omu ggulu, akwagala era akufaako.
2. Ayagala ove mu buddu n'okunyigirizibwa kw'obadde oyitamu nga kiva ku butasonyiwa.
3. Teweetaaga kunyonyola buli kantu akalaga nti bakusobya.
4. Emirundi mingi naddala ng'asonyiwa omwagalwa wo mubufumbo, ayinza obutamanya ky'akoze okukulumya.
5. Towaliriza balala kukkiriza misango gyabwe.
6. Katonda akuyise okumugondera, so si kubeera munnamateeka avunaana, omulamuzi, oba okugezaako okubaleetera okwatula nti bye baakola bikyamu.
7. Kikuume nga kimpi.
8. Emirundi mingi, olw'enneewulira ey'amaanyi, tusobola okwesanga nga twogedde ebintu bye tutagenderera kwogera ne tutyoboola ekigendererwa ky'olukiiko, emboozi, oba ebbaluwa.
9. N'ekisembayo (bwe kiba nga kituufu), saba okusonyiyibwa olw'okubasibira obusungu.
10. Jjukira nti bayinza okuba nga byebaakola byali bikyamu era nga binyiiza, naye obukaawu n'obutasonyiwa kyenkanyi bikyamu.

*ku lunaku olwo, okusinziira ku njiri yange, Katonda asala omusango gw'ebyama by'abantu ku bwa Yesu Kristo.* (Abaruumi 2:16)

*Kyova olema okubeera n'eky'okuwoza, ggwe omuntu, kyonna kyoli, bw'osalira omulala omusango; kubanga mu kusalira abalala omusango, naawe oba ogwesalidde okukusinga; kuba bo bye bakola, naawe agusala by'okolera ddala*. (Romans 2:1)

Ekigero kye nsobola era kye ndi omwetegefu okusonyiwa abalala kiraga bulungi ekigero nze kennyini kye nnalaba Katonda Kitange okunsonyiwa. —**Phillip Keller**

**Okukuuma Obweyamo Bwo obw'Okusonyiwa**

Oyinza okusanga olutalo wakati w'Omwoyo n'omubiri ng'omaze okusaba okusonyiyibwa oba okusonyiwa omuntu omulala.

> [22]Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza, [23]obuwombeefu, okwegendereza: ku biri ng'ebyo tewali mateeka. [24]N'abo aba Kristo Yesu baakomerera omubiri wamu n'omululu gwagwo n'okwegomba kwagwo.
> [25]Bwe tuba abalamu ku bw'Omwoyo, era tutambulenga ku bw'Omwoyo. 26Tuleme okwenyumiririzanga obwereere, nga twesunguwaza fekka na fekka, nga tetukwatibwa buggya fekka na fekka. (Galatians 5:22–26)

Obumanyirivu bw'okusonyiwa bujja kukukyusa ne bokolagana n'aabo okumala ekiseera. Katonda afunye obuwanguzi obw'amaanyi mu bulamu bwo, okukutuusa mu kifo kino eky'okwewaayo n'obuwulize. Naye eno ntandikwa yokka. Kati olina okufuba okulaba nti oyita mu nkyukakyuka ezeetaagisa. Kino kijja kwetaagisa okunoonya Katonda buli lunaku olw'amaanyi ge okweyongerayo mu kkubo lyo ery'okusaasira n'okukwatibwa ekisa.

Ng'ekyokulabirako, oyinza okuba nga wasonyiwa omuzadde olw'okuba omukambwe era nga takwagala nnyo era n'omusaba akusonyiwe olw'okukuuma obusungu. Naye bayinza okweyongera okuba abakambwe era nga tebalina kwagala. Mubuntu oyinza okwagala okweyisa mu ngeri gye weeyisaamu edda. Katonda ajja kuba mwesigwa okubaala ebibala bye mu bulamu bwo nga bwewewaayo gy'ali buli kisera.

> *[12]Kubanga tetumeggana na musaayi na mubiri, wabula n'abaamasaza, n'ab'obuyinza, n'abafuga ensi ab'omu kizikiza kino, n'emyoyo egy'obubi mu bifo ebya waggulu.* (Abaefeso 6:12)

Olina okukijjukira nti obuwulize bwo mu kusonyiwa tebwagenderera nti munno (oba omuntu omulala) an'akyuka. Bwebewaayo eri Mukama, bajja kulaba ekisa kya Katonda, okuwonyezebwa, n'obusobozi bw'okukyuka. Katonda yekka y'asobola okukyusa emitima gyaffe n'okuzza obuggya ebirowoozo byaffe, naye kijja kubaawo nga *twewaayo* gy'ali.

Tuli mu lutalo olw'omwoyo buli lunaku. Omulabe, Sitaani, tayagala ogondera Katonda oba obeere n'obuwanguzi ku kibi ne ku bukosefu. Ajja kulumba ebirowoozo byo n'ebijjukizo, ebirowoozo ebibi, obulimba, ebikemo, n'okusalirwa omusango. Olina okwefuga mu birowoozo n'okujjukira kiki n'ani gw'olwanyisa!

Musunguwalenga so temwonoonanga, enjuba eremenga okugwa nga mukyalina obusungu, Zab 4:4, Yak 1:19,20 [27]so temuwanga bbanga Setaani. (Abaefeso 4:26–27)

Eno y'ensonga entuufu gye tubeeramu. Sitaani tayagala kufirwa mu bulamu bwo. Ayagala okukunyagulula emirembe n'essanyu lya Katonda.

**Okuzikiriza kwa Sitaani**

Lekera awo okuwa sitaani emikisa okukola okuzikirizibwa kwe mu bulamu bwo. Gezesa buli kirowoozo ekiyingira mu birowoozo byo n'Ekigambo kya Katonda olabe oba kiva gy'ali, mu mubiri gwo, oba kiva wa Mulabe.

> [3]*Kuba newakubadde nga tutambulira mu mubiri, tetulwana kugobereranga mubiri,* [4]*kubanga eby'okulwanyisa eby'entalo zaffe si bya mubiri, naye birina amaanyi agava eri Katonda olw'okusaanyawo ebigo.* [5]*Tusaanyaawo empaka na buli kintu ekigulumivu ekikulumbazibwa okulwana n'okutegeera kwa Katonda, era nga tujeemulula buli kirowoozo okugondera Kristo.* [6]*Tweteeseteese okubonereza obutagonda bwonna, okugonda kwammwe lwe kulituukirira.* (2 Abakkolinso 10:3–6)
>
> Eky'enkomerero, ab'oluganda, oba nga waliwo eby'amazima byonna, ebisaanira ekitiibwa byonna, eby'obutuukirivu byonna, ebirongoofu byonna, ebyagalibwa byonna, ebisiimibwa byonna; oba nga waliwo obulungi, era oba nga waliwo ettendo, ebyo mubirowoozenga. (Abafiripi 4:8)

Saba mu buli kukemebwa, ng'osaba amaanyi ga Katonda okukola by'ayagala.

> *Towangulwanga bubi, naye wangulanga obubi olw'obulungi.* (Abaruumi 12:21)
>
> *Era Katonda ow'okusuubirwa abajjuze mmwe essanyu lyonna n'emirembe olw'okukkiriza, mmwe musukkirirenga mu kusuubira, mu maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu*. (Abaruumi 15:13)

Ziyiza era nnenya sitaani mu linnya lya Yesu. Lwaana!

> *Olaba ne Mikaeri, malayika omukulu, bwe yali akaayana ne Setaani ku mubiri gwa Musa, teyayaŋŋaanga ku muvuma, naye yagamba nti, "Mukama akunenye."* (Yuda 1:9)

*Kale mwewombeekenga wansi w'omukono ogw'amaanyi ogwa Katonda. . . Musindiikiririzenga ku ye okweraliikirira kwammwe kwonna, kubanga ye ateeka ku mwoyo ebigambo byammwe… omulabe wammwe Setaani atambulatambula, ng'empologoma ewuluguma, ng'anoonya gw'anaalya. Oyo mumuziyizenga nga muli banywevu mu kukkiriza kwammwe.* (1 Peter 5:6–9)

10nkisonyiye ku lwammwe mu maaso ga Kristo. 11Setaani alemenga kutwekulumbalizaako; kubanga tetuli ng'abatategeera nkwe ze. (2 Abakkolinso 2:10–11)

Katonda ayagala obeere muwanguzi. Beera mwegendereza obukodyo bwa sitaani. Obutasonyiwa bwe bumu ku bukodyo bwe obw’amaanyi obw’okutukuumira mu buddu. Yesu yalaga obukulu bw’okukozesa Ebyawandiikibwa okulwanyisa obulimba bwa Sitaani. (Matayo 4:4, 7, 10).

Teekawo enteekateeka yebyo byogenda okukola ng’okozesa ezimu ku nnyiriri waggulu, oba ennyiriri ennyingi mu ssomo lino, okulwanyisa ebirowoozo ebitali bya Baibuli n’okuteeka ebirowoozo byo ku ndowooza ya Katonda. Wandiika olunyiriri ku kaadi era olukwate mu mutwe ng’otambula ne kaadi eyo era ng’ogyekenneenya ku makya n’ekiro. Weeyongere okugatta ku bikozesebwa byo eby’obuwanguzi ng’okwata ennyiriri mu mutwe. Nga bw’osabira mu bywandikibwa n’okubikwata mu mutwe, oba okwese Ekigambo kya Katonda mu mutima gwo (Zabuli 119:11). Buno bujja kuba buwanguzi bwo.

Jjuliza Ebyawandiikibwa okudda mu kifo ky’ebirowoozo ebibi, okunyweza amazima ga Katonda, era yanukula Omulabe nga Yesu bwe yakola. Sitaani bwe yaleetera Yesu eby’obulimba, yagamba nti, “Kyawandiikibwa” (Matayo 4:4, 7), era n’ajuliza Ebyawandiikibwa. Naffe tulina okukola bwe tutyo. Amazima gajja kufuga bulijjo.

### Okuteekawo Ensalo

Oyinza okwetaaga okuteekawo ensalo. Okusaba okusonyiyibwa oba okusonyiwa omulala tekiwa muntu oyo ddembe kukuyisa mu ngeri etyoboola ekitibwa kyo oba okuba okukakambuwalira.

Singa maama wo yali mukambwe oba ng’akukozesa obubi ng’okula n’asigala nga okuyisa bwatyo ng’omaze okusenguka, olina okuteekawo ensalo mu mukwano gwammwe (oluvannyuma lw’okumusonyiwa). Mubwewonbefu munnyonnyole nti oyagala omukwano naye naye olina okussaawo ensalo obutakulumya. Oboolyawo oyinza okugattako nti, “Maama, weetaaga okwogera nange mu ngeri ey’okwagala, era nsuubiza okukukola kye kimu. Singa omu ku ffe ayogera ekintu ekitali kya kisa, tulina okulaga nti omu okuffe akoseza munne. Oba

bwe tuba twagala obutayogera ku nsonga emu, tulina okussa ekitiibwa mu ekyo. Singa ensalo ezo tezissibwamu kitiibwa, olwo nja kumaliriza okukubaganya ebirowoozo. Maama, engeri yokka gye tuyinza okumanya mu butuufu nti twagala okubeera n'omukwano y'engeri gye twagalanamu n'okuwangana ekitiibwa."

**Abatasobodde Kutabagana**

Oluusi tekisoboka kutabagana. Omuntu gw'olina okusonyiwa bw'aba afudde oba nga tayagala kutabagana, okyayinza okumusonyiwa.

Obukaawu mu mutima gw'omuntu buwangaala oluvannyuma lw'ekiseera ekiwanvu ng'ekintu eky'avako bukaawu kifudde. Kikulu okutwala okusonyiwa ng'eddagala ery'amaanyi eriwonya emmeeme y'omuntu okuva mu embeera z'abantu ezitali nnungi. Bw'osalawo okwesiga Katonda n'ofuna "eddagala" lino, Katonda ajja kuleeta okuwona era n'okujjuza ebituli ebyo mu mwoyo gwo. Okufa kw'oyo asobezza tekufuula Kigambo kya Katonda obutaliimu.

Kyo kituufu nti okusonyiwa mu Baibuli kyetaagisa okubaako kye tukola. Tulina okukola ekisingawo ku kukkiriziganya mu birowoozo oba mu mitima gyaffe nti tusaanidde okusonyiwa. Bayibuli tetulagira kuwulira buwulizi ng'abaagala okusonyiwa. Tulina okussa munkola okwagala kwaffe n'okugoberera ebikolwa byaffe

Olina okutandika n'okwatula eri Mukama. Kiyamba nnyo singa oyogera okwatula kwo mu ddoboozi ery'omwanguka era n'oyogera mu bigambo okusonyiwa omugenzi mu maaso ga mukwano gwo gwe weesiga, munno mu bufumbo, omusumba oba omubuulirizi.

> FAYILO y'AMAZIMA
> Yatula *—Okukkiriza oba okulaga ekikolwa ky'omuntu ekibi, ensobi, oba ekibi kye.*

**Obuvunaanyizibwa Bwo**

Ovunaanyizibwa ku kitundu kyo kyokka eky'okutabagana. Kebeere ndowozaki munno gy'alina (oba omuntu omulala), olina okugondera Katonda ng'osaba okusonyiyibwa n'okusonyiwa. Singa bagaana okukusonyiwa, oba ne batakkiriza nsobi yaabwe gy'oli, Katonda ajja kukuwa omukisa olw'obuwulize bwo n'okufuka emirembe gye, ekisa kye, n'okusaasira kwe ku bulamu bwo. Ojja kufuna eddembe lye okuva mu buddu.

Tosobola kuteeka kintu kyonna ky'osuubira oba ekyetaagisa ku munno. Byonna biweyo eri Mukama era mwesige okukola mu mbeera zo. Tetulina kwesigama ku kutegeera kwaffe wabula okugondera n'okwewaayo eri Katonda n'ebyo by'ayagala. Atuwadde amateeka ag'eby'omwoyo agatufuga, okutukuuma, n'okutusumulula. Ekigambo kye kituwa okutegeera n'okulambika ku ngeri y'okugoberera amateeka gano. Omubiri gwaffe, amalala, n'okutya bijja kutulemesa okwesiga Katonda n'okugondera Katonda mu mbeera zino, naye okuyita mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu, tusobola okuwangula.

Weesigenga Mukama n'omutima gwo gwonna.
So teweesigamanga ku kutegeera kwo ggwe.
[6]Mwatulenga mu makubo go gonna,
Naye anaaluŋŋamyanga olugendo lwo. (Engero 3:5–6)

Kozesa essaala eno wammanga okukuluŋŋamya:

Mukama Yesu, nsaba amaanyi okukwesiga mu mbeera zino. Nnyamba okujjukira nti kino nkikola ku lulwo. Nkimanyi Ggwe wekka asobola okumponya n'omwagalwa wange olw'ekikyamu kye twakola buli omu. Nsaba okutabagana ne munnange naye nkimanyi nti nsobola okukola ogwange gwokka. Nsabira munnange okwewaayo gy'oli olyoke ogulumizibwe. Nkwesigira ddala n'ebinavaamu. Mu linnya lya Yesu nsaba. Amiina.

**Mu bufunze**

Kiyinza okuba ekizibu ennyo okusonyiwa, naye obulamu buba buzibu nnyo bwe tutasonyiwa kubanga tuba tutereka ekibi era nga tusubwa Yesu bye yatukolera ku musaalaba. Obumanyirivu bwaffe ku kusonyiyibwa kwa Katonda kukwatagana butereevu n'obusobozi bwaffe okusonyiwa abalala. Okwetegekera okusonyiwa abalala kye kimu ku biraga nti ddala weenenyeza ekibi kyo, n'owaayo obulamu bwo, era n'ofuna okusonyiyibwa kwa Katonda. Omutima ogwewaddeyo eri Katonda teguyinza kuba mutima mukalubo eri abalala.

Amalala n'okutya bitulemesa okusonyiwa n'okutabagana. Okugaana okwewaayo oba okumenyeka, okunywerera ku ddembe lyo, n'okwewozaako byonna biraga nti amalala ag'okwefaako ge gafuga obulamu bwo, okusinga Mukama. Bw'ekiba ng'okutya kwe binaddirira kukumalawo n'okukufuga, saba okukkiriza okwesiga Katonda n'okumugondera. Abalabe ba bbeeyi nnyo okukuuma. Olugero mu Matayo 18:21–35 lulabula nti omwoyo ogutasonyiwa gujja kukuteeka mu kkomera ery'enneewulira.

> *Omuntu asooka era emirundi mingi oyo yekka awonyezebwa kulwokusonyiwa ye muntu okusonyiwa. . . . Bwe tusonyiwa mu mazima, tusumulula omusibe ate ne tukizuula nti omusibe gwe twasumulula ye ffe.*—Lewis Smedes

# Ekyongerezeddwako R: Enkuluze

Amakulu g'ebigambo bino gaggiddwa mu nkuluze ya Webster's New International Dictionary of the English Language, G & C Merriam Company, ne The Complete Word Study Dictionary, Spiros Zodhiates, AMG Publishers.

**Okusigala;** okugenda mu maaso mu kifo; okugumira awatali kwewaayo.

**Okukakasa;** okukakasa nga kituufu; kakasa mu ngeri ennungi.

**amalala oba amalala:** Okwegulumiza; okuwulira oba okweraga nti oli mukulu, obutafaayo ku balala. Okwegulumiza; okwewa eddaala erya waggulu, eddaala eritali lya makulu.

**egumira ebintu byonna:** Eddubu, *stego* (Oluyonaani). Okukweka, okukweka. Okwagala kukweka ensobi z'abalala oba okuzibikka. Kikuuma obusungu nga emmeeri ekuuma amazzi oba akasolya nga enkuba tetonnya.

**okukkiriza:** *Pisteuo* (Oluyonaani). Okubeera n'okukkiriza oba okusikiriza ennyo mu kintu. Kiraga endowooza y'essuubi erisuubirwa**.**

**okwewaana:** Okwogera ku muntu yennyini, oba ebintu ebikwata ku muntu yekka, mu ngeri ey'okwewaana; okwewaana.

**omubeezi:** Oyo awerekedde oba ali mu kibiina n'omulala; omufumbo, omubeezi, okufaayo kw'omukwano ogutali gumu ogw'enjawulo ng'omufumbo oba munne.

**okugeraageranya:** Oyo ye munne, oludda olulala, ekitundu ekikontana, munne, mubeezi, naye nga si kifaanagana.

**okukkaanya:** Okugonjoola enjawukana nga buli omu akkiriziganyizza.

**okutereeza:** Ekigambo kya Katonda kitubuulira engeri y'okuzzaawo ekintu mu mbeera yaakyo entuufu, okuteekawo ekintu ekigudde ekigolokofu, nga kisonga ku bulamu obw'okutya Katonda.

**okuyonoona:** Miano (Oluyonaani). Okusiiga langi nga okusiiga endabirwamu, okusiiga langi, okucaafuwaza, okwonoona.

**okukangavvula:** Hupopiazo (Oluyonaani). Ekozesebwa okunnyonnyola abakubi b'ebikonde nga bakuba emiggo egy'okukoona; ebikonde ku kitundu kya ffeesi wansi ddala w'amaaso

okutuusa lwe gaaba amaddugavu ne bbululu. (Ebitundu ebikwatagana: 1 Timoseewo 4:7–8; Yuda 3; 2 Peetero 1:5–6)
**amaanyi ag'obwakatonda:** Amaanyi, *dunamis* (Oluyonaani). Amaanyi ag'amaanyi, oba obusobozi okukola Katonda yekka ky'asobola okukola.

**enjigiriza:** Okuyigiriza kwa Katonda okw'obwakatonda kuwa omubiri omujjuvu era omujjuvu ogw'amazima ag'obwakatonda ageetaagisa mu bulamu, okutya Katonda, n'amaka.

**okuzimba:** *Oikodome* (Oluyonaani). Okuzimba olw'amagoba ag'omwoyo oba okukulaakulana kw'omuntu omulala; ekozesebwa okulaga okuzimba ennyumba oba ekizimbe.

**okugumira ebintu byonna:** Okugumira, *hupomeno* (Oluyonaani). Okubeera wansi, okugumiikiriza wansi, okubonaabona, ng'omugugu gw'ennaku. Okukkiriza kw'omugumiikiriza, okukwata ekifo kyakwo nga tekikyayinza kukkiriza wadde okusuubira.

**okusanyusibwa:** *Sagah* (Olwebbulaniya). Isaaya yakozesa ekikolwa kino okulaga okuwuguka, okuwuguka oba okuwuubaala olw'okutamiira (Is. 28:7). Yali asobola okunnyonnyola okutamiira, si kuva mu wayini oba bbiya yekka naye n'okuva mu kwagala (Engero 5:19–20).

**obuggya:** Obutamatira oba obutabeera bulungi ng'olaba obulungi oba omukisa gw'omulala, nga buwerekerwako obukyayi ku ddaala eritali limu n'okwagala okuba n'enkizo ezenkanankana; okunyiiga mu ngeri embi.

**okusuubira:** Okusuubira oba endowooza y'ekintu ekigenda mu maaso; omutindo ogusuubirwa.

**okuleka:** Okwegaana. Buli lunaku kwataganya ebintu bye tukulembeza n'Ekigambo kya Katonda, ekiteeka by'ayagala ku byaffe.

**obugonvu:** Kirabika, kituukirawo; obwenkanya, obwenkanya, obw'ekigero, obugumiikiriza, obutakkaatiriza ku bbaluwa ya mateeka. Alaga okufaayo okutunuulira mu ngeri ey'obuntubulamu era mu ngeri entuufu ensonga z'omusango**.**

**obutuufu:** *Dokimion* (Oluyonaani). Ekintu ekigezeseddwa ne kikkirizibwa. Ekozesebwa okunnyonnyola ebyuma ebyali biyise mu nkola ey'okuggyawo obucaafu bwonna.

**gulumiza:** Okufumiitiriza, okussa ekitiibwa, okutendereza, okuwa ekitiibwa oba ekitiibwa nga omuteeka mu kifo eky'ekitiibwa**.**

**omutima:** *Kardia* (Oluyonaani). Entebe y'okwegomba, enneewulira, omukwano, obwagazi, ebisikiriza; ebirowoozo.

**omutima:** ***Lebabu*** **(Olwebbulaniya). Ebirowoozo, omuntu ow'omunda (okwagala, enneewulira). Ekigambo kino okusinga kyogera ku nneeyisa yonna ey'omuntu** ow'omunda**.**

**omuyambi:** *Azar* (Olwebbulaniya). Okuyamba, okuwagira, okuwa okuzzaamu amaanyi; omu eyeetooloola, akuuma, era n'ayamba omulala**.**

**omuyambi:** *Ezer* (Olwebbulaniya). Okuyamba oba obuyambi obuweebwa; kiraga abantu abawa obuyambi. Omukazi yatonda ng'omuyambi wa Adamu ow'okujjuliza (Olubereberye 2:18, 20). Mukama ng'omuyambi wa Isirayiri (Koseya 13:9). Mukama ng'omuyambi wa Isirayiri omukulu (Okuva 18:4; Ekyamateeka 33:7; Zabbuli 33:20; 115:9–11).

**omuyambi:** Oyo ajja n'ayamba, so si kukulembera**.**

**okuyigirizibwa mu butuukirivu:** Ebyawandiikibwa biwa okutendekebwa okulungi. Okuyigiriza mu kusooka kwali kwogera ku kutendeka omwana mu nneeyisa ey'okutya Katonda; si kunenya kwokka n'okutereeza enneeyisa enkyamu (Ebikolwa 20:32; 1 Timoseewo 4:6; 1 Peetero 2:1–2).

**ekika:** *Chrestos* (Oluyonaani). Okukola ebirungi; kitegeeza okuba omukkakkamu, omusaasizi, omusaasizi, ow'ekisa, era ow'empisa ennungi okwawukana ku mukambwe, omukaluba, omusongovu, omukaawa oba omukambwe. Endowooza y'empisa ennungi**.**

**okumanya:** *Epignosis* (Oluyonaani). Okwetaba mu bujjuvu mu kufuna okumanya, n'okukukozesa**.**

**okugumiikiriza oba okugumiikiriza:** Okubeera ow'obusungu obuwanvu, ekikontana n'obusungu obw'amangu; kizingiramu okutegeera n'obugumiikiriza eri abantu. Kyetaagisa okugumira embeera, so si kufiirwa kukkiriza oba okulekulira.

**omukwano:** *Agape* (Oluyonaani). Okuddamu kw'omutima gwa Katonda eri aboonoonyi abatasaana. Agape kwe kwagala kwa Katonda okwolesebwa mu kwefiiriza olw'okugasa ebintu by'okwagala kwe, Omwana we n'aleeta okusonyiyibwa eri omuntu. Engeri ya Katonda enkulu enoonya ebirungi by'abalala awatali kulowooza ku bikolwa by'abalala; kizingiramu Katonda okukola ekyo ky'amanyi nti kisinga ku muntu so si ekyo omuntu ky'ayagala. Agape ali mu kusalawo okwagala awatali bukwakkulizo.

**omukwano:** *Fileo* (Oluyonaani). Engeri omwoyo gw'omuntu gye gukwata ku ekyo ekigusikiriza ng'ekisanyusa. Yawukana ku agape era ayogera ku kitiibwa, ekitiibwa eky'amaanyi, n'omukwano omugonvu era asinga kukwata ku nneewulira. Okwagala kw'omukwano; esalibwawo essanyu omuntu ly'afuna okuva mu kintu ky'ayagala okwagala okwo. Phileo mukwano ogw'obukwakkulizo.

**okufumiitiriza:** Okuwowoggana, okwogera oba okugugumbula amaloboozi ag'okuwuubaala, ng'okusoma ekitundu mu ddoboozi ery'omwanguka oba okunyumya naawe kennyini, okukwatagana n'ekiwandiiko kisobole okunnyika mu birowoozo byo. Ng'ensawo ya caayi ennyogovu mu mazzi bw'eyita mu mazzi, n'okufumiitiriza ku Byawandiikibwa bwe kuyita mu birowoozo byaffe. Mu nsi ya Baibuli, okufumiitiriza tekyali nkola ya kasirise.

**Omuwereeza (noun):** Omuweereza oba omuweereza; oyo alabirira, afuga, era atuukiriza**.**

**wereeza (verb):** Okutereeza, okulung'amya, n'okuteeka mu nsengeka; okuweereza, okuweereza omulala; okukolera Mukama ng'omuddu.

**obutasanyukira butali butuukirivu (obutali butuukirivu):** Bw'olaba omuntu ng'agwa mu kibi oba ng'akola ensobi, toba musanyufu wadde okwesasuza gy'ali.

**etuukiridde:** ***Teleio*** (Oluyonaani). Okukola ekijjuvu, ekiraga nti waliwo ekintu ekigenda mu maaso. Naddala n'amakulu okuleeta ku nkomerero enzijuvu, okumaliriza, okutuuka ku kiruubirirwa ekigendereddwa, okumaliriza omulimu oba omulimu.

preference: Omuntu ky'ayagala nga tannatuuka oba okusinga munne. Si kituufu wadde ekikyamu.

**okuwa:** *Pronoeo* (Oluyonaani). Okulowooza ennyo, okulowooza ku, okulowooza, okufaayo, okulowooza nga bukyali mu ngeri ey'okusaba, okufaayo mu kulabirira omuntu omulala.

**ekigendererwa:** Ekigendererwa oba ekyetaagisa okuvaamu oba ekiruubirirwa.

**react:** Okukola nga oddamu ekizimba oba ekisikirizibwa, okukola mu kuwakanya.

**okukola mu mubiri:** Omukristaayo okweyisa mu mbeera mu ngeri ey'ekibi, mu muze gw'obutonde bwabwe obw'edda obugwa, oba okukola mu maanyi gaabwe n'okutegeera okusinga amaanyi n'amagezi g'Omwoyo Omutukuvu.

**nga basanyukira amazima:** Nga musanyuka nnyo; okusanyuka olw'ekyo ekituufu nga basinziira ku bisuubizo bya Katonda.

**okwenenya:** Okumalirira; okulongoosa obulamu bw'omuntu ng'ekivudde mu kwejjusa olw'ebibi by'omuntu; okwejjusa olw'ekyo omuntu ky'akoze oba ky'alekayo okukola mu maaso ga Katonda. Okukyuka n'ogenda mu kkubo eddala; okukyusa endowooza y'omuntu, okwagala kwe, n'obulamu bwe, ekivaamu okukyusa enneeyisa; okukola ebintu mu ngeri endala.

**okunenya:** Ekigambo kya Katonda kitubuulira ekikyamu oba ekibi mu kukkiriza n'enneeyisa**.**

**ddamu:** Weeyisa bulungi oba mu ngeri ennungi.

**okuddamu mu kwagala: Okuddamu n'obulagirizi obw'omunda, okwagala, amagezi, n'amaanyi g'Omwooyo Omutukuvu.**

**okugabanya mu butuufu:** Okusala ekintu ekigolokofu nga bw'okola mu kubajja, mu kuzimba amayinja, oba ng'osala olugoye olugenda okutungibwa wamu**.**

**obukambwe:** Emanyiddwa olw'okukaluba; obukambwe, obukambwe, obubi, obutali bwa kitiibwa, oba okunyiiza mu ngeri oba mu bikolwa**.**

**okumatiza:** *Rawah* (Olwebbulaniya). Okuwa amazzi, okutonnya; okunywa ekijjulo ky'omuntu. Kitegeeza okuwa omuntu ekyokunywa mu ngeri ey'obugambo n'ey'akabonero (Zabuli 36:8-9; 65:10–11). Kitegeeza okunywa byonna omuntu by'ayagala, okumatiza (Engero 5:19; 7:18).

**obukuumi:** Embeera y'okubeera nga tolina bulabe oba kutiisibwatiisibwa, okuba n'obwesige nti omuntu alina obukuumi, era nti obulamu bw'omuntu bukakasibwa omulala, nga mu mukyala awummudde bulungi mu bukulembeze bw'omwami**.**

**noonya era oteekewo ebirowoozo byo:** Ebikolwa ebiragiro ebiraga ekikolwa nkola etaggwaawo. Noonya kitegeeza okunoonya n'okufuba okunoonya. Teekawo ebirowoozo byo kitegeeza ekiraamo, omukwano, n'omuntu ow'omunda.

**sooka onoonye:** Ekiragiro okukola n'obutakoma (Matayo 6:33).

**noonya ekkubo lyo:** Okugoberera ekisinga okutuukagana n'ebyo by'oyagala nga tofaayo ku ngeri ebikolwa byo oba amakubo go gye bikosaamu abalala. Obutayagala kufuna biteeso, nga muno mulimu okulagirwa okuva mu ndowooza ya Katonda oba munno**.**

**okusoma:** Ekikolwa ekiragiro; ekiragiro okukola n'okusigala ng'okola. Kitegeeza okugumiikiriza n'obunyiikivu, okunyiikira, okufuba ennyo okukola kyonna ekisoboka, okwagala ennyo n'obunyiikivu mu kutuukiriza ekiruubirirwa.

**okuweereza:** *Hupotasso* (Oluyonaani). Endowooza ey'obwannakyewa ey'okwewaayo, okukolagana, okwetikka obuvunaanyizibwa, n'okwetikka omugugu**.**

**talowooza kibi kyonna:** *Logizomai* (Oluyonaani). Kikozesebwa ng'ekigambo eky'okubala ebitabo, ekitegeeza okussa ebintu awamu mu birowoozo by'omuntu, okubala oba okugatta, okwemalira mu kubala.

**nga tulina ebikozesebwa mu bujjuvu buli mulimu omulungi:** Katonda agenderera ffe okutegeera by'ayagala n'okuweebwa amaanyi okugoberera mu buwulize nga tugoberera emisingi gya Baibuli mu Kigambo kye.

**ekyusiddwa:** *Metamorphoó* (Oluyonaani). Mu kino mwe tuggya ekigambo enkyukakyuka (metamorphosis). Okukyuka n'ofuuka ekintu eky'enjawulo ddala, ng'enkwale okutuuka ku kiwujjo.

**amazima:** Gava mu Kigambo kya Katonda; eraga bulungi ekituufu n'ekikyamu.

**omulimu gw'okukola:** *Poiema* (Oluyonaani). Muno mwe tuggya ekigambo ekitontome. Okukola ekintu; omulimu, ekintu ekikolebwa, omulimu oba omulimu ogw'ekikugu**.**

# Ebigambo Ebisembayo


1. Warren Baker and Eugene E. Carpenter, *The Complete Word Study Dictionary: Old Testament* (Chattanooga, TN: AMG Publishers, 2003), 822.
2. Tom Constable, *Tom Constable's Expository Notes on the Bible* (Galaxie Software, 2003), Gen. 2:18.
3. Norman L. Geisler, "Colossians," in *The Bible Knowledge Commentary: An Exposition of the Scriptures*, ed. J. F. Walvoord and R. B. Zuck, vol. 2 (Wheaton, IL: Victor Books, 1985), 677.
4. Harold W. Hoehner, "Ephesians," in *The Bible Knowledge Commentary: An Exposition of the Scriptures*, eds. J. F. Walvoord and R. B. Zuck, vol. 2 (Wheaton, IL: Victor Books, 1985), 640.
5. John MacArthur Jr., *The MacArthur Study Bible* (Nashville, TN: Word Pub., 1997), 1813, electronic ed.
6. Spiros Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary: New Testament* (Chattanooga, TN: AMG Publishers, 2000), 646.
7. Albert Barnes, *Notes on the New Testament: James to Jude*, ed. Robert Frew (London: Blackie & Son, 1884–85), 157.
8. Candace Cameron Bure and Darlene Schacht, *Reshaping It All*, (Nashville, TN: B&H Books, 2011), 108–09, Kindle.
9. David Jeremiah, *Home Improvement: Study Guide* (Nashville, TN: Thomas Nelson Publishers, 2001), 58 & 68.
10. Roger M. Raymer, "1 Peter," in *The Bible Knowledge Commentary: An Exposition of the Scriptures*, eds. J. F. Walvoord and R. B. Zuck, vol. 2 (Wheaton, IL: Victor Books, 1985), 849.
11. Richard L. Pratt Jr., "1 & 2 Corinthians," in *Holman New Testament Commentary*, vol. 7, (Nashville, TN: Broadman & Holman Publishers, 2000), 447.
12. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, 66.
13. Michael A. Rydelnik and Michael Vanlaningham, eds., *The Moody Bible Commentary*, New ed. (Chicago, IL: Moody Publishers, 2014), 1982.
14. Lou Priolo, *The Complete Husband: A Practical Guide to Biblical Husbanding* (Amityville, NY: Calvary Press, 1999), 158.
15. A. Skevington Wood, "Ephesians," in *The Expositor's Bible Commentary: Ephesians through Philemon*, ed. Frank E. Gaebelein, vol. 11 (Grand Rapids, MI: Zondervan Publishing House, 1981), 77.

# Ebikwata Kumuwandiisi

Omusirusiru. Omuyizi eyalina obuzibu okusoma ebiwandikidwa. Omuyizi wa siniya ey'okusatu naye nga omutindo gw'okusoma eguli ku ddaala ly'ekyookusatu. Omwami atalina ky'amanyi era taata atulugunya. Byona by'ali binyonyola Omusumba Craig Caster mu kiseera ekimu mu bulamu bwe, naye Katonda yalina enteekateeka ya njawulo gy'ali.

Wadde nga Craig yali atya okwogera mu lujjudde, Katonda yamuyita mu buweereza obw'ekiseera kyonna mu 1994. Yafuluma mu kukirira nga talina buyigirize wadde diguli mu seminaaliyo. Yayawulibwa mu 1995 era okuva olwo awandiise ebitabo bina; n'afuula abasajja bangi abayigirizwa; Awabudde ebikumi n'ebikumi; akulembede bangi nnyo eri Kristo; era ayigiriza enkumi n'enkumi okuyitira mu misomo gy'obufumbo n'okukuza abaana, mu zi semina z'abasajja, n'enkuŋŋaana z'abasumba mu Amerika n'ensi yonna. Byonna olw'ekisa n'amaanyi ga Katonda.

Wadde nga Craig yawa Yesu obulamu bwe mu 1979, enkyukakyuka ze zaatandika bwe yatandika okubeera n'obudde ne Yesu n'Ekigambo kye buli lunaku. Mu butuufu, Yesu ayagala okuba n'enkolagana ey'oku lusegere ne buli omu ku ffe. Obulamu bwe bukyuse emirembe gyonna kubanga agoberera enkolagana eno era yeesigamira ddala ku Kristo.

**Daamu amaanyi.**

Bw'oba olafubana n'okwesiga nti Katonda asobola okukola mu bulamu bwo n'okuyita mu bulamu bwo, daamu amaanyi olw'ebyafaayo bya Paasita Craig. Tokkiriza bibi byo eby'emabega, obuzibu bw'okuyiga, okutya okuyigiriza oba okwogera, oba obutasoma kukulemesa kugondera okuyitibwa kwa Katonda ku bulamu bwo. Katonda ayagala okukufuula omuyigirizwa we, era bw'oba omufumbo oba ng'olina abaana, ayagala okukufuula omufumbo era omuzadde amussaamu ekitiibwa. Ekisa kye kyewuunyisa era tekirina kkomo. Ayagala nnyo era ayagala okugulumizibwa okuyitira mu ggwe.

**Ebisubizo By'aKatonda gy'Oli.**

Twebaza Katonda olw'ebisuubizo bye ebingi n'enteekateeka ze. Fumiitiriza ku bisuubizo bye okuva mu bigambo bya "Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo."

> 1Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo abaafuna okukkiriza
> okw'omuwendo omungi nga ffe bwe twakufuna mu butuukirivu bwa Katonda waffe
> era Omulokozi waffe Yesu Kristo; 2ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu
> kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe.
> 3Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya
> Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. 4Mu

byo mweyatuweera ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo mulyoke muwone okuzikirira okuli mu nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke mugabane ku bwa Katonda bwe. [5]Olw'ensonga eno mufube okulaba nga, ku kukkiriza kwammwe mwongerako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe mwongerako okutegeera; [6]era ne ku kutegeera kwammwe mwongerako okwegendereza; era ne ku kwegendereza kwammwe mwongerako okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe mwongerako okutya Katonda; [7]era ne ku kutya kwammwe Katonda mwongerako okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe mwongerako okwagala. [8]Kubanga bwe muba n'ebyo ne biba ebingi, bibafuula abatali bagayaavu n'ababala ebibala olw'okutegeerera ddala Mukama waffe Yesu Kristo. (2 Peteero 1:1-8).

# Ebikwata Ku Buweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka

Obuweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka (FDM), obuwereza obwa na kyeewa ekyatandikibwawo mu 1994 n'omutandiisi era omuddukanya omusumba Craig Caster, efuba okuwagira, okusomesa n'okutendeka omubiri gwa Kristo okuweereza amaka. Okusobola okutuukiriza ekigendererwa kino, FDM ewa ebitabo by'okujjuzaamu, obutambi ezibisemba, n'ebikozesebwa ku yintaneeti eby'okusoma kinnoomu, ebibinja ebitono, okusoma mu kibiina ky'awaka, n'obuyigirizwa omu ku omu. Bakola emisomo egikwata ku bufumbo, okukuza abaana, okutegeera abavubuka, n'okuteekateeka abuyigirizwa mu kkanisa.

Ekigendererwa kya FDM mu buweereza kwe kukubiriza, okutendeka n'okuteekateeka abakulembeze b'amakanisa g'Abakrisitaayo okukulaakulanya okwolesebwa kw'okubeera abayigirizwa n'okubawa ebitabo eby'okujjuzaamu eby'esigamye ku Bayibuli okubayamba okuweereza amaka mu makkanisa gabwe. Okuva mu 1995, enkumi n'enkumi z'abantu bamalirizza emisomo gy'obufumbo n'okukuza abaana era ebikumi n'ebikumi by'amakanisa mu Amerika n'ebweru w'eggwanga biweereza ebibiina byabwe nga bakozesa ebintu bya FDM. Obuweereza bwabwe era buyamba amaka mangi okuyitira mu bintu bya yintaneeti eby'obwereeere ebisangibwa ku FDM.world.

FDM yenyigira mu kuwereza mu nsi yonna mu mawanga nga Russia, Ukraine, Cuba, Mexico, Africa, Singapore, Japan ne China. Manya ebisingawo ku FDM.world.